Ebibuuzo Ebikwata Ku Mwoyo Omutukuvu n'Okuddibwamu Kwabyo

Era kati n'oluvannyuma lw'ekiro kya jjo fenna kati tujjudde. Leero mpulidde amawulire amalungi ag'abangi abaafunye Omwoyo Omutukuvu. Era ekyo tukisanyukira.

2 Tuli basanyufu okuba n'Ow'oluganda Graham akawungeezi ka leero, omu ku be tukolagana nabo wano mu kkuŋŋaaniro, omusumba w'ekkanisa eyigiriza obutukuvu engulu eri mu Utica. Wamu n'Ow'oluganda Jackson, yabaddewo wano, jjo akawungeezi, nzikiriza lwabadde lwa jjo, oba ayinza n'okuba nga alina w'ali emabega eyo mu kibiina, waliwo eyagambye nti, mu . . . Weewaawo, Ow'oluganda Jackson waali mmulengedde emabega eri mu kibiina. Ate—ate Ow'oluganda Ruddell, waali akawungeezi ka leero? Oyo naye y'omu ku be tukolagana nabo erudda wano ku luguudo "62." Tuli basanyufu okuba nabo wano. Wamu ne . . . O, Ow'oluganda Pat, n'ab'oluganda bano abalala bonna, tuli—n'abalala abali eyo mu kibiina. Mwenna tuli basanyufu okuba nammwe akawungeezi kano.

3 Kati, singa mbadde wa kuba na kyakwekwasa, nnandireese abamu ku babuulizi abo abalungi ne boogera gye muli, kubanga eddoboozi lyange lyasaakadde olw'ekiseera ekinyuvu kye twabadde nakyo akawungeezi k'eggulo.

4 Kati, mukyala wange, y'ampabula bwe mbaako ne kye sikoze mu butuufu bwakyo; mmwe ab'oluganda mutegeera, kye njogerako. Yaŋŋambye nti abantu abaabadde batudde emabega akawungeezi k'eggulo baabadde tebampulira, kubanga bwe nnabadde njogera omumwa nnabadde ngusembezza nnyo ku kazindaalo kano. Kale kati, nga sinnatandika, ŋŋenda kusooka mbeeko ne kye ngezesa. Kati simanyi oba nga kati awo mumpulira bulungi. Awo mumpulira bulungi abali emabega? Oba wano we mumpulirira obulungi? Mumpulira bulungi wano? Kaakati nno, Mukwano, ku mulundi guno nkusinzeeko akabonero kamu. Kati, bagambye nti awo we bampulirira obulungi. Kale. Ha, bannange! Oyo ye mukazi. Ku luno mmusinze, kubanga ebbanga libadde liyiseewo ddene kasookedde mmusinga. Emirundi egisinga obungi y'abeera omutuufu.

5 Kati, eky'amazima tubadde n'ekiseera ekirungi ennyo ddala mu nkuŋŋaana ezo ez'ebiro ebisatu ze tubadde nazo; ku

bwange mbadde n'ekiseera ekirungi ddala. Era kati, entambi, zonna okuggyako olw'akawungeezi k'eggulo. . . Nnakubidde Ow'oluganda Goad essimu ne mmugamba olutambi olwo ajje alukwate luterekebwe ku lw'ekkuŋŋaaniro lino. Naye kyabaddewo nti nnakitegeddeko nti ate Billy Paul ye yabadde agenze n'emmotoka y'ow'oluganda, n'olwekyo okusinziira ku kye nnategeddeko olutambi terwakwatiddwa. Na bwe kityo olwo twalusubiddwa. Nnabadde njagadde lukwatibwe luterekebwe mu kkanisa ku lw'ekkanisa olw'o—omuntu yenna ka tugambe—ayinza okwagala okumanya kye tukkiriza.

6 Kati, akawungeezi ka leero ŋŋenda kwogera ku *Ensisinkano Enkulu*, singa nnaaba nsobodde okumalayo ebibuuzo mu budde. Ate, enkya ku makya lwe lunaaba olukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa. Era tujja kusabira abalwadde. N'olwekyo, tetusobola kugaba—manyanga tetusobola kumala gagamba nti, "Kati, ggwe naawe, naawe, mmwe be ŋŋenda okusabira." Ekyo tekiba kituufu. Naye tubaako ne kkaadi ze tugaba, era okuva mu abo ababeera bafunye kkaadi ezo, mwe mpita abatonotono ne balinnya waggulu ku kadaala. Kati, Omwoyo Omutukuvu bw'atandika okubikkula, olwo Ye n'alyoka agenda nga ayita mu kibiina nga aggyayo abantu okuva mu kibiina ab'okwetaba mu lukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa. N'ekirala, era enkya ku makya, Mukama bw'anaaba ayagadde, nja kusooka mbuulire, nga olukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa terunnatandika.

7 Mukyala wange ndaba aseka. Mukwano, ky'ogamba tompuliririrako ddala? O, ompulira. Kale, ekyo kirungi. Atera kutuula mabega ddala eri awasemba era bwe—bw'aba tampulira, anyeenya omutwe gwe nga bw'andaga nti, "To. . . Eno tetukuwulira, tetukuwulira."

8 Kati ekirala enkya—enkya akawungeezi lujja kuba lukuŋŋaana lwa njiri ey'awamu nga kw'otadde n'okubatiza. Kale, olunaamala nti okubuulira enkya akawungeezi, entimbe tujja kuzisika zibikkewo tubeere n'okubatiza okw'amazzi wano wennyini enkya akawungeezi. Mukama bw'anaaba ayagadde, Mukama bw'anaaba bw'ayagadde, enkya ku makya njagala—manyanga enkya akawungeezi njagala mbuulire ku ky'okuyigako ekigamba nti: *A—Akabonero Kaaweebwa.* Ate, bwe tunaabeera wano ku Lwokusatu akawungeezi, Mukama bw'aliba anzikirizza okubeera wano ku Lwokusatu akawungeezi, njagala mbuulire ku ky'okuyigako ekigamba nti: *Twalaba Emmunyeenye Ye Ebuvanjuba Era Kye Tuvudde Tujja Okumusinza.* Kati, awo Ssekukkulu eriba ebuzaaayo ennaku bbiri zokka etuuke.

9 Ate, amangu ddala nga Ssekukkulu yaakaggwa wiiki eddako y'ey'eggandaalo lya Ssekukkulu. Ekyo ky'ekiseera we tujjirayo amabaluwa gonna. . . Ow'oluganda Mercier ne banne bulijjo gonna batera okugaggyayo. Ne tugasaasaanya awo, ne tusabira

amabaluwa gano ne tusaba Mukama atuluŋŋamye ku wa wennyini mu nsi gye tunaaba tugenda.

10 Kati, bannaffe, Abasajja Abakristaayo Abasuubuzi balina enteekateeka ey'amaanyi, ey'okutandikira mu Florida olukuŋŋaana lwabwe gye lunaabeera. Tuveeyo tugende mu Kingston, tuveeyo twolekere enjuyi za Haiti, tudde mu Puerto Rico, munda mu South America, tukomewo nga tuyitira mu Mexico.

11 Naye ate ye Mukama alabika nga annuŋŋamya okugenda mu Norway. Simanyi lwaki. Mumanyi akatabo kali akayitibwa *Omusajja Eyatumibwa Katonda*? Kye kitabo ekyekuusa ku by'enzikiriza ekikyasinzeeyo okulufumizibwa mu ggwanga lya Norway. Mukirowoozeeko ekyo, Mukama ky'akoze erudda eyo. Ate nga ne lwe nnagendayo, tebanzikiriza kuteeka mikono ku balwadde. Nnaliyo okumala ebiro bisatu. Naye tebanzikiriza kuteeka mikono ku balwadde. Kati ndowooza mulaba Katonda ky'asobola okukola. Abantu baali bayitirivu nnyo ne batuuka okuba nti baalina n'okuteekawo abapoliisi nga beebagadde, embalaasi, okusobola okugoba abantu bave ku nguudo nsobole okutuuka mu kifo. Ate n'abalwadde ssaabassaako mikono. Nnabasabira busabizi; ne mbagamba buli omu ateeke emikono ku munne.

12 N'olwekyo . . . [Waliwo ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] Weewaawo, ddala, nja kukikola. Kati, enkya ku makya . . . Kati, akawungeezi kano, oba oli awo leka tukwate ku bibuuzo bino, kubanga tulinamu ebibuuzo ddala eby'ensonga. Era simanyi kiseera kyenkana wa Mukama ky'anaatuganya kubimalako. Kaakati, enkya ku makya omu ku bano Billy Paul, Gene, oba Leo, ajja kubeera wano okugaba kkaadi z'ab'okusabirwa okuva ku ssaawa bbiri okutuusa ku ssaawa bbiri n'ekitundu. Kati, eri abo abava wabweru w'ekibuga, leka nkiddemu nate muleme kukyerabira. Bw'obeera oyagala okujja mu lunyiriri, twandyagadde waakiri omukisa tuguwe abantu abava ebweru w'ekibuga singa kiba kisoboka.

13 Kati, emirundi egimu wano mu kkanisa twesanga nga tuwulira abantu nga bagamba nti, "Naye . . . " Bwe tuyitayo abantu abava ebweru w'ekibuga, ne tubaleeta mu maaso . . . Omuntu omu ajja kugamba nti, "Nze, oyo n'obulwadde obumuluma mbadde sibumanyi. Yandiba nga ne by'ayogera si bituufu." Ate bw'oyitayo abantu ab'omu kibuga kino; nga ate bagamba mbu, "Ha, oyo oyinza n'okuba nga obadde omumanyi." Kweggamba . . . Ate bwe bava awo ne bagamba nti—kyogeddwa entakera nti, "Kati nno, leka nkubuulire, ebyo abisoma ku kkaadi z'abo abasabirwa." Naye, kati ate abo ababeera tebalina kkaadi za baakusabirwa bo muboogerako ki? Ate nga kibaddengawo entakera lwe wabaddewo . . .

Ogambye ki? [Ow'oluganda Branham bamusaba obutasemberera nnyo kazindaalo—Omuk.] Akazindaalo sikasemberera nnyo? Kati, omanyi, lubeerera bwe mba mbuulira sseekubiira. Kale ndowooza ob'olyawo ekyo kye mba nkola. Kati mumpulira bulungi awo? Mumpulira bulungi. Ekyo kirungi. Kino muleke mbabuulire ekikireeta. Ebyuma byaffe—byaffe wano eby'amaloboozi bye tukozesa omutindo gwabyo gwa wansi nnyo, nnyo. Ate mu kiseera kino tetulinaawo nteekateeka ya kugezaako kufuna bisinga ku bino, kubanga twagala ekkuŋŋaaniro eriggya lizimbibwe bunnambiro. Ekyo bwe kinaggwa lwe tunaaba n'ekifo ekigazi obulungi (mukiraba?), bwe tunaaba tusobodde okubaako ne kye tukola ku kifo kino ne twongera okukigaziya, ne tuzimbayo n'ebifo ebirala, ne tusobola okwetegekera enkuŋŋaana bwe tuba ba kubeera nazo wano.

14 Kale kati, mujjukire nti, ku makya abalenzi, omu ku bo oba bonna abasatu bajja kuba bagaba kkaadi wakati w'essaawa bbiri n'ekitundu, manyanga, wakati w'essaawa ebbiri n'ebbiri ekitundu. Ekyo kisobozese buli omu okutuula akkalire. Kati mbadde njogera ku ngeri gye bagabamu kkaadi, na lwaki tukikola. Tukikola okwewala okuba n'akavuyo. Mukiraba? Kati, watya singa nnyingira wano, nga mu kaseera kano kennyini ne ŋŋamba nti, "Leka omukazi *ono*, n'omukazi *ono*, n'omusajja *oyo*, n'omukazi *ono*. . . ?" Mukiraba, ekyo kirina engeri gye—engeri gye kikaluubirizaamu. Mukiraba? N'ekirala, singa o. . . Emirundi mingi kino kye nkola. Era bwe wataabeewo bantu bangi nnyo ku makya, nnyinza okukola ekintu ky'ekimu. Mbuuza nti, "Bameka nga oli wano nga ova bweru wa kibuga nga olina obuzibu? Yimirira."

15 Ow'oluganda Mercier, ogenda kujja ontaase. Onannyamba? [Ow'oluganda Mercier addamu nti, "Ŋŋenda kwetaasa nga nze."—Omuk.] Oh, ojja. . . Ajja kwetaasa nga ye. Kati nno nnayogeddeko ne kabiite wo leero. Kale, kyandibadde kirungi n'onkwata bulungi. Olaba? Kale. Ekyo kirungi. Nne—nneegomba obuvumu obw'engeri eyo Ow'oluganda Leo. Bwe kiba si kituufu, leka—leka tukitereeze kikolebwe mu ngeri gye tumanyi nga bwe kirina okuba, mu ngeri esingirayo ddala gye tusobola.

16 Kale kati, nsaba abantu ababeera bava wabweru w'ekibuga abalina obuzibu obw'engeri yonna bayimuse emikono gyabwe. Olwo nno nnyimirira awo, essira ne ndissa ku muntu omu okutuusa Omwoyo Omutukuvu lw'atandika okukola, ne yeddiza ekibiina kyonna. Bameka abaali babaddeko wano ne bakiraba ekyo nga kikolebwa? Ddala! Mubalaba, mubalaba? Engeri gy'obeera okikozeemu si kye kikulu. Ekikulu kwe ku. . .

17 Kino njagala mukijjukire, era nja kugezaako n'okukiddamu ku makya. Ab'amawanga, Enjiri eyabaweebwa Njiri ya kukkiriza, so si ya bikolwa n'akatono. Mukiraba? Era nga bwe nnagambye akawungeezi k'eggulo. Omwoyo Omutukuvu bwe yakka ku Pentekoote, bwe baagenda eri Abayudaaya (Ebikolwa

by'Abatume 19:5), baalina kusooka kubassaako mikono bo okusobola okumufuna. Ne bwe baagenda eri Abasamaliya, nabo baalina kusooka kubassaako mikono. Naye bwe bajja eri Ab'amawanga abaali mu nnyumba ya Koluneeriyo, "Peetero bwe yali akyayogera ebigambo bino . . . " Tewaaliwo kubassaako mikono.

18 Akaana akawala bwe kaafa, kawala ka Yayiro, kabona, yagamba nti, "Jangu omusseeko emikono, anaaba mulamu." Naye ate omuserikale Omuruumi, ow'Amawanga, ye yagamba bugambi nti, "Nze ssisaanidde Ggwe okuyingira wansi w'akasolya kange, yogera bwogezi kigambo." Ky'ekyo. Mukiraba?

19 Omukazi Omusulofoyiniiki, eky'amazima yali Muyonaani lye lyali eggwanga lye, bwe ya—Yesu bwe yamugamba, nti, "Si kirungi Nze okuddira emmere y'abaana okugisuulira embwa."

Yamuddamu nti, "Weewaawo ekyo kituufu, Mukama wange; naye n'embwa ziriira wansi w'emmeeza obukunkumuka bw'abaana."

Yesu n'amugamba nti, "Olw'ekigambo ekyo, muwala wo dayimooni amuvuddeko." N'olwekyo yogeranga ebintu ebirungi. Muntu munno mwogerengako ebintu ebirungi. Yogera ku Yesu. Yogera ekintu eky'okusuuta, ekintu ekirimu ensa. Eyo y'engeri y'okwetakkuluzaako zi dayimooni. Teyagambako nti—Omuwala oyo teyamusabira. Teyayogera kintu kyonna kyekuusa ku kuwonyezebwa kwe; Yagamba bugambi nti, "Olw'ekigambo ekyo, olw'ekigambo ekyo . . . "

20 Hattie Wright, luli, talina kintu kyonna kye yasaba. Yali yeetuulidde awo, naye n'ayogera ekintu ekituufu, ekyasanyusa Omwoyo Omutukuvu. Omwoyo Omutukuvu n'ayogera n'agamba nti, "Hattie, saba ekintu kyonna ky'oyagala, kyonna kyonna ky'olina era ky'oyagala. Olabe oba nga kino kya nnamaddala oba nedda. Saba ekintu kyonna (oba asaba kuwonyezebwa kwa muganda we eyagongobala eyali atudde awo nga yenna yaziŋŋama; oba asaba kufuna ddoola mutwalo kubeera nga tekikyamwetaagisa kwambuka mu busozi eri waggulu kulima; oba asaba mubiri gwe ogwali guyenjebuse okuzzibwa obuggya nga bwe yali nga akyali muvubuka); kyonna kyonna ky'oyagala okusaba, kisabe mu kaseera kano kennyini. Bw'Atajja n'akikuwa kati kati, nga kitegeeza ndi nnabbi wa bulimba." Ekyo—ekyo—ekyo nno kizitowa, si bwe kiri?

21 Yesu yagamba nti, "Yogera eri olusozi luno . . . " Era muzzenga muwulira e—ebintu eby'enjawulo ebizze bibaawo; obwo bwe buweereza bwe twolekedde okuyingiramu. We twogerera olugendo tunaatera okulumalayo. Mu kiseera kitono ddala Okujja kwa Mukama waffe Yesu kujja kubaawo. Kati tuteekwa okuba n'okukkiriza okw'okukwakkulibwa mu Kkanisa okusobola okukyusibwa okugenda mu kaseera buseera,

mu kutemya kw'ekikowe, bwe kutabaawo tetujja kugenda. Naye temweraliikirira, kujja kubaawo. Kujja kubaawo. Na bwe kityo amaanyi g'ekkanisa *eno* bwe ganaasituka, gajja kuzuukiza ab'oluganda okuva mu kkanisa eyo abeebaka; n'amaanyi g'ekkanisa *eri* bwe gasituka, nago gazuukize ab'oluganda okuva mu kkanisa eyo abeebaka; n'amaanyi g'ekkanisa *eri* bwe gasituka nago gazuukize ab'oluganda abeeyo; oluvannyuma wabeewo okuzuukira okw'awamu. Era tukulindiridde.

22 Kati, temwerabira, kkaadi z'ab'okusabirwa zijja kuba zigabibwa ku makya okuva ku ssaawa bbiri okutuusa ku ssaawa bbiri n'ekitundu. Oluvannyuma nja kubasaba, buli yenna anaabeera akoze ogw'okugaba kkaadi alekere awo, baddeyo munda, batuule (mukiraba?), kubanga we zinaawerera essaawa ezo ob'olyawo banaaba n'okuzigaba bazigabye zonna, oba nga bawezezzaawo abantu be tunaasobola okuyita okujja okusabirwa. Abalenzi bajja kujja, kkaadi zonna bazitabuletabule mu maaso gammwe awo nga mulaba, bwe bamala bw'onooba oyagala okulondako olondeko gy'olonze, n'oli alondeko gy'alonze, oba zonna ze muba mulonze. . . Olwo nze bwe nnaaba nzize, nja. . . Mpite buyisi wonna Mukama w'anaaba aŋŋambye. . . Bw'An'aŋŋamba nti, "Toyitayo n'emu," sijja kuyita yadde emu bw'eti (mukiraba?), mu ngeri yonna gye kinaabaamu.

23 Era ndi. . . Obuweereza obwo essaawa yonna bunaatera okuba nga bukomekkerezebwa; waliwo ekintu ekisingako ekijja. Mujjukire nti, obwo bwe bubaddemu buli mulundi ekyogerwa okuva wano ku kadaala kano manya mu kituuti kino, era tebiremangako kutuukirira okutuusa n'olwa leero. Mujjukira obuweereza obwali obw'okukwata ku mukono? Mwalaba kye bwakola? Mujjukira obw'okutegeera ebirowoozo by'omu mutima, mwalaba kye bwakola? Kaakati mwekkaanye ne buno obulimu: okwogera Ekigambo, mulabe kye Kikola. Mukiraba? Nnabagamba wano emyaka mingi egiyise—mmwe ekkanisa (njogera eri ab'ekkuŋŋaaniro lino wano)—emyaka mingi egiyise, emyaka nga esatu oba ena, nti waaliwo ekyali kinaatera okubaawo mu bwa nnamaddala bwakyo; kinaatera okubaawo. Era we twogerera kiikino kigenda kivaamu. . . Kigenda kibumbibwa nga bwe kinaaba. Kaakati, ekyo tukisiimira ddala. O, nga tusiima bya nsusso. Tuli basanyufu nnyo.

24 Kaakati, tulinawo wano ebibuuzo ebikalubo ennyo ddala, era twagala tubitandikeko. Waliwo atunuulidde ebitabo bino byonna bye mbadde nabyo. Muli ne ŋŋamba nti, "Eky'amazima, omusajja omugezigezi yeetaaga kimu kyokka." Naye eby'embi siri musajja mugezigezi. Nneetaaga okubaako ebitabo ebiwerako bye njulizaako. Kati, kino kye bayita Diaglott, eno Bayibuli, ate eno y'endagirizi y'ebyawandiikibwa. N'olwekyo. . . Tugenda kusaba Mukama atuyambe era atuluŋŋamye tusobole

okwanukula ebibuuzo bino okusinziira ku Kigambo Kye wamu ne by'Ayagala bikolebwe.

25 Kale kaakano, leka tukoteke emitwe gyaffe tusabe. Mukama, tukwebaza okuviira ddala mu buziba mu mitima gyaffe olw'ebyo by'otukoledde mu biro bino ebisatu ebiyise. O, okulaba abaweereza nga basisinkana emabega wali mu kisenge nga bakwatagana mu ngalo, nga balina okukkiriza okuzziddwa obuggya, ne—n'eddaala eppya ery'okuzzaako. Nga essimu zikubibwa . . . Nga emitima gyaffe gijaguza, nga abantu bafuna Omwoyo Omutukuvu oluvannyuma lw'o—lw'okulaba Ekigambo Kyo, nga bwe Kirambikamu engeri yennyini ey'okufunamu Omwoyo Wo Omutukuvu. Tukikwebaliza nnyo nnyini ddala, ayi Mukama.

26 Ebintu byonna Obifuula byangu nnyo gye tuli, kubanga tuli bantu bangu. Era tusaba, ayi Katonda, nti—nti Otusobozesenga lubeerera twekumirenga mu mbeera ey'okubeera abantu bangu. Kubanga ki . . . Ab'engeri eyo abeetoowaza baligulumizibwa. Ate amagezi g'ensi busirusiru eri Katonda; na bwe kityo kyasanyusa Katonda okuyita mu busirusiru bw'okubuulira okulokola abo abaabula.

27 Era kaakano, ayi Kitaffe, nnina wano mu ngalo zange ebibuuzo ebiwerako ebibuuziddwa okuva mu mitima emyesimbu egyetaaga okufuna okwanukulwa. Era nga singa ekimu ku byo kyanukulwa mu ngeri etali ntuufu kiyinza okuwabya omuntu, ssinga ekitangaala ekikyamu kimulisibwa ku kibuuzo ekibobbya omuntu oyo omutwe. N'olwekyo ayi Mukama Katonda, nsaba Omwoyo Wo Omutukuvu atukkeko era abikkule ebintu bino, kubanga kyawandiikibwa mu Byawandiikibwa nti, "Musabe muliweebwa; era munoonye mulizuula; mukonkone muliggulirwawo." Era ekyo kye tukola mu kaseera kano, ayi Mukama, nga tukonkona ku luggi Lwo olw'okusaasirwa. Nga tuyimiridde mu kisiikirize eky'obwenkanya Bwo obw'Obwakatonda, twegayirira nga tusaba Omusaayi gwa Kristo wa Katonda wamu n'Omwoyo Omutukuvu.

28 Ate tetujja akawungeezi kano lwa kuba tumazeeko ennaku ezo essatu ez'okubuulira ku Mwoyo Omutukuvu, naye tujja n'obuwombeefu obusingirayo ddala awamu n'obwesimbu. Tujja nga kano kalinga ke kawungeezi kaffe akasembayo ke tulina ku nsi. Tujja nga tukkiriza nti Onaayanukula okusaba kwaffe. Era ayi Mukama, tukusaba kaakano Otukkuse n'Obulamu Bwo Obutaggwaawo. Era mu kwanukula Ekigambo Kyo, tusaba nti Omwoyo Omutukuvu, Ayi Katonda, nga bwe twakizudde nti ye Ggwe mwene nga oli wakati mu ffe, tusaba Atubikkulire akawungeezi ka leero ebintu bye tuyaayaanira. Era kyokka kye tuyaayaanira z'emmeeme zaffe okuwummuzibwa, n'emitima gyaffe okutebenkera, n'okuba n'okukkiriza mu Katonda okugenda mu maaso okubanja emikisa gye Yasuubiza. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

29 Kaakati, ebibuuzo byonna ebyampeereddwa mbirina, okuggyako kimu kyokka. Kati Ow'oluganda Martin eyambuuza ekibuuzo akawungeezi k'okwosa eggulo ye nnamwanukudde, kyali kibuuzo kimu kyokka. Waabaddewo obupapula bungi nnyo wano akawungeezi k'eggulo, naye bwabadde busaba kusabirwa. Kati Ow'oluganda Martin yambuuza ekibuuzo ekikwata ku Yokaana 3:16—manyanga Yokaana 3, nzikiriza bwe kyali, awagamba nti, "Omuntu bw'atazaalibwa mazzi na Mwoyo, tayinza kulaba Bwakabaka," n'akigeraageranya n'olutambi lwe nnasindika ebweru olwabuulirwa ku kitabo ky'Abaebbulaniya. Kale akawungeezi k'eggulo nnamusisinkanye emabega wano mu kasenge, ne—nnabadde sinnafuna kakisa kamwanukulira wano, era nnamwanukudde, ku nsonga eyo.

30 Kati, wano waliwo omuntu yenna ataabaddewo jjo akawungeezi? Leka tulabe emikono gyammwe, mmwe abataabaddewo jjo akawungeezi. Ha, nyabula, singa mwabaddewo. Twabadde n'ekiseera ekirungi ennyo ddala. Omwoyo Omutukuvu . . .

31 Nnyinza, oku . . .Tekirina gwe kigenda kukosa. Bino bikwatibwa ku ntambi. Kale singa wabaawo omuweereza yenna—oba omuntu yenna atakkiriziganya n'ekyo kye ŋŋenda okwogerako kati, oba n'ebyo bye nnaayogera nga nnyanukula ebibuuzo, nsaba, ow'oluganda bireme kukuyisa bubi, wabula kibeere nti—onajjukira nti olutambi luno lukwatibwa wano mu kkuŋŋaaniro lyaffe. Tuli mu kuyigiriza bantu baffe. Waliwo abaweereza bangi ab'enzikiriza ezitali zimu abatudde wano. Era njagala nate era nziremu njogere ku ky'okuyigako, kubanga waliwo abamu ku bantu baffe abataasobodde kubaawo akawungeezi k'eggulo be ndaba nga weebali akawungeezi kano. Kale njagala mbeeko ne bye njogera okumala akaseera, bwe muba mukikkiriza, njogere ku kye nnayogeddeko jjo akawungeezi; nga ekyo kyabadde kikwata ku Pentekoote, nga kikwata ku kufuna Omwoyo Omutukuvu.

Kati, nsoma okuva mu kitabo ekiyitibwa *Emphatic Diaglott* ekyavvuunulwa okuva mu Luyonaani, mwe nnasomye akawungeezi k'eggulo, ekiri mu maaso gange kati nga kibikkuddwa. Nga ekyo y'enzivuunula y'ebyawandiikibwa eri yennyini eyasooka nga biggyibwa butereevu okuva mu Luyonaani okudda mu Lungereza. Tekisooka kuyita mu bavvuunuzi balala, kya—yadde okuba n'enzivuunula endala ezirongooseddwamu mwe kyaggyibwa, wabula kiggyibwa butereevu mu Luyonaani ne kizzibwa mu Lungereza. Kati, ebigambo by'Olungereza, emirundi mingi biba n'amakulu ag'enjawulo ge bitegeeza, okugeza singa ŋŋamba nti, *board*. Leka tulabire ku kigambo ekyo *board*. Oyinza okugamba nti, "Kale, abadde ategeeza nti twali twamuleetedde *okuwuubaala*." Nedda! "O, ya—yasasulidde *eby'okulya* gye yasuze." Nedda! Kale, ya . . . "Kitegeeza *lubaawo* ku ludda luli olw'ennyumba."

Kati, mukiraba? Oba ekimu ku ebyo . . . Waliwo ebigambo nga bina oba bitaano eby'enjawulo ebisobola okukozesebwa; kibeera kikwetaagisa okutegeera sentensi ky'eyogerako. Ekigambo *see*. *See* kitegeeza "okutegeera," mu Lungereza. *Sea* kitegeeza "nnyanja." *See* kitegeeza "okubaako ne ky'otunuulira." Mukiraba? Naye mu nzivuunula zino, ekigambo ekyakozesebwa wano, kye nnayogeddeko akawungeezi k'eggulo mu Bikolwa by'Abatume essuula ey'oku 2, awagamba nti, "Ne kulabika ku bo ennimi z'omuliro . . . " Kati, njagala nsooke nzireyokko katono emabega. Mwandyagadde, tusooke tuddeyokko emabega, tuddemu tukyetegereze nga tetunneeyongerayo?

32 Kati, mubikkule, mmwe abalina enzivuunula ya Ssekabaka Yakobo oba enzivuunula yonna gy'osoma . . . Kati njagala nkisome. Era muwulirize n'obwegendereza kati. Temukitegeera kifuula nnenge. Bangi leero, nga ne mwannyinaze mwali, bangi ku bo bankubidde amasimu, nga baŋŋamba . . . Muky. Morgan . . . Bangi ku bo baabaddewo akawungeezi k'eggulo. Muky. Morgan y'omu ku bannyinaffe gwe baali batakyasuubira kuwona; era yali amaze emyaka nga kkumi na mukaaga, oba kkumi na musanvu ku lukalala lw'abo be batwala okuba nti si ba kulama mu Louisville nga yalwala kkookolo. Ndowooza waali alina w'atudde akawungeezi kano. Yagambye nti teyasobodde kuwulira bulungi, kubanga akazindaalo nnabadde njogera nkasemberedde nnyo. Kale ku lwabwe njagala ensonga eno nziremu njoogereko okumala akaseera akatonotono.

33 Kati, nsoma okuva mu Kyawandiikibwa kino eky'Ebikolwa by'Abatume 2:

> . . . *olunaku lwa Pentekoote bwe lwatuuka, bonna baali mu* ndowooza emu . . . (Kati, ekyo nkyagala nnyo okusinga kiri eky'okukkiriziganya: kubanga musobola okukkiriziganya kyenkana ku nsonga yonna, naye wano bonna baali balowooza kye kimu.) . . . mu ndowooza emu era *mu kifo* kimu.
>
> *Amangu ago okuwuuma ne kuba mu ggulu ng'empewo* ewuuma eya kibuyaga, *ne kujjuza . . . ennyumba yonna mwe baali batudde.* (Si nga bafukamidde, si nga basaba, wabula mwe baali batudde.) . . .
>
> . . . *ennimi* nga zeeyawuddemu . . . (E-n-n-i-m-i—ennimi. "Ezeeyawuddemu" kitegeeza, "zeegabanyizzaamu.") . . . Ennimi . . . *ne zirabika ku bo . . . nga . . . omuliro, era* lumu . . . ("Lumu," bwe luti) . . . ne lutuula *ku buli omu ku bo.*
>
> *Bonna ne bajjula* . . . ("Ne," akagambo akagatta.) . . . *bonna ne bajjula Omwoyo Omutukuvu, ne* batandika *okwogera ennimi endala, nga Omwoyo bwe yabawa okuzoogera.*

Kati *waaliwo mu Yerusaalemi Abayudaaya nga batudde, abantu abeegendereza, abaava mu buli ggwanga ly'abantu wansi w'eggulu.*

. . . *okuwuuma kuno bwe* . . . era amawulire gano bwe gaasaasaana, *ekibiina ne kikuŋŋaana, ne* basoberwa, *kubanga* . . . *baawulira buli* omu o . . . *nga boogera mu lulimi lw'ewaabwe.*

34 Kati mwekkaanye! Omuliro bwe gwajja, zaali nnimi; bwe baali boogera, lwali lulimi olwogerwa. Kati, waliwo enjawulo nnene nnyo wakati w'ennimi n'ennimi ezoogerwa. Eri ffe byombi bitegeeza ekintu kye kimu. Naye, mu Luyonaani, "olulimi" kitegeeza *luno*. [Ow'oluganda Branham alulaga—Omuk.] Okutu kwe *kuno*. Mukiraba? Ekyo tekitegeeza lulimi olwogerwa; wabula kitegeeza ekitundu ku mubiri gwo nga lwe lulimi. Bwe weetegereza obulungi, kivvuunulwa nti *ennimi ez'omuliro* ekitegeeza nti "nga zifaanana nga ennimi," nga bw'olaba olulimi lw'omuliro, olulimi lw'omuliro oluwanvu. Kaakano, mwekkaanye essira we liri kati. Na buli wamu we lissiddwa, temwerabirawo.

35 Kati, tugenda kubaako engeri y'akazannyo gye tukyolekamu akawungeezi kano. Oluvannyuma nkibalekere. Kati mujjukire nti, bwe wabaawo ekintu kyonna ekikontana, ekyo kiri gy'oli. Naye engeri yokka omuntu yenna gy'asobola okubaako ekintu kyonna ky'afuna okuva eri Katonda kwe kuyita mu kukkiriza. Ate nga tonna . . .

36 Nteekwa okusooka ne ntegeera kye nkola nga ssinnaba kuba na kukkiriza mu kye nkola. Lwaki wawasa mukyala wo? Wali omukkiririzaamu. Wali omugezesezza, nga omwetegerezza, n'olaba gy'ava wali watya, na kiki ky'ali. Bwe kityo bwe kiri ne ku Byawandiikibwa, n'eri Katonda. Mu ekyo mwe muva okwolesebwa kuno okutali kumu, n'e—Empagi eno ey'Omuliro, n'ebintu bino byonna, bibaawo kubanga Katonda yabisuubiza okubaawo. Katonda bw'atyo bwe yayogera. Mmugezesezza nga nsinziira ku Kigambo Kye era ndi mukakafu nti Ekigambo ekyo ddala ge Mazima. N'olwekyo mugoberere Ekigambo Kye. Kati bwe wabaawo okutabulwatabulwa kwonna awantu awamu, kiba kitegeeza waliwo ekitali kituufu awantu awamu. Kubanga Katonda (muwulirize!)—Katonda takolerangako oba talikolera bweru wa mateeka Ge ge yeeterawo—oba okukontana n'amateeka Ge ge yeeterawo. Ekiseera ky'obutiti tekiribaawo mu kiseera kya kyeya, n'ekyeya tekiribaawo mu kiseera bya butiti. Omuti teguliwaatula bikoola mu biseera bya kyeya ate bikomewo mu biseera eby'obunyogovu. Tosobola kukireetera kubaawo.

37 Nga bwe nnayogedde akawungeezi k'eggulo ku ky'okulabirako ky'oluzzi olw'ensulo, okufukirira ebirime byo. Oba singa obeera oyimiridde erudda eno nga oli mu

kisaawe wakati, nga enzikiza ekutte zigizigi, n'oleekaana n'ogamba nti, "O, ggwe masannyalaze ag'amaanyi, mmanyi nga wooli mu kisaawe. Kaakano, mbuze, simanyi gye ndaga. Mulisa ekitangaala, nsobole okulaba bwe ntambula! Waliwo amasannyalaze agamala okumulisa ekisaawe kyonna." Ekyo kituufu. Yee, ssebo! Mu kisenge kino mulimu amasannyalaze agamala okukimulisa kyonna nga n'amataala ago tegaliiwo, nga tegaliiwo. Naye amasannyalaze ago olina okugafuga. Kati, amasannyalaze ago osobola okugaleekaanira n'otuuka n'okuba nga n'okuleekaana tokyasobola, naye tegajja kuvaamu kitangaala. Naye singa ogoberera amateeka amasannyalaze kwe gakolera, awo obeera ojja kufuna ekitangaala.

38 Kati, bwe kityo bwe kiri n'eri Katonda. Katonda ye Mutonzi ow'amaanyi ow'eggulu n'ensi, aba bumu jjo, leero n'emirembe gyonna. Akyali Katonda. Naye Ajja kukola nga naawe bw'ogoberera amateeka Ge n'ebiragiro bwe bigamba. Ab'emikwano, kino nkyogera nti: ssikirabangako nga kiremererwa era tekiriremererwa.

39 Kati, leka twekkaanye. Yesu mu Lukka 24:49 yali atumye abatume nga bamaze okulokoka n'okutukuzibwa okusinziira ku Kigambo nga bwe kitugamba; baali baggyibwako omusango olw'okukkiriza Mukama waffe Yesu; ne batukuzibwa okusinziira ku Yokaana 17:17 Yesu we yagambira nti, "Obatukuze, ayi Kitange, okuyita mu Mazima. Ekigambo Kyo ge Mazima." Ate Ye yali Kigambo.

40 Kati, n'abawa obuyinza okuwonya abalwadde, okugoba emizimu, okuzuukiza abafu; era ne bakomawo nga bajaguza. N'amannya gaabwe gaali gaawandiikibwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga. Kati ekyo mujjukira bwe twakyogerako. Naye baali tebannaba kukyusibwa. Yesu yagamba Peetero akawungeezi ke yakomererwa, Yamugamba nti, "Bw'olimala okukyusibwa, onywezanga baganda bo."

41 Omwoyo Omutukuvu y'a . . . Okkiriza nga oluubirira okufuna Obulamu obutaggwaawo, naye Omwoyo Omutukuvu bw'ajja Ye ye Bulamu Obutaggwaawo. Obeera okkiriza nga oluubirira oku . . . Ozaalibwa Omwoyo ku ddaala ery'okutukuzibwa, naye obeera tonnazaalibwa Mwoyo okutuusa nga Omwoyo Omutukuvu azze n'ayingira. Ekyo bwe kiri. Omwana aba alina obulamu nga ali mu lubuto lwa nnyina, obufumbi bwe bubeera bwenyoola munda muli; obwo buba bulamu. Naye wabaawo obulamu obw'enjawulo omwana oyo bw'assa omukka ogw'obulamu okuyita mu nnyindo ze. Buba bwa njawulo. Bwe kityo bwe kiri, buba . . .

42 Muganda wange omwagalwa Omumesodisiti, n'ow'enzikiriza y'aba Pilgrim Holiness, n'Omunazaliini, okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu kwawukana ku kutukuzibwa. Okutukuzibwa kubeera kulongoosebwa, nga kwe

kuteekerateekera Obulamu. Naye Omwoyo Omutukuvu bw'ajja, Ye Bulamu. Okuteekateeka kwe kulongoosa ekibya; Omwoyo Omutukuvu kwe kujjuza ekibya. *Okutukuzibwa* kitegeeza "ekintu okulongoosebwa ne kyawulibwa olw'okuweereza." Omwoyo Omutukuvu kwe kukiteeka mu kuweereza. Ye ggwe kibya Katonda ky'alongoosezza.

43 Era tukitegeera nti Omwoyo Omutukuvu abeera Katonda Mwene nga ali mu ggwe. Katonda yali waggulu wo mu mpagi y'Omuliro bwe yali ne Musa. Katonda yali naawe bwe yali mu Yesu Kristo. Kati Katonda ali mu ggwe mu Mwoyo Omutukuvu. Si bakatonda basatu, wabula Katonda omu nga akolera mu woofiisi ssatu.

44 Katonda nga yeetoowaza, akka wansi okuva mu kubeera waggulu w'omuntu. Omuntu yali tasobola kukwata ku Katonda, kubanga yali yayonoona mu lusuku Adeni ne yeeyawula n'ava mu kussa ekimu Kwe. Kati kiki ekyaddirira? Katonda yalina okubeera waggulu w'omuntu. Omusaayi gw'ente ennume n'ogw'embuzi gwali tegumusobozesa kuddamu kussa kimu na muntu; okuggyako okuyita mu mateeka n'ebiragiro, ebyali byoleka ekiseera kino ekyali kigenda okujja, omwali okusaddaaka sseddume z'ente, n'ebirala, n'endiga. . . Oluvannyuma Katonda bwe yakka wansi n'atuula mu mubiri ogwatukuzibwa, ogwazaalibwa omukazi eyali tamanyanga ku musajja, Katonda Mwene gwe. . . Mumanyi Katonda kye yakola? Te—Teyakola kirala kyonna okuggyako. . . Yaleeta Weema Ye n'agisimba wakati mu ffe. Katonda yatuula mu Weema eyitibwa Yesu Kristo. Yajja n'asimba Weema Ye n'abeera naffe, n'afuuka. . . (Nja—ekyo kye ŋŋenda okubuulirako ku makya, kale leka nkiveeko.) Kati, ekyo—engeri Katonda weema-manyanga engeri gye yabeera naffe. . .

45 Ate kaakano Katonda ali mu ffe. Yesu yagamba mu Yokaana 14 nti, "Ku lunaku olwo mulitegeera nga Nze ndi mu Kitange, ne Kitange ali mu Nze, Nange ndi mu mmwe, nammwe muli mu Nze." Katonda nga ali mu ffe. Ekigendererwa kwali kukola ki? Kugenda mu maaso na nteekateeka Ye.

46 Katonda yalina enteekateeka. Yali ayagala akolere wakati mu bantu, era Yagireetera mu Mpagi y'Omuliro, nga gwe Muliro ogw'ekyewuunyo ogwali gulengejjera waggulu w'abaana ba Israeri. Okuva awo Empagi y'Omuliro y'emu eyo n'erabisibwa mu mubiri gwa Yesu. Era n'Agamba nti Ye yali Omuliro guli, "Nga Ibulayimu tannabaawo, nze nga NDI." Ye yali Omuliro guli. Yagamba nti, "Nnava eri Katonda, era Nzirayo eri Katonda." Era oluvannyuma lw'okufa Kwe, okuziikibwa wamu n'okuzuukira, Omutukuvu Pawulo yamusisinkana mu lugendo lwe—bwe yali akyayitibwa Sawulo—mu lugendo lwe nga agenda e Damasiko, era yali Azzeeyo nate mu kubeera Empagi y'Omuliro eri. Ekitangaala kyamuziba amaaso. Bwe kiri.

47 Era Wuuno wano leero, Empagi y'Omuliro y'emu, Katonda y'omu nga akola obubonero bwe bumu, emirimu gye gimu. Lwaki? Akolera mu makkati g'abantu Be. Ali mu ffe. Nja . . . Ali naawe kati, "naye Ndibeera mu mmwe. Nja kubeera nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero ya byonna," ku nkomerero y'ensi. Wa kubeera naffe.

48 Kaakati, mulabeeyo. Yesu yali abalagidde bagende e Yerusaalemi balindirire. Ekigambo *tarry* kitegeeza "kulindirira," tekitegeeza kusaba, kitegeeza "kulindirira." Baali tebannasaanyizibwa kubuulira, kubanga okuzuukira Kwe baali bakumanyi kukoma ku kya kumulaba Ye nga Omuntu, bwe baamulabako ebweru. Ya—Yabalagira obutaddamu kubuulira, obutabaako kintu kyonna kye bakola okutuusa nga basoose ne bajjuzibwa Amaanyi okuva waggulu.

Ssikkiriza nti omubuulizi yenna abeera atumiddwa Katonda oba nti asobola okwawulibwa mu butuufu . . . Kubanga Katonda taliimu nnongoosereza. Era Katonda ky'akola omulundi ogumu, ky'Akola ebbanga lyonna. Kati, Katonda bw'aba teyasobola kubakkiriza kubuulira okutuusa nga bagenze ku Pentekoote ne bafuna obumanyirivu bwa Pentekoote, tewali musajja, okuggyako nga asindiikiriziddwa kuyaayaana kwe okw'amaanyi ye nga omuntu oba nga waliwo ekibiina ekimutumye, akkirizibwa kuyingira kituuti okutuusa nga ajjuziddwa Omwoyo Omutukuvu. Ago ge mazima gennyini. Kubanga abeera abakulembera akozesa magezi ga ntegeera ya bwongo ge yayigirizibwa mu kibiina ekimu okutuusa nga ajjuziddwa Omwoyo Omutukuvu; olwo n'abeera nga abawa emmere y'ejjiba; *Omwana gw'endiga n'Ejjiba*, nga bwe twakyogeddeko akawungeezi k'eggulo.

49 Kaakati mwekkaanye. Yabagamba nti, "Mugende e Yerusaalemi musigale eyo; mulindire eyo okutuusa nga Mpeerezza ekisuubizo kya Kitange." Era kati, kiki kye baakola? Bonna awamu baali kikumi mu abiri, abasajja wamu n'abakazi. Baayambuka waggulu mu kisenge ekya waggulu mu yeekaalu.

Kati, kyali kiseera nga olunaku lw'Embaga ya Pentekoote lunaatera okutuuka, okuva ku kulongoosebwa kw'awatukuvu, okuttibwa kw'omwana gw'endiga ogw'okuyitako okutuuka ku—ku kujja kwa Pentekoote, nga ye yali ebibala ebisooka eby'amakungula, jjubireewo, jjubireewo ya Pentekoote. Kati ku bizimbe . . .

50 Kati, mbaddeko mu mawanga ag'enjawulo. Amawanga g'ebuvanjuba munda tegaabeerangamu madaala. Amadaala gaabeeranga bweru. Wabweru wa yeekaalu, tutegeezebwa nti, waaliwo amadaala agambuka waggulu okutuuka mu kasenge akatono; nga olinnyalinnya n'oyambuka, n'oyambuka, n'oyambukira ddala, okutuusa lwe watuukanga waggulu ddala ku kasenge akatono akaali waggulu eyo, akalinga

sitoowa waggulu ku ntikko ya yeekaalu, akasenge akatonotono, akasenge akasembayo waggulu. Era Bayibuli egamba nti baali omwo nga enzigi zonna ziggaddwa, kubanga baali batya Abayudaaya, kubanga baali basobola okubayuzaayuza obulere olw'okusinza Mukama waffe Yesu, ate nga Kayaafa kabona omukulu, ne Pontiyo Piraato, n'abalala baali bamaze okumutta. Kati kye baali bazzaako baali bagenda kutta abo bonna abeeyita Abakristaayo. N'olw'ensonga eyo enzigi zonna zaali ziggaddwa, era baali mu kulindirira.

51 Kati, ku busenge obw'engeri eyo, tekuba madirisa. Agandibadde nga amadirisa bwabanga buntu obutono obwabangamu emitayimbwa n'obuntu obulinga obuggi, bwe wasikanga ne bweggula. Mu busenge obwo mwabangamu obutabaaza obukozesa ggiriisi obwayakanga nga bulengejjera . . . Bw'ogendangako mu California ku wooteeri ya Clifton Cafteria, okkiriranga wansi ku mwaliiro ogusembayo, ojja kusangayo akasenge akeefaananyiriza ddala, akasenge kali aka waggulu. Mwali mubaddeyo? Bameka wano abaali babaddeyo? Nnina be ndabye banyeenya emitwe. Kale, kati mmwe kye njogerako mukitegeera. Kale. Okkirirangako wansi eyo, oliraba Olusuku lw'e Gesusemane; naye nga tonnalutuukako, olisooka kuyingira mu kamu ku busenge obwo obwazimbibwa nga obw'Ebuvanjuba. Ekyo kituufu ddala. Ojja kusangayo akatabaaza akajjudemu amafuta g'omuzeyituuni nga kalimu olutambi, nga kaaka.

52 Kati, leka tugambe nti baali waggulu eyo, baalinnyalinnya amadaala ebweru ne bambuka. Ne batuuka waggulu eri ne beekweka, kubanga baali batya Abayudaaya. Yesu teyabagambako kugenda mu kasenge kasembayo waggulu. Ye yabagamba kimu nti, "Mulindire mu Yerusaalemi." Baali wansi nga balina ennyumba mwe bali, naye nga kizibu okumanya kiki ekiyinza okubaawo essaawa yonna. Nga basobola okubalumba ne babakwata. Kye baava bambuka waggulu ddala awasemba mu kasenge akatono, waggulu ddala mu kasolya, ne babeera eyo, akasenge ne bakaggala konna Abayudaaya baleme okubatuukako. Ne babeera eyo okumala ennaku kkumi nga balindirira.

53 Kaakano, kati, tuli mu Ebikolwa by'Abatume 1. Kati, muwulirize n'obwegendereza kaakano. Ekifaananyi mukifunye eky'embeera bwe yali? Wabweru w'ekizimbe waaliwo amadaala agambuka, era kwe baalinnyira ne bayingira mu kasenge kano. Wansi mu yeekaalu baali bajaguza Mbaga ya Pentekoote. Ha, waaliwo ekiseera ekinyuvu ddala ekyali kigenda mu maaso. Kati, olunaku lwa Pentekoote bwe lwatuuka mu bujjuvu, bonna baalina endowooza emu, endowooza emu, nga bakkiriza nti ekisuubizo ekyo Katonda agenda kukiweereza. Leka buli muntu yenna akawungeezi kano ayingire mu ndowooza y'emu

eyo mulabe ekinaabaawo. Kiteekwa buteekwa okuddamu ne kibaawo. Kye kisuubizo kye kimu nga kye baalina. Mukiraba?

54 Mu ekyo baali bakola ki? Baali bagoberera biragiro, bagoberera a—a—amateeka ga Katonda: "Mulinde okutuusa nga . . ."

55 Kati, baali batidde Abayudaaya. Kati, ekyo mukijjukire. Baali batidde Abayudaaya. Kaakati, amangu ago ne wajja okuwuuma nga kulinga empewo ewuuma. Teyali mpewo ewuuma; wabula yalinga empewo ewuuma. Mu ddakiika ntono nja kusoma ebigambo by'omuvvuunuzi bye yawandiika bwe yali avvuunula. Yalinga empewo ewuuma. Kitegeeza, yali mpewo etali ya bulijjo (o!), ekintu kye baali basobola okuwulira. Empewo yali munda mu bo. Wajja e—empewo ewuuma, nga eringa empewo ewuuma. Empewo yali tewuuma, wabula kyawulikika buwulikisi nga empewo ewuuma, nga ekintu ekigira be: Wuuu! Mwali mukiwuliddeko? O, bannange! Nga empewo ewuuma. Kati mulabeeyo. Ne kujjuza . . . Kati, wano kigamba "yonna," naye mu Luyonaani kigamba nti, "Yonna (Ennukuta ennene Y-o-n-n-a), Ennyumba Yonna," buli wamu wonna munda mu nnyumba. Buli lwatika lwonna, buli nsonda, na buli mukwesese buli wamu wonna waalabika nga empewo eno eyali ejjuddewo. Tebyali bya kugamba mbu, "Bannaaye, Ab'oluganda, nammwe muwulira kye mpulira?" Nedda! Kyali buli wamu wonna, nga kiwulikika nga empewo ewuuma. Kaakati mulabeeyo. "Wajja okuwuuma nga kuwulikika nga empewo ey'amaanyi ewuuma ne (akagambo akagatta. Kati ssaayo nnyo omwoyo ku bugambo obwo obugamba nti *ne*. Bw'otakikola, ojja Kukyogeza bye Kitayogera. Okiraba?)—ne ku (okuwuuma okwo kwe kwasooka, waaliwo ekintu e—ekyawulikika nga empewo ewuuma ekyabakkako)—ne (mujjukira, akawungeezi k'eggulo nnagenze ku dduuka ne ngulayo omugaati wamu ne ennyama. Kitegeeza waliwo ekirala kye nnayongedde ku mugaati. Omugaati kintu kimu, n'ennyama kirala. Kati n'okuwuuma kwali kintu kimu ekyabayitamu)—ne walabika mu maaso gaabwe, (nga ziri mu maaso gaabwe) ennimi—ennimi ezeeyawuddemu."

56 Wano waliwo omuntu yenna eyali alabye ku firimu ya Cecil DeMilles ey'*Amateeka Ekkumi*? Mwetegereza bulungi engeri Amateeka gye gaawandiikibwamu? Oba kyamubikkulirwa kitya, simanyi. Mwalimu ebintu nga bibiri oba bisatu bye nnalaba bye nnayagala ennyo. Ekisooka ky'ekitangaala ekyo ekya langi eya nnawandagala, bw'etyo bw'Efaananira ddala. Mukiraba? Ekirala kye kyaliwo Amateeka bwe gaali gawandiikibwa, bwe gaggwa okuwandiikibwa, mwalaba obwali bumansuka okuva ku Mpagi y'Omuliro eyo ennene, waaliwo ennimi z'omuliro entono ezaali zimansuka? Mwaziraba? Kati, ekyo ndowooza nga ky'ekyaliwo ne ku Pentekoote. Mu maaso gaabwe waalabikawo . . . Kitegeeza baali basobola okuziraba.

Tekigambye nti, "Mu makkati gaabwe ne mugwamu." Wabula waalaba mu maaso gaabwe ennimi (bwe tugenda okuziyita), ennimi, nga olulimi nga olulimi luno *eno*, nga lwakula nga lulimi, naye nga lulimi lwa muliro. Kati, okutu—nga bwe nnagambye, okutu kuba kutu; olugalo luba lugalo. Olugalo tekitegeeza nti wakikwatako n'okiwulira; naye kitegeeza nti kyali kifaanana nga olugalo. Era singa kwali kutu, kyandibadde tekitegeeza nti baakiwulira n'amatu gaabwe; wabula kyandibadde kitegeeza nti kyali mu nkula nga ey'okutu. Guno gwali muliro ogwali mu nkula nga ey'olulimi, teyali muntu nti y'ayogera, gwali muliro ogwali mu nkula nga ey'olulimi.

57 Kati, muwulirize. Mwekkaanye bwe kisoma wano eno mu Luyonaani:

> *Amangu ago okuwuuma ne kuba*. . . nga kuwulikika *nga empewo ey'amaanyi*. . . (Olunyiriri olw'oku 3—olw'oku 3.)
>
> Ennimi ezeeyawuddemu ne *zirabika gye bali*,. . . (Tekigamba nti ennimi ezeeyawuddemu ze zaabalimu, oba nti baali boogera mu lulimi olwawuddwaamu; wabula kigamba nti ennimi ezeeyawuddemu zaalabika ne baziraba. Kati, mulabeeyo. Tezinnabakkako. Weeziri mu kisenge, zeetooloola nga mu mpewo eno.). . . *gye bali*. . . *nga*. . . *omuliro*. . . *ennimi* ezeeyawuddemu. . . *ne zibalabikira*. . . (kitegeeza nga bazirabako n'amaaso gaabwe) *nga*. . . *omuliro*, (ennimi nga omuliro) *buli* lumu (lumu bwe luti) ne luwummulira ku *buli* omu *ku bo*. (Si kubayingiramu; wabula ne zibawummulirako.)

58 Kati mulaba enzivuunula ya Ssekabaka Yakobo ekyo bwe yali ekireseeyo n'egamba nti: "Ennimi ezeeyawuddemu ne zijja ku bo, manya ne zibawummulirako (kisoma kitya awo mu nzivuunula ya Ssekabaka Yakobo?)—ne zibatuulako." Mukiraba? Kati, zaali tezisobola kugenda waggulu eri ate ne zikka ne zituula. Ekyo tukimanyi. Naye enzivuunula eyavvuunulwa obulambalamba egamba nti, "Zaabawummulirako," nzikiriza bw'egamba; si bwe kiri? Leka nkifune ddala nga bwe kigamba. Weewaawo! ". . . ne ziwummulira ku buli omu ku bo." Olulimi lw'omuliro lumu lwawummulira ku buli omu ku bo. Awo mukiraba? Mukitegeera? Ekyo ky'ekintu eky'okubiri ekyabaawo. Okusooka waaliwo empewo, oluvannyuma ne kuddako okulabika kw'ennimi ez'omuliro.

59 Byonna byabaawo mu kasenge kano wano akaalimu ettabaaza zino entono nga zaaka. Fumiitirizaamu bwe baali waggulu eyo. Omu alabika yagamba nti, "Ha!" Yeetoolooza amaaso mu kizimbe wonna; agenda okulaba nga zibunye wonna wonna mu kizimbe. Awo bonna ne bagamba nti, "Mulabeeyo!" Ennimi z'omuliro ne zitandika okuwera mu kizimbe. Kaakati mulabeeyo. Ne walabika ennimi z'omuliro zino.

Kaakati mulabe ekyaddirira:

Era (Akagambo akalala akagatta; waliwo ekintu ekirala ekyabaawo.) *bonna ne bajjula Omwoyo Omutukuvu,* . . . (Ekintu eky'okubiri ekyabaawo.)

60 Kaakati mulabeeyo, ekyo twagala tukikyuse kigambe nti, "Baaliko ennimi z'omuliro, ne batandika okujoboja; oluvannyuma ne bafuluma ne batandika okwogera mu lulimi olutamanyiddwa." Mu Byawandiikibwa temuliimu kintu kya ngeri eyo, mukwano gwange. Omuntu yenna ayogera mu lulimi olutamanyiddwa nga afunye Omwoyo Omutukuvu ky'akola kikontana n'ekiri mu Bayibuli. Era ŋŋenda kubalaga mu ddakiika ntono mbakakase nti nzikiririza mu kwogera mu nnimi ezitamanyiddwa, naye okwo si kwe kufuna Omwoyo Omutukuvu. Ekyo kirabo bulabo eky'Omwoyo Omutukuvu. Omwoyo Omutukuvu Mwoyo.

61 Kati mwekkaanye. Ennimi zino zaali mu kasenge nga ziri nga omuliro, oluvannyuma ne zikka ku buli omu. Okuva awo awo ne bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu (ekintu eky'okubiri), oluvannyuma lw'ekyo, nga bamaze okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, ne boogera mu nnimi, si okwogera obwogezi ennimi, wabula nga boogera ennimi ezoogerwa nga zimannyiddwa. Ekyo mukyetegerezza? Baatandika okwogera ennimi endala ezoogerwa abantu nga Omwoyo bwe yabasobozesa okuzoogera. Kati, kino ekyabaawo kyabuna wonna okumpi n'ewala.

62 Kaakati mulabeeyo. Kati, leka tuddemu tufune ekifaananyi ky'ebyabaawo muleme kukyerabira. Okusinziira ku Kyawandiikibwa, baali mu kasenge akasembayo waggulu nga balindirira, amangu ago ne waba okuwuuma nga okw'empewo ewuuma, okwabakkako; nga oyo yali Mwoyo Mutukuvu. Bameka abakikkiriza nti okwo kwe kwali okujja kw'Omwoyo Omutukuvu? Nga empewo, empewo esukkulumye ku ya bulijjo. Ne balaba ekibaddewo. Era munda eyo ne walabika ennimi ez'omuliro, nga ziwera nga kikumi mu abiri, ne zitandika okukka nga bwe zituula ku buli omu ku bo. Kyali kiki? Kyali kiki? Yali Mpagi y'Omuliro, nga ye Katonda Mwene nga Yeegabanyaamu mu bantu Be, nga ayingira mu bantu. Yesu ye yalina ekintu kyonna mu bujjuvu; Omwoyo Yamulina awatali kigero; naye ffe tufunako wa kigero (Mutegeera kye ntegeeza?), kubanga tuli baana abaatongozebwa. Obulamu Bwe—Obulamu Bwe Obutaggwaawo bwali buyingira. Kati, kiki ekyaddirira? Awo bonna ne bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu.

63 Kaakati, njagala mbeeko ne kye mbabuuza. Oluvuuvuumo lwa kino ekyabaawo lwatandika ddi? Bwe baba baalina okukkirira wansi okuva mu kasenge ako akasembayo waggulu baserengete amadaala ago bagende bayimirire mu mpya z'olubiri—manyanga mu—mu mpya za yeekaalu, ob'olyawo

ezaali mu buwanvu nga bwa mmita kikumi okuva waggulu gye baali, bw'obala okwambuka waggulu n'okukkirira, bagende mu mpya abantu bonna we bakuŋŋaanide . . . Ate nga baafulumayo nga bali-nga abatamidde Omwoyo. Kubanga abantu baagamba nti, "abantu bano bajjudde omwenge omusu." Baali tebalabangako ku kintu kya ngeri eyo.

64 Nga bonna buli omu ku bo agezaako okugamba nti, "Omwoyo Omutukuvu azze. Ekisuubizo kya Katonda kiri ku nze. Nzi—nzijuziddwa Omwoyo." Nga ayogera ebyo Mugaliraaya, kyokka omusajja gw'abigamba, nga Muwarabu oba Muperusi, naye n'amuwulira mu lulimi lw'ewaabwe gye yazaalibwa.

65 "Kijja kitya okuba nti tuwulira (si lulimi olutamanyiddwa)—kijja kitya okuba nti buli muntu awulira mu lulimi lw'ewaabwe gye yazaalibwa? Bano bonna aboogera si Bagaliraaya?" Kisoboka n'okuba nga baali boogera na lulimi Lugaliraaya . . . Naye bano bwe baawulira bye baali boogera, baabiwulira mu nnimi z'ewaabwe gye baazaalibwa. Bwe kiba si bwe kyali, njagala mumbuuze— munnyanukule ekibuuzo kino: Kyajja kitya okuba nti Peetero yayambuka waggulu n'ayogera mu Lugaliraaya, ekibiina kyonna ne bategeera bye yali ayogera? Emmeeme enkumi ssatu zajja eri Kristo awo wennyini nga Peetero ayogera mu lulimi lumu. Ddala! Yali Katonda nga akola eky'amagero. Peetero, nga ayogera eri ekibiina ky'ekimu ekyalimu abantu abaali bava e Mesopotamiya, n'abagenyi, n'abakyufu, n'abalala aba buli ngeri okuva wonna mu nsi nga bonna bayimiridde awo . . . Naye Peetero n'ayimirira n'abuulira mu lulimi lumu bwe luti, buli muntu yenna n'amuwulira, kubanga enkumi ssatu beenenya n'okubatizibwa ne babatirizibwawo mu Linnya lya Yesu Kristo. Ekyo kyabaawo kitya?

66 Mulabeeyo, ab'emikwano, ekyo muganda wange ow'omu kibiina ky'eddiini ne muganda wange Omupentekoote, mu kaseera kano sibasuubira kukikkiriza. Naye ekyo mukinoonyerezeeko mu Bayibuli mumbuulire omulundi gwonna lwe kyali kibaddewo we baafuna Omwoyo Omutukuvu ne boogera mu lulimi abantu ne batategeera bye boogera. Era bwe baba nga eyo y'engeri gye baamufunamu mu kiseera ekyo, Katonda assukulumye mu by'akola . . . Buli mulundi lwe kibaawo kirina okubaawo mu ngeri y'emu.

67 Kati, ssisobola . . . Kati, mu nnyumba ya Kolune- . . . Tujjukira, akawungeezi k'eggulo bwe twaserengese e Samaliya, twakirabye nti tewali kintu kyonna kyabawandiikibwako kuba nti baawulira ebyali byogerwa mu lulimi olulala, tekyayogerwako kintu kyonna. Naye bwe baagenda mu nnyumba ya Koluneeriyo, awaali abantu ab'amawanga ag'enjawulo ga mirundi esatu, baayogera mu nnimi. Era bwe baazoogera, bwe baba nga baazoogera, Omwoyo Omutukuvu baamufuna, Peetero agamba nti, nga nabo bwe baamufuna mu

kusooka. Bwe batyo ne bakitegeera nti Ab'amawanga baali bafunye ekisa okuva eri Katonda, kubanga baali bafunye Omwoyo Omutukuvu nga nabo we baamufuna mu kusooka. Nninawo wano ekibuuzo ekyabuuziddwa, ekyekuusa ku nsonga eyo mu ddakiika ntono. Njagadde nteekewo omusingi, musobole okulaba kiki kye kiri.

68 Kati, abantu abaayigirizibwa mu ngeri eyawukana ku eyo kubasuubira ku . . . Era mbasaba mumpulirize, ab'emikwano, baganda bange Abapentekoote. Bino ssisobola kubiyigiriza nga ndi bweru eyo. Bino . . . Ssisobola kukola kintu kiyinza kuleeta kutabulatabula. Naye ate bwe tutafuna Mazima, tulisimbula ddi? Tuteekwa okubaako n'ekibaawo wano ekitutereeza ne kituluŋŋamya we twakyama. Tuteekwa okufuna ekisa eky'okukwakkulibwa wano kati. Amazima gateekwa okuvaayo.

69 Kati omuntu ayinza kukola ki singa asangibwa nga kiggala, era kasiru nga tasobola kwogera yadde? Omuntu oyo asobola okufuna Omwoyo Omutukuvu? Ate bw'abeera nga n'olulimi talina, naye nga musajja wattu ayagala kulokoka? Mukiraba? Omwoyo Omutukuvu nga ye, kwe kubatizibwa. Ekyo bwe kiggwa, olwo ebirabo ebirala bino byonna nga okwogera mu nnimi, okuvvuunula ennimi, ebyo bijja luvannyuma nga omaze okuyingira mu Mubiri okuyita mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Kubanga ebirabo ebyo biri mu Mubiri gwa Kristo.

70 Kati, ensonga lwaki ŋŋamba nti . . . Kati, mulabeeyo. Oyinza okusuubira ekereziya Katolika, nga y'ekkanisa eyasookera ddala mu nsi yonna okugunjibwamu ekibiina ekitambulira ku nkola ey'obukelembeze obw'omuntu kasookede batume ba . . . Olwo ekereziya Katolika n'eryoka egunjibwamu ekibiina ekitambulira ku nkola ey'obukelembeze obw'omuntu, oh, ndowooza waayitawo ebikumi n'ebikumi by'emyaka oluvannyuma lw'okufa kw'omutume eyasembayo okufa, emyaka nga lukaaga awo—emyaka egyayitawo nga abatume bavuddewo, amangu ddala oluvannyuma lw'Akakiiko k'e Nikyeya, ba faaza okuva e Nikyeya bwe baatuula awamu ne beekolamu ekibiina ekigunje; ne bagunjaawo ekkanisa ey'ensi yonna, nga ye yali ekereziya Katolika. Mu nsisinkano eyo baakola ekkanisa nga ya nsi yonna. Era ekigambo *obukatuliki* kitegeeza "ekibuna wonna mu nsi"; ekisaasaanira buli wamu wonna. Ba . . . Rooma—Rooma enkafiiri n'ekyusibwa n'efuuka Rooma ekulemberwa paapa. Ne batongoza paapa abeere nga ye mukulembeze ow'oku ntikko atwale ekifo kya Peetero, gwe baalowooza era gwe bagamba mbu Yesu gwe yawa ebisumuluzo by'Obwakabaka. Era paapa oyo yabeeranga tawakanyizibwa, era na buli kati tawakanyizibwa mu ekereziya Katolika. Okutuusa okuba nti . . . Bw'ayogera ekigambo liba tteeka era kiba kiragiro. Ye paapa atawakanyizibwa. Ekyo bwe kityo ne kisalibwaawo.

71 Era oluvannyuma, kubanga baagaana okukkiriziganya n'enjigiriza eno ey'Ekikatuliki, battibwa, nga bookebwa nga

basibiddwa ku miti, ne mu ngeri endala ez'enjawulo. Ebyo fenna tubimanyi bulungi okusinziira ku biwandiiko ebitukuvu ebya Josephus, n'ekitabo ekiyitibwa *Fox's Book Of Martyrs*, ne bingi ku biwandiiko ebirala ebitukuvu. . . ekitabo kya Hislop ekiyitibwa *Babulooni Ebbiri*, ne—n'ebyafaayo ebirala eby'amaanyi. Okuva awo, ne—oluvannyuma nga wayiseewo emyaka lukumi mu bitaano, gye tumanyi, egy'Emirembe egy'Ekizikiza, Bayibuli abantu yabaggyibwako. Naye n'E—n'Ebaako faaza omu eyagikweka, n'ebirala ebyabaawo, nga bwe tubimanyi.

72 Kati oluvannyuma lw'ebyo byonna ne walyoka wajja Okuddaabulula okwasooka, okwajja okuyita mu Martin Luther. Era yeesowolayo n'agamba nti omugaati gwa komunyo gwe balya nga basembera Abakatuliki gwe bayita omubiri—omubiri gwa Kristo gwennyini, nti gukiikirira bukiikirizi omubiri gwa Kristo. Bw'atyo akagaati ako aka komunyo n'akakwata n'akakasuka ku mugo gwa wolutaali, manyanga ku madaala, n'agaana okuguyita omubiri gwa Kristo gwennyini, era n'abuulira nga agamba nti, "Omutuukirivu anaabeeranga mulamu lwa kukkiriza." Kati, ekyo ddala ekereziya Katolika togisuubira kukkiriziganya naye mu ekyo, tekisoboka n'akatono, omukulembeze waabwe ow'oku ntikko atawakanyizibwa bw'abagamba nti nedda. Kale.

73 Kati nga Martin Luther, amaze okubuulira okuggyibwako omusango, wajja John Wesley eyajja nga abuulira okutukuzibwa. Era yabuulira n'agamba nti omuntu, bw'amala okuggyibwako omusango (ekyo kirungi) naye olina okutukuzibwa, n'olongoosebwa, ekikolo eky'ekibi ne kikuggyibwamu nga Omusaayi gwa Yesu gwe gukiggyamu. Kati, tosuubira Baluzalaani kubuulira Kutukuzibwa, kubanga tebajja kukikola.

74 Wesley bwe yamala okubuulira Okutukuzibwa, ne wabaawo obubinja obw'enjawulo obwava mu ekyo, nga omwo mwe mwali, Abamesodisiti ba Wesley, n'Abanazaliini, n'abalala, abaakuuma omuliro nga gwaka okuyita mu mulembe gwabwe gwonna, ate ne wajja Abapentekoote ne bagamba nti, "Kati, Omwoyo Omutukuvu kwe kubatizibwa, era twogera mu nnimi nga tumufunye." Ddala. Kati ekyo bwe kyajja, wali tosobola kusuubira Banazaliini, n'Abamesodisiti ba Wesley, n'abalala kukkiriza kintu nga ekyo. Baali tebasobola kukikkiriza. Baakiyita kya ssetaani. Kale. Kiki ekyaddirira? Baatandika okugwa; ate Obupentekoote ne butandika okuyitimuka. Kaakano buyitimuse ne kituuka okuba nti Obupentekoote butuuse we bunyeenyezebwa. Beekolamu ekibiina ky'eddiini ne batwalirizibwa mu ngeri eyo, tebakyalina kintu kirala kyonna kye bakkiriza. Balina amateeka gaabwe agabafuga wamu n'ebiragiro kwe batambulira, era ebyo bimala.

75 Kati, Omwoyo Omutukuvu bw'ajja n'abaako ekintu kyonna ky'abikkula okuba nti ge Mazima g'ensonga yonna era

n'akikakasa n'Okubeerawo Kwe n'okuyita mu Kigambo Kye, tosuubira Bapentekoote kugamba nti, "Nja kukkiriziganya nakyo." Olina kuyimirira wekka nga Luther bwe yakola, nga Wesley bwe yakola, era nga n'abalala bonna bwe baakola. Ku ekyo kw'olina okuyimirira kubanga essaawa etuuse. Era ekyo kye kindeetera okuba aboolebwa mu balala. Ekyo kye kinfuula ow'enjawulo.

76 Era ssisobola kuyitimuka nga Muganda wange omwagalwa Oral Roberts, ne Tommy Osborn, Tommy Hicks, n'abalala, kubanga amakanisa tegajja kukkiriziganya nange. Bagamba mbu, "Oyo akkiririza mu bukuumi Obutaggwaawo. Oyo Mubaputisiti. Takkiriza nti okwogera ennimi bwe bukakafu obusookerwako obulaga nti omuntu afunye Omwoyo Omutukuvu. Omusajja oyo mumwewale!" Mukiraba?

77 Naye mujje mukyeŋŋange mulage nti si kituufu. Mukyeŋŋange. Basobola okweŋŋanga Abaluzalaani, a—Abamesodisiti bakisobola. Abapentekoote basobola okweŋŋanga Abamesodisiti. Nange nsobola okweŋŋanga Abapentekoote ku nsonga eyo. Ddala bwe kiri. Kituufu. Lwaki kituufu? Kubanga tutambulira mu Musana nga naye bw'Ali mu Musana. Mukiraba? Tulinnya nga tweyongera waggulu mu Kkubo lya Kabaka, era gye lyeyongera waggulu, n'ekisa ekisingako gye kyeyongera okutuweebwa, n'amaanyi agasingako gye geeyongera okutuweebwa, n'ebintu ebisukkulumye ebya bulijjo gye byeyongera okutuweebwa. Era awo we tuli. Kino kye kiseera Omwoyo Omutukuvu w'akkidde wansi mu nkula ey'Ekitangaala nga bwe Yali ku lubereberye, nga Empagi y'Omuliro, era Yeeyolese, n'akola ebintu bye bimu byennyini bye Yakola bwe Yali wano ku nsi. Era Yesu yabuuza nti, "Mutegeera mutya oba nga batuufu oba si batuufu? Mulibategeerera ku bibala byabwe. Oyo anzikiririzaamu Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola. Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza."

78 Kaakati, baganda bange Abapentekoote. Ndi nammwe. Ndi omu ku mmwe. Omwoyo Omutukuvu nnamufuna. Nnali njogeddeko mu nnimi, naye ssaazoogererawo bwe nnafuna Omwoyo Omutukuvu. Okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu nnakufuna; ne njogera mu nnimi, ne mpa obunnabbi, ne mbeera n'ebirabo eky'okumanya, eky'amagezi, eky'okuvvuunula, n'ebirala nga bikola mu bulamu bwange. Naye ebintu ebyo byonna bisobola okunkoleramu kubanga kati ndi mwana wa Katonda. Amaanyi, Omuliro gwa Katonda guli mu mmeeme yange; olulimi olwo olw'Omuliro olwakoleeza—olwajja ne luyingira munda mu nze ne lwokya ne luggyamu buli kintu kyonna ekyali kikontana ne Katonda, era kati nkulemberwa Mwoyo We. Asobola okuŋŋamba nti, "Genda *wano*," ne ŋŋenda. "Genda *wano*," ne ŋŋenda. "Yogera *wano*," ne njogera. "Kati kola *kino*, *kiri* n'*ekirala*." Ky'ekyo, nga oli . . . Nga Omwoyo

y'akukulembera. Oyo ye Katonda nga ali mu ggwe, nga akola ebyo by'Ayagala bikolebwe. Ka kibeere kiki kyonna, Abeera akola ebyo by'Ayagala bikolebwe.

79 Kati, muwulirize. Leka ndabe mbeeko ne kye nsoma wano eno mu nkuluze eyitibwa lexicon nga tetunnatandika ku bibuuzo. Kati, okuva mu Nzivuunula y'e Vatican, Omuzingo ogw'o 7, 190—1205:

> "Kizibu okukakasa oba nga ddala lyali ddoboozi ly'abantu abo nga be baali boogera olulimi olugwira; oba yali alipoota oba olugambo olw'ekyo ekyabaawo eky'okuwuuma kw'empewo etaali ya bulijjo nga kwe kwakyamuukiriza ekibiina."

Kyabalema okutegeera. Kaakati mwekkaanye. Oba baali bantu . . .

80 Leka mbalage ekyaliwo bwe kyali. Kiikino ekibinja ky'Abagaliraaya abali awo, abatalina bwe bali. Era baabano wano beeyiye mu luguudo. Nga abantu tebalabanga ku kintu kifaanana bwe kityo: nga emikono gyabwe bagiyimusizza mu bbanga, bavudde mu kasenge kali eri akasembayo waggulu, ne bajja nga bakkirira wansi ku madaala, ne bafuluma ne bajjula awo wonna, nga bamaze okujjuzibwa; tebalina n'ekimu kye baayogedde. Mukiraba? Ne bakka wansi ne bajjula awo wonna. Era kati, leka tugambe, baali awo nga batagala bwe badda eno n'eri bwe bati. Abantu ne bagamba . . . Ne wabaawo Omuyonaani n'adduka n'ajja gyendi n'aŋŋamba, tugeze nze njogera, Lugaliraaya.

N'odduka n'ogenda gy'ali n'omubuuza nti, "Ate ggwe kiki ekikutuuseeko, Muvubuka?"

81 "Nzijuziddwa Omwoyo Omutukuvu. Amaanyi ga Katonda gasse wansi mu kasenge kali eri. Waliwo eky'enjawulo ekintuuseeko. O, ekitiibwa kibe eri Katonda!"

Nga omulala erudda wano, bw'ayogera n'Omuwalabu, nga ate ye Mugaliraaya naye nga ayogera n'Omuwalabu—mu lulimu Oluwalabu.

82 Kati, tebamanyi kyali kiki kyennyini, yali mpewo ewuuma ye yakuluumulula abantu ne bakuŋŋaana, oba kwali kwogera mu nnimi engwiira ze baali boogera? Kaakati, Bayibuli teggyirayo ddala . . . Olina ebintu bibiri by'osobola okwekkaanya. Kyali . . . A—abantu okuva mu mawanga amalala beebuuza nti, "Kijja kitya okuba nti buli omu ku ffe awulira olulimi lw'ewaabwe gye yazaalibwa?" Tekigamba nti baali boogera ennimi z'ewaabwe, wabula baali baziwulira.

83 Kati ekibiina kye kimu, era abantu be bamu, kino mukinnyonnyole bwe kyabaawo. Peetero n'abaako awo kye yawalampa n'ayimirirako n'agamba nti, "Mmwe abasajja ab'e Galiraaya, nammwe mwenna abatuula mu Yerusaalemi,

mukitegeere kino nti (abantu bazzenga bagamba mbu tewaaliwo lulimi Lugaliraaya mu kiseera ekyo) mutegeere kino era mutege amatu eri ebigambo byange (kati—kati awo yali ayogera mu lulimi ki, eri abantu abo bonna?); kubanga, bano tebatamidde nga bwe mulowooza, kubanga eno y'essaawa ey'okusatu ey'emisana, naye kino kye kiri ekyayogerwa nnabbi Yoweeri: 'Awo olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, bw'ayogera Katonda, Ndifuka Omwoyo Wange ku bonna abalina omubiri. Batabani bammwe ne bawala bammwe baliragula.'" N'agenda mu maaso n'abanokolera, n'agamba nti, "Mmwe n'emikono gy'abantu ababi mwakomerera Omwana wa Katonda ataalina musango. Dawudi yamwogerako . . . 'talireka mmeeme Ye magombe, newankubadde okuleka Omutukuvu We okuvunda.'" N'abagamba nti, "Kaakano mukitegeere nga Yesu y'omu ono gwe mwakomerera nga Katonda amufudde Mukama era Kristo." Era bwe baawulira ebyo . . . Amiina! B'ani? Buli muntu wansi w'eggulu. Kiki ekyali kigenda mu maaso? Yali tagamba mbu, "Kati, ŋŋenda kwogera mu Lugaliraaya; bbwe mmala njogera mu *luno*; ate oluvannyuma njogere mu *luno* . . . ? . . . "

84 Peetero bwe yali nga akyayogera ebigambo bino, ne babuuza nti, "Abasajja ab'oluganda, tuyinza kukola ki okulokoka?" Peetero n'abawa endagiriro. Bwe kityo bulijjo bwe kiba. Mukiraba?

85 Kigenda kirinnya eddaala, kinyigiriza okuyingira mu Katonda, okutambula okw'oku lusegere. Otegeerera ku ki? Kaakati labayo, Luther bwe yafuna okuggyibwako omusango, ekyo ye kye yayita Omwoyo Omutukuvu. Era yali ye. Katonda yatonnyezaamu Omwoyo Omutukuvu omutonotono mu kuggyibwako omusango okwo. Bwe yava awo n'Agamba ki? Wesley n'afuna okutukuzibwa n'agamba nti, "Nkukakasa, gwe kasita oleekaana, Omwoyo Omutukuvu obeera omufunye." Naye waaliwo bangi ku bo abaaleekaana naye nga Omwoyo Omutukuvu tebamulina. Abapentekoote bwe baayogera mu nnimi—ennimi ezitamanyiddwa, baagamba nti, "Ggwe nkukakasa, Omwoyo Omutukuvu omufunye." Naye bangi ku bo tebaamulina.

Teri bintu bya ngeri nga eyo mbu obubonero kw'otegeerera. "Engeri yokka kw'otegeerera omuti," Yesu yagamba nti, "ogutegeerera ku bibala bye gubala," emirimu gy'Omwoyo, ebibala by'Omwoyo. Kati n'olwekyo bw'olaba omuntu ajjuziddwa amaanyi, ajjuziddwa Omwoyo Omutukuvu, olaba obulamu obukyusiddwa. Olaba obubonero buno nga bubagoberera abo abakkiriza: "Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu, banaayogeranga ennimi empya. Omusota bwe gunaababojjanga, teguubakolenga kabi. Bwe banaabangako ekintu kyonna eky'obutwa, kye banywa, tekiibatte. Baanaateekanga emikono ku balwadde, nabo banaawonanga." Bannange! Obubonero nga buno bubagoberera

abo abakkiriza. Naye obuyingiramu otya? Ebirabo ebyo biri mu Mubiri. Omubiri ogwo oguyingiramu otya? Toyogera bwogezi n'oguyingiramu; wabula okuyita mu kubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu (Abakkolinso Ekisooka 12:13). Ku bw'Omwoyo omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri ogwo era ebirabo ebyo byonna bisobola okutukoleramu. Mukama abawe omukisa.

86 Kati, ssinga wabaawo omuntu yenna awuliriza olutambi luno oba omuntu yenna wano atakkiriziganye na bye njogera, jjukira, okukikola mu ngeri ey'okwagala, muganda wange, kubanga nkwagala.

93. Ekibuuzo ekisooka akawungeezi ka leero: **Ow'oluganda Branham, nze ndowooza nga ttivi kikolimo eri ensi. Ggwe ogirowoozaako otya?**

87 Kati, yenna eyawandiise ekibuuzo kino, ŋŋenda kukkiriziganya naawe. Bagifudde kikolimo eri ensi. Yandibadde mukisa eri ensi, naye bagifudde kikolimo. Ekintu kyonna eky'engeri eyo, bantu bange abaagalwa, kisinziira ku bw'okiraba nga ggwe. Ttivvi bw'eba nga kikolimo, kitegeeza n'empapula z'amawulire kikolimo, ne leediyo kikolimo, era emirundi mingi n'essimu kikolimo. Olaba, olaba, olaba, olaba? Kisinziira ku ngeri ekintu ekyo gy'okikozesaamu. Naye nga bwe kiri nti ow'oluganda yagambye akawungeezi k'eggulo, nti kyenkana ku ttivi tekukyaliko pulogulaamu ya njiri n'emu; ssente ezisasulwa mpitirivu obungi. Omubuulizi omwavu abuulira Enjiri Enzijuvu ssente ezo tazirina kusobola kusasulira kuba na pulogulaamu ku ttivvi. Kale n'olw'ensonga eyo... Ow'oluganda omu yagambye akawungeezi k'eggulo, nzikiriza, oba ndabika nnina we nnakiwulira, nga kyogerwa nti, "Leediyo yo tera ogisiimuuleko enfuufu," oba omuntu omuntu, manyanga nga agamba nti, "Giggyeewo mu nsonda gye wali wagikukulira gy'obeera otega owulirize pulogulaamu ezo ez'enjiri." Ekyo kituufu.

88 Naye, munnange, ggwe wenna eyawandiise ekibuuzo kino, ddala nzikiriziganya naawe. Ttivvi efuuse ekimu ku bintu ebisingirayo ddala okuba ebibi ennyo eri oluse lw'abantu. Mu biragibwa ku ttivvi ezo amakampuni gakwata ssente zino zonna ezandibadde zigenda mu gavumenti nga omusolo, ne gazissa mu kukola obulango buno bwonna obulanga sigala ne zi puloguulaamu z'ebitamiiza n'ebintu eby'engeri eyo, ne bataziwaayo mu misolo gya gavumenti; ate oluva awo aba gavumenti ne bajja ne bakwata ababuulizi b'enjiri ne babawalaawala okubatwala mu kkooti okubaggyamu obusente obutono bwe baba nabwo. Nzikiriziganya naawe, ddala ttivvi kintu kibi nnyo. Kaakati, ekyo si...Omanyi, ekyo kintu ky'ozuula nga omuntu. Weebale, mwannyinaze, oba muganda wange, yenna eyabuuzizza ekibuuzo ekyo.

94. Kaakati wano waliwo ekirungi. Ekibuuzo: **Mu Bayibuli mulimu ebifo eby'enjawulo okugeza nga mu Samwiri Ekisooka 18:10, awagamba nti omwoyo omubi okuva ewa Katonda gwakola ebintu. Sikitegeera bw'egamba nti "omwoyo omubi okuva ewa Katonda." Bambi nkusaba okinnyinyonnyole.**

89 Kale, ob'olyawo nga Mukama annyambye, nsobola okukikunnyonnyola. Tekitegeeza nti Katonda Mwoyo mubi. Naye buli mwoyo gwa buli kintu gugondera Katonda. Era buli kimu kyonna Akireetera okukola nga bw'ayagala Ye. Okiraba?

90 Kati, ku kibuuzo kyo, oyogera ku mwoyo omubi ogwava ewa Katonda okugenda okutulugunya Sawulo. Yali awo nga teyeetegeera, nga ali awo ali—mu mbeera ya kuterebuka, kubanga, okusooka kwa byonna, yali yaddirira. Ate bw'oddirira, omwoyo omubi—Katonda ajja kukkiriza omwoyo omubi gukutulugunye.

91 Njagala mbeeko ne kye mbasomera mu—mu budakiika butono. Nnina wano ekirowoozo ekirala kye nnina ku nsonga eyo. Mukiraba? Buli mwoyo gwonna guteekwa okugondera Katonda. Mujjukira Yekosafaati ne Akabu bwe baali bafuluma okugenda mu lutalo? Era baba bakyali awo nga bwe mumanyi, waaliwo—bonna baali mu miryango gya wankaaki nga beetegese. Ate Yekosafaati yali musajja mutuukirivu, kye yava agamba nti (bakabaka bombi baali awo, nga amagye gaabwe bagagasse wamu) kati kye yava agamba nti, "Leka tusooke twebuuze ku Mukama atubuulire oba nga tusaanye okugenda tulumbe oba nedda."

92 Awo Akabu n'agenda n'aleeta bannabbi ebikumi bina be yalina, bonna, be yaliisanga obulungi ne bagejja ssaako n'okubalabirira mu buli kimu kyonna; nga bonna banyirira okukamala. Bwe batyo ne bambuka engulu eyo gye baali, era bonna ne balagula wamu mu kukkiriziganya, nga bagamba nti, "Yambuka, ne Katonda alikuwa obuwanguzi. Yambuka e Lamosugireyaadi ne Katonda alikikugabula mu mukono gwo." Omu ku bo ne yeekolerayo amayembe abiri n'atanula okudduka nga bwe yeetooloola awo nga bw'alaga, n'agamba nti, "Nga okozesa amayembe gano ag'ebyuma, olibatomera n'obasindiikiriza okutuusa lw'olibafulumiza ddala ekitundu ekyo; ekitundu ekyo kikyo."

93 Naye omanyi, omusajja wa Katonda abaako ekintu eky'enjawulo eky'obutamala gamira buli ky'asanze kyonna. Mukiraba? Bwe kiba tekikwatagana na Byawandiikibwa, wabaawo ekitali kituufu. Omukkiriza omutuufu yenna . . . Kale Yekosafaati yagamba nti, "Weewaawo, bannabbi abo ebikumi ebina balabika nga ddala bye boogera bituufu. Balabika okuba nga ddala basajja balungi."

"O, ddala basajja balungi," oba oli awo bw'atyo Akabu bwe yaddamu.

Naye Yekosafaati n'amubuuza nti, "Tolinaayo mulala yenna?" Kaakati ate omulala oyagala waaki nga olina ebikumi bina birambirira ate nga bonna bassa kimu? Kubanga yakimanya nti mu byayogerwa waaliwo ekitaawulikika kuba kituufu. Mukiraba?

Akabu kye yava amugamba nti, "Weewaawo, tulinayo omulala, mutabani wa Imula, erudda wano eno," n'agamba nti, "naye mmukyawa." Mazima ddala. W'ofunira akakisa konna ekkanisa ye ojja kugiggalawo. Ojja kumugoba mu ggwanga. Mukiraba? Mazima ddala. "Mmukyawa."

"Lwaki omukyawa?"

"Ye bulijjo andagulako bibi byereere." Nzikiriza ekyo olwakyogera ati Yekosafaati yategeererawo nti waaliwo—ekintu ekitali kituufu.

Kye yava agamba nti, "Mwambuke muleete Mikaaya."

Kye baava bambuka bamunone, era bw'atyo n'ajja... Kati bwe baayambuka okumunona, baamutumira omubaka n'amugamba nti, "Kaakati, sooka olindeko. Kati, emmanga eri balinayo ba Dokita mu by'Eddiini ebikumi bina. Be basingirayo ddala mu ggwanga lyonna, balina ddiguli zi Ph, zi LLD, n'endala zonna." N'amugamba nti, "Kati, naawe okimanyi bulungi, nti ggwe akasajja akataasoma akatalina bwe kali, tolina bw'ogenda kuwakana na basajja bali abanaddiini."

94 Imula n'amuddamu bw'ati, manyanga, Mikaaya n'amuddamu bw'ati: "Sijja kubaako kintu kyonna kye njogera okutuusa nga Katonda y'akitadde mu kamwa kange, olwo nange nnaayogerera ddala ekyo kyennyini ky'Anaaba ayogedde." Ekyo nkyagala nnyo. Ekyo nkyagala nnyo. Amakulu nti, "Nja kusigala na Kigambo." Abasigadde ne bwe banaayogera ki. Omubaka kye yava amugamba nti, "Kale," nti, "nze nkubuulidde. Bw'oba toyagala kugobebwa, kyandibadde kirungi naawe n'oyogera ekintu kye kimu."

Bw'atyo n'aserengeta n'agendayo. Omubaka n'amubuuza nti, "Kati nze nzireyo?"

N'amugamba nti, "Ddayo." N'amugamba nti, "Mpaayo ekiro kya leero. Leka nkyogereko ne Mukama." Ekyo nkyagala nnyo. Bw'atyo ekiro ekyo Mukama n'amulabikira, bwe bwakya enkeera n'ayambuka n'agendayo gye baali. N'agamba, bwe yali ayambuka, n'agamba nti, "Genda mu maaso otabaale; naye nnalabye Isiraeri ng'endiga ezitalina musumba, nga zisaasaanidde ku busozi." Ha, bannange! Ekyo kyamumalamu amaanyi.

Kye yava amugamba nti, "Ssaakugambye? Nze nnakitegedde. Bw'atyo bw'akolera ddala buli kiseera, abeera anjogerako bibi byereere."

95 Lwaki? Yali anyweredde ku Kigambo. Lwaki? Kubanga waaliwo nnabbi eyamusookawo, Ekigambo kya Katonda okuva mu kamwa ka Eriya, nnabbi yennyini owa nnamaddala, bwe yagamba nti, "Kubanga oyiye omusaayi gwa Nabosi atalina musango, naawe embwa zirikomba omusaayi gwo." Bw'atyo naye kye yava amwogerangako ebitali birungi. Erisa yali yagenda dda mu Ggulu. Naye yakitegeera nti Erisa yalina Ekigambo kya Katonda, bw'atyo naye kye yava anywerera ku Kigambo. Ekyo nkyagala nnyo. Nywerera ku Kigambo.

96 Bayibuli bw'egamba nti Yesu Kristo aba bumu jjo, leero n'emirembe gyonna; amaanyi Ge gakyali ge gamu; Omwoyo Omutukuvu wa buli yenna ayagala, leka ajje, nnywerera ku Kigambo. Yee, ssebo! Si nsonga kiki abalala kye boogera. Si nsonga baliisibwa bulungi okwenkana wa na matendekero ameka mwe bayise okufuuka kye bali, ebyo byonna tebirina kye bitegeeza yadde.

Kati kye yava agamba nti . . . Omwami ono eyali ayambadde amayembe ku mutwe, nga alaga nga bw'agenda okutomera eggye liri—awambe eggwanga okuva mu mukono gwa kabaka oli, kye yava avaayo n'amupacca oluyi ku mimwa (nga apacca omubuulizi ono bambi). Yali akimanyi bulungi nti y'omu ku batukuvu abeevulunga kale ne bw'amupacca oluyi tewali ajja kukyogerako, kye yava amupacca oluyi ku mimwa. N'amugamba nti, "Ka nkubuuze." N'amubuuza nti, "Omwoyo wa Katonda yakutte luuyi wa bwe Yanvuddeko bw'oba ogamba nti ggwe amulina?"

97 Ye n'amwanukula n'amugamba nti, "Ekyo ojja kukitegeera nga oli mu kaduukulu emitala eri nga omuwambe." N'agamba nti, "Nnalabye Katonda nga atudde ku ntebe (Amiina! Kaakati muwulirize!), nga eggye ly'omu Ggulu limwetoolodde." Nsonga ki eyali ebatuuzizza? Nnabbi We yali yayogera dda ebyali bigenda okutuuka ku Akabu. Katonda . . . Ekyo tekyakyogerwa Eriya nga omuntu; wabula kyayogerwa nnabbi aliko amafuta. Ekyo kyali Kigambo kya Mukama, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Bw'atyo Mikaaya n'agamba nti, "Nnalabye eggye ly'omu Ggulu lyonna nga lyetoolodde Katonda nga bali mu lukiiko olunene ennyo ddala. Era baabadde boogerezeganya. Mukama kye yavudde abuuza nti, 'Tuyinza kufuna ani agende, ani ku mmwe ayinza okugenda, n'alimba Akabu, amuleetere okugenda atabaale Ekigambo kya Katonda kisobole okutuukirizibwa, akubibwe attibwe? Tuyinza kutuma ani n'atugenderayo?'"

98 Kati, omu n'ayogera *kino* n'omulala n'ayogera *kiri*. Naye oluvannyuma lw'akaseera, omwoyo omubi, omwoyo

ogw'obulimba ne guva mu buziba ne gugamba nti, "Nze singa Onzikiriza nja kukikola. Nze ndi mwoyo gwa bulimba. Nja kugenda nnyingire mu babuulizi abo bonna, kubanga tebalina Mwoyo Mutukuvu; era nja kubaleetera (kyokka kye bali kiri kimu nti bavubuka ettendekero be lyatikkira- abaatendekebwa obutendekebwa)—kati nze nja kugenda nnyingire mu buli omu ku bo, mbalimbe, mbaleetere okuwa obunnabbi obw'obulimba." Ekyo gwakyogera? Ne gugamba nti, "Bwetutyo bwe tugenda okumulimbamu." Bwe gutyo ne gugendayo.

N'agamba—Katonda n'agamba nti, "Nkuwadde olukusa okugenda okikole."

99 Bwe gutyo ne gugenda ne guyingira mu bannabbi abo ab'obulimba, abaalina obuweereza bwe baatendekebwa obutendekebwa mu ttendekero, ne gubaleetera okuwa obunnabbi obw'obulimba. Gwali mwoyo gwa bulimba nga gukola okutuukiriza ekyo Katonda ky'ayagala kikolebwe. Leka mbeeko . . . Waliwo ekintu ekirala wano kye musobola okulabirako, mulindeemukko katono. Mulabeeyo kino. Njagala mubikkule nange mu Abakkolinso Ekisooka essuula ey'oku 5, olunyiriri 1, tusomeyokko. Abakkolinso Ekisooka . . . Kati kino mukyekkaanye bwe muba mwagala okubaako ne kye mulaba, ekikwata ku Katonda okubaako ne ky'akola—engeri emyoyo egyo emibi, engeri gye gi—gye ginaagenda gikole . . . Kale, kati ono Pawulo y'ayogera:

> *N'okugamba bagamba nga mu mmwe mulimu* obwenzi, *era* obwenzi *bwe butyo obutali . . . na mu b'Amawanga,* . . . (Ekintu nga ekyo okuba nti kiri mu kkanisa kiwulikika kitya gye muli?) . . . *omuntu okubeera ne mukazi wa kitaawe.*
>
> *Nammwe mwegulumizizza, so te* . . . (Leka tulabe. Ndabika mbikudde emiko ebiri o . . .) . . . *Nammwe—Nammwe mwegulumizizza, so temwanakuwala bunakuwazi, oyo* . . . (Bannaaye, musooke mulindeko. Nnina . . . Weewaawo, bwe kiri. Weewaawo.) . . . so *temwanakuwala bunakuwazi* . . . (Ky'ekyo.) . . . *mwegulumizizza bwegulumiza, so . . . temwanakuwala bunakuwazi, oyo eyakola ekikolwa ekyo alyoke aggyibwe wakati mu mmwe.*

100 Kati simanyi. Sikkiriza nga kino waliwo omuntu yenna asobola okukyogerako manyanga okukisaabulula, naye njogera kunyweza ekyo kye nzikiriza ku nsonga eno nti: Singa omuntu ajjuzibwa Omwoyo tasobola kumuviirako ddala. Mukiraba, mukiraba?

> *Kubanga nze bwe ssibaawo mu mubiri, naye nga ndiyo mu mwoyo, mmaze okusalira omusango, oyo eyayonoona ekyo bw'atyo,*

Mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, nga mukuŋŋaanye n'omwoyo gwange, awamu n'amaanyi ga Mukama waffe Yesu Kristo,

Okuwaayo ali bw'atyo eri Ssetaani omubiri okuzikirizibwa, omwoyo gulyoke gulokoke ku lunaku lwa Mukama waffe Yesu.

101 Katonda, nga agamba Ekkanisa entukuvu, nga gwe Mubiri Gwe wano ku nsi, nti (kati, kino kyabaawo nga Endagaano Enkadde eweddeko, kyabaawo mu Mpya) nga agamba omuntu eyali omwonoonefu ennyo era omucaafu mu bantu okutuusa okuba nti yeebaka ne muka kitaawe. N'agamba nti, "Ekintu ekyennyinyaza bwe kityo okuba mu Mubiri gwa Kristo . . . Mmwe, Ekkanisa, oyo bw'atyo mumuweeyo eri ssetaani olw'okuzikirizibwa . . ." Mukiraba? Katonda akkiriza . . . Era bw'Abaako ekintu kyonna ky'Ayagala kikolebwe, okubaako gw'akuba kibooko, Ajja kusumulula omwoyo omubi eri omuntu oyo gutulugunye omuntu oyo gu—gumukomyewo. Kati, omusajja ono tumulaba oluvannyuma . . .

102 Obwo bwe buzibu amakanisa bwe galina ensangi zino. Omuntu bw'ayingira mu Mubiri gwa Kristo n'afuuka omu ku bammemba oluvannyuma n'atandika okukola ebitasaana, mwenna mu kifo ky'okwegatta awamu ne mukola ekintu kye kimu kino . . . Ate mmwe, ab'Ekkuŋŋaaniro lya Branham, ekyo mukikole. Kubanga kasita mulemera omuntu oyo ne mutamuwaayo, asigala akyali wansi wa Musaayi. Era ajja kugenda mu maaso na kukola kintu kye kimu ekyo ekibi nga bw'akidiŋŋana bw'akidiŋŋana bw'akidiŋŋana entakera. Mukuŋŋaane wamu mumuweeyo eri ssetaani olw'okuzikirizibwa kw'omubiri, omwoyo gwe gu—gube—gusobole okulokolebwa ku lunaku lwa Mukama waffe. Era mwekkaanye mulabe kibooko ya Katonda bw'emukolako. Mulabe ssetaani bw'amukwatamu. Nga ogwo gwe mwoyo omubi ogumwambalira.

103 Kati omuvubuka ono ayogerwako wano yeenenya. Yakomawo. Tukiraba mu Abakkolinso Eky'okubiri we yalongoosereza ddala ne yeenenya mu maaso ga Katonda.

104 Mulabe Yobu, omusajja eyali atuukiridde, omusajja ataalina kya kunenyezebwa kyonna. Naye Katonda n'akkiriza omulyolyomi ssetaani okumukkakkanako, n'amukuba, na buli kimu kyonna kye yamukola olw'okutuukirizibwa kw'omwoyo gwe. Mukiraba? Kale n'olwekyo emyoyo emibi girina . . . Katonda emirundi mingi akozesa emyoyo emibi okuteeka mu nkola entegeka Ze n'ebyo by'Ayagala bikolebwe.

95. Kaakati, wano waliwo ekibuuzo ekikalubo ddala. Ekibuuzo (Ono alabika muntu y'omu, kubanga empandiika erabikanga y'emu): **Omuntu bw'aba ateekwa okuba n'Omwoyo Omutukuvu okusobola—ateekwa okuba n'Omwoyo Omutukuvu okukyusibwa n'okugenda mu**

kukwakkulibwa, olwo ate abaana abafa nga tebannatuuka ku myaka givunaanyizibwa ku bye bakola bo baliba batya? Era balizuukira ddi?

105 Kati, muganda wange, mwannyinaze, ekyo nange simanyi ngeri ya kukikwanukulamu. Tewaliiyo Kyawandiikibwa kyonna mu Bayibuli kye nnali ndabye kikwata ku nsonga eyo. Naye nsobola okuwa endowooza yange gye nkirinako. Kati, kino kigenda kubongera okunywezebwa mmwe abakkiririza mu kisa kya Katonda. Mulaba, omuntu ono ayagala kumanya (era kino kibuuzo kirungi nnyo. Mukiraba?) Omuntu ono eyabuuzizza ayagala kumanya kuzuukira ki—kiki ekiribaawo ku mwana omuwere, bwe kiba nti alina okufuna Omwoyo Omutukuvu okusobola okugenda mu kukwakkulibwa . . . Nga bwe ŋŋambyenga, ekyo kyo bwe kityo bwe kiri. Bwe kityo bwe kiri okusinziira ku Bayibuli. Bwe bityo Ebyawandiikibwa bwe biyigiriza. Kino si—si butagenda mu Ggulu . . . Kubanga abantu abajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu kwe kuzuukira okusooka, be Balonde. Kati abalirekebwa emabega nga abo bagenze . . . Abafu abalala tebaliba balamu okutuusa emyaka lukumi nga giweddeko. Kati ekiseera ky'okufuga okw'Emyaka olukumi bwe kiggwa, olwo ne wabaawo okuzuukira okw'okubiri, n'okusala omusango okw'Entebe Enjeru. Mukiraba? Bw'etyo Bayibuli bw'ebisengeka. Naye omuntu abuuzizza ekibuuzo ye ayagala kumanya ate abaana bano abawere bo kiki ekibabaako. Ba . . . Alinga abuuza nti, baalina Omwoyo Omutukuvu nga tebannazaalibwa? Baamufuna? Kati, ku ekyo simanyi bwe nnyinza kukikwanukulamu.

106 Naye kati, leka tugambe bwe tuti: Tukimanyi nti abaana abawere abafa, bazadde baabwe ka babe nga bali batya, abaana abo balokolebwa. Kati, sikkiriziganya na ssomero lya bannabbi ku nsonga eyo. Baagamba nti singa—singa afa nga omuzadde we mwonoonyi, mbu omwana oyo agenda mu ggeyeena, n'avunda; n'aggwerawo ddala obutasigalawo yadde. Kati, Yesu . . . Yokaana yagamba bw'ati Yesu bwe yajja nti, "Laba Omwana gw'endiga gwa Katonda aggyawo ebibi by'ensi." Kati singa omwana oyo yali azaaliddwa n'akula, yandibadde ateekwa okusisinkana omusango gwa Katonda, ate nga Yesu yafa okuggyawo ebibi by'ensi, ebibi byonna byaggyibwawo mu maaso ga Katonda Yesu bwe yafa olw'ensonga eyo. Ebibi byo byasonyiyibwa. Ebibi byange byasonyiyibwa. Era engeri yokka gy'osobola okusonyiyibwamu kwe kukkiriza ekisonyiwo Kye. Kati, omwana omuwere tasobola kukkiriza kisonyiwo kye, n'olwekyo talina kye yali akoze. Talina kintu n'ekimu kye yali akoze. N'olwekyo wa ddembe ddala okugenda mu Ggulu.

107 Naye kati ojja kubuuza nti, "Kati baligenda mu kukwakkulibwa?" Kaakati—kati, kino nze nkyogera nga nze; kati eno ndowooza yange nga nze. To . . . Kino sisobola kukikakasa nga nkozesa Bayibuli. Naye mulabeeyo. Bw'aba nga

Katonda, ensi ne bwe yali tennatondebwa, bw'aba nga yamanya buli muntu yenna eyali alibeera ku nsi . . . Ekyo mukikkiriza? Yamanya buli kabu, buli nkukunyi, buli nsowera, Yamanya buli kimu kyonna ekyali eky'okubeera ku nsi. Ebyo bw'Aba yabimanya . . .

108 Mulabeeyo. Leka tukozese eky'okulabirako kya, Musa. Musa bwe yazaalibwa, yali nnabbi. Yeremiya bwe yali tanna . . . Katonda Yagamba Yeremiya nti, "Bwe wali tonnabumbibwa mu nda ya nnyoko, bwe wali tonnabumbibwa mu nda ye, Nnakumanya, era ne nkutukuza, ne nkwawula okuba nnabbi eri amawanga." Yokaana Omubatiza, nga wakyabulayo emyaka lusanvu mu kkumi n'ebiri azaalibwe, Isaaya yamulaba mu kwolesebwa, n'agamba nti, "Ye ddoboozi ly'oyo ayogerera waggulu mu ddungu."

109 Okwawulirawo edda manyanga okumanya kwa Katonda okw'ebintu nga tebinnabaawo kumanyi buli kimu kyonna ekikwata ku baana abo abawere (olaba?), bye baali ab'okukola. Era Yakimanya nti balifa. Yakimanya. Tewali kiyinza kubaawo nga Katonda takimanyi. Tewali kiyinza kutuuka ku . . . Twala eky'okulabirako ky'Omusumba Omulungi, nga bw'Ayingira mu . . . Kati, kino okukyanukula nga nnina Ekyawandiikibwa kwe nkyesigamya, ssisobola kugamba nti Ebyawandiikibwa bigamba *bwe biti*. Naye nkyanukudde mpa ndowooza yange nga nze.

96. Kati, ekibuuzo ekiddako ndowooza kibuuzo omuntu omu kye yajja mu bye nnayogera akawungeezi ka luli. **Nnyonnyola eky'omukyala okulokolebwa okuyita mu kuzaala omwana.**

110 Omukazi talokolebwa kuyita mu kuzaala mwana. Naye leka tubikkule, mu Timoseewo Ekisooka 2:8 katono. Tulabe Bayibuli ky'eyogera ku mwana. Kati, nkimanyi nga eyo njigiriza ya Bukatuliki, nti Abakatuliki be bagamba nti omukazi alokolebwa mu kuzaala, nga azaala omwana. Naye leka tuleme ku . . . Ekyo ssikikkiriza. Timoseewo Ekisooka essuula ey'oku 2, era leka tutandikire ku lunyiriri olw'o 8, tusome akaseera katono kati. Kale, muwulirize.

> *Bwe batyo n'abakazi* bammwe, beeyonjenga *mu byambalo ebisaana* . . . (Ekyo tetusaanye na kukibuuza, si bwe kiri? Muwulire kino.) . . . *n'okukwatibwa ensonyi* . . . (Wuuu!) . . . *n'okwegendereza; si mu* kulanganga *enviiri* ze, *ne zaabu oba luulu, oba engoye ez'omuwendo omungi;* (Ab'oluganda, ka nsuubire nga wano, mbayamba. Bu boneti buno bwonna obupya bwe mukyusa buli lunaku oba buli luvannyuma lwa nnaku ssatu. Mukiraba? Enneeyisa eyo tesaana mu Bakristaayo.)

Naye (nga bwe kisaanira abakazi abeeyita abatya Katonda) n'ebikolwa ebirungi.

Leka abakazi bammwe *bayigenga mu bukkakkamu mu kugonda kwonna.*

Naye omukazi mmugaanyi okuyigirizanga, newankubadde okufuganga . . . omusajja, naye okubeeranga . . . okusirikanga.

Kubanga Adamu ye yasooka okutondebwa, oluvannyuma Kaawa.

. . . Adamu si ye yalimbibwa, naye omukazi oli ye yalimbibwa n'aba mu kwonoona.

Naye anaalokokanga mu kuzaala, bw'a . . . (Kati, tayogera eri mukazi ow'ensi, okuzaala abaana.) . . . bw'anaanyiikiranga *mu kukkiriza . . .* (Mukiraba? Bw'anaanyiikiranga. Yamala dda . . . Oyo ye mukazi gw'ayogerako, omukazi eyamala edda okulokoka. Mukiraba?) *. . . n'okwagala n'obutukuvu wamu n'okwegendereza.*

111 Okuzaala omwana si kwe kumulokola, naye okuba nti akuza abaana, atuukiriza obuvunaanyizibwa bwe, si kukuza kkapa, na mbwa, n'ebirala mu kifo ky'okukuza omwana, nga bwe bakola ensangi zino, n'abiraga omukwano gwa maama asobole okugenda akyakale ekiro kyonna nga tewali kimuteganya. Ekyo waliwo abantu abamu abakikola. Munsonyiwe okukyogera, naye bakikola. Tekiwulikika bulungi nze okukyogera, naye amazima ge mazima. Mukiraba? Tebaagala baana ba kubalemesa kwetaaya. Naye mu kuzaala, bw'anaanyiikiranga mu kukkiriza, n'obutukuvu, awamu n'okwegendereza kwonna anaalokokanga. Wabula *singa* eyo eri nti, n'okulokoka onaalokoka, *singa* onaazalibwa ogw'okubiri. Ojja kuba osobola okuwonyezebwa *singa* okkiriza. Osobola okufuna Omwoyo Omutukuvu *bw'oba* nga omukkiriza, ne weetegeka okumufuna, *bw'oba* oli mwetegefu okumufuna. N'omukazi naye anaalokokanga bw'anaagenda mu maaso nga akola ebintu bino (mukiraba?), naye si lwa kuba mukazi. N'olwekyo bwe kityo bwe kiri, ow'oluganda, mwannyinaffe. Tekifaanana na njigiriza ya Kikatuliki n'akamu. Kaakati, njagala . . . Waliwo ekirala wano nakyo ekikalubo ddala. Bwe tukimala tubeere nga tusigazzaayo ekirala kimu. Ndowooza ob'olyawo tulina obudde obutumala okusobola okukyanukula. Obudde bwaffe obusinga mbukozesezza. Kati, bino bye—by'ebivudde mu kudda obuggya. Bino by'ebivudde mu lukuŋŋaana, ebibuuzo bino.

97. Kati: **Ow'oluganda Branham** (kyakubiddwa na tayipu), **kiri mu Byawandiikibwa omuntu okwogera mu nnimi ate ye kennyini ne yevvuunulira obubaka bwe? Bwe kiba nga bwe kiri, nkusaba onnyonnyole. Abakkolinso Ekisooka**

manyanga Abakkolinso essuula 14:19 ne Abakkolinso essuula 14:27.

112 Kale, leka tugende ku Kyawandiikibwa ekyo tulabe kye kigamba. Oluvannyuma tulabe oba nga kino tukikola kusinziira ku Byawandiikibwa. Twagala bulijjo kutambuliranga mu Byawandiikibwa. Kale Abakkolinso 14. Kati, omuntu ono eyabuuzizza ayagala kumanya oba nga Ebyawandiikibwa bikkiriza omuntu okuvvuunula obubaka bw'aba ayogedde mu nnimi. "Bwe biba bikikkiriza, nnyonnyola Abakkolinso 14:19." Leka tulabe, 14 ne 19. Kale, tutuuseewo.

> *Naye mu* makanisa *nja . . . njagala okwogeranga ebigambo bitaano n'amagezi gange, ndyoke njigirizenga n'abalala, okusinga ebigambo akakumi . . . mu . . .* nnimi *ezitamanyiddwa.*

Kati, oluddako lwe lunyiriri olwa 27, lwe baagala okumanya.

> *Omuntu* bw'ayogera *mu lulimi olutamanyiddwa, boogerenga babiri, oba . . . nga bangi, basatu, era mu mpalo; era omu avvuunulenga.*

113 Kati, ŋŋenda kwanukula ekyo omuntu eyabuuzizza ky'agezaako okubuuza (nga njagala—ŋŋenda kubaako ne kye mbasomera mu kaseera katono). Naye ndowooza nti ow'oluganda oba mwannyinaffe ky'agezaako okubuuza kiri nti, "Kituufu omuntu ayogera mu nnimi okuba omuntu y'omu avvuunula obubaka bw'ennimi z'aba ayogedde?" Kati, mukwano gwange omwagalwa, singa osoma olunyiriri olw'e 13 mu ssuula y'emu eyo, lujja kukwanukula:

> *Kale ayogera olulimi asabenga ategeezenga.*

114 Ddala. Asobola okuvvuunula obubaka bwe. Kati, singa tu . . . Leka tu . . . Kale, ggwe . . . Soma ebikwata ku nsonga eyo byonna wano, ojja kukiraba nti Ki . . . Soma essuula eyo yonna. Nnungi nnyo, ekinnyonnyola.

115 Kati, okwogera mu nnimi . . . Kaakati, nga tukyali ku nsonga eyo, era nga bwe kiri nti bino bikwatibwa ku ntambi, njagala ŋŋambe nti nzikiririza mu kwogera mu nnimi nga bwe nzikiririza mu kuwonyezebwa okw'Obwakatonda, ne mu—ne mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, mu Kujja kwa Kristo okw'omulundi ogw'okubiri, ne mu maanyi ag'emirembe egigenda okujja; n'okwogera mu nnimi nkukkiririzaamu mu ngeri y'emu ddala nga bwe nzikiririza mu ebyo byonna naye nzikiriza nti okwogera mu nnimi kulina ekifo kyakwo nga n'okujja kwa Kristo bwe kulina ekifo kyakwo; n'okuwonyezebwa okw'Obwakatonda kulina ekifo kyakwo; buli kimu kirina ekifo kyakyo.

116 Kati, eri mmwe abantu, kino kati nfunye omukisa okukyogera, era njagala nkinnyonnyole. Era bwe mbaako omuntu yenna gwe nkosa, nnaaba sikikoze kagenderere.

Sigenderera kuleetawo kutabulwatabulwa. Naye muwulirize. Omutawaana we gubadde ku ky'Abapentekoote okwogeranga mu nnimi ezitamanyiddwa (nga mu abo nange mwendi; ndi Mupentekoote. Olaba?)...Kati, omutawaana we gubadde we wano: kwe kuba nti ennimi ezo mu kuzoogera tebazissaamu kitiibwa kizigwanidde. Ate ekirala, bamala gazireka ne zoogerwa kirindi. Tebakomawo ku Kigambo kuzoogera nga bwe kigamba.

117 Kaakati muwulirize. Eno y'enkola—leka tu—eno y'enkola y'ekkanisa nga bw'erina okutambuzibwamu. Kaakati, mu kkanisa eri ku musingi ogwa Pentekoote, ekkanisa eno singa nze mbadde ngisumba, muleke mbabuulire engeri gye nnandigiruŋŋamizzaamu nga bw'erina okutambuzibwa (mulaba?), singa mbadde—singa mbadde wa kubeerangawo wano bulijjo okugisumba. Nandyagadde buli kirabo kyonna mu Bayibuli okuba nga kikola. Nnanditandise na kugamba bakkiriza kubatizibwa kuyingira mu Mwoyo Mutukuvu. Okuva awo, nnandikakasizza nti buli kirabo ekiri mu Abakkolinso Ekisooka 12 kikola mu kkanisa yange, bwe nnandibizudde nti mwebiri, omubiri gwonna ne guba nga gukola.

118 Kaakati, singa wekkaanya...Kati sigezaako kubaako bigambo bye njogera okwogera obwogezi ku nsonga. Ate mujjukire nti, siyinza kumala googera kigambo yadde ekimu bwe kiti ekikontana—kubanga nnyinza okuvvoola Omwoyo Omutukuvu. Era ekyo Katonda akimanyi nga siyinza kumala gakyogera nga kikyamu. Mukiraba? Naye kino nkyogera okugezaako okubalaga ekifaananayi Ebyawandiikibwa kye bituwa okusinziira ku kye ndabye oluvannyuma lw'okubisoma okumala kaakati kyenkana emyaka amakumi abiri. Kyenkana nnaakamala emyaka amakumi asatu nga mbuulira. Era mpise mu buli kimu kyonna, mpaguzza buwaguza okubiyitamu; ggwe teebereza bwe kibadde. Era nga nneekaliriza buli muntu, n'enjigiriza zaabwe, okwetooloola ensi yonna. Ne nneewa ekkatala ery'okubisoma kubanga mbyagala. Ssi nze nzekka naye n'abantu bonna beetaaga okubimanyi. Wano nnina okuvaawo. Naawe olina okuvaawo. Naye singa nvaawo nga mbadde nnabbi wa bulimba, emmeeme yange eba ejja kuzikirira n'ezammwe zizikirire wamu nayo. N'olwekyo kikulu nnyo—kikulu nnyo n'okusinga eky'okulya ekya buli lunaku; kikulu nnyo n'okusinga ettutumu; kikulu nnyo okusinga ekintu ekirala kyonna; Bulamu gyendi. Mukiraba? Era njagala bulijjo mbeerenga mwesimbu ddala.

119 Kati, ogenda n'oyingira mu kkanisa y'Abapentekoote, ekintu ekisooka...(Sitegeeza nti zonna bwe ziri. Ezimu ku zo zi...) Naye emirundi egisinga obungi ogenda mu kkanisa n'otandika okubuulira; obeera okyabuulira, ne wabaawo asituka n'ayogera mu nnimi. Kati, omuntu oyo bambi ayinza okuba nga ddala yajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, era ayinza n'okuba nga

Mwoyo Mutukuvu y'ayogera okuyita mu muntu oyo, naye obuzibu buli nti, tebayigirizibwa bwe balina kukikolamu. Obuweereza buno obuli ku kituuti bwe buba bwogerera wansi w'okuluŋŋamizibwa, omwoyo wa nnabbi afugibwa nnabbi. Mukiraba? "Ebintu byonna leka bikolebwenga . . . " Kati, mukebere erudda wano eno Pawulo w'agambira nti "omu bw'ayogera," n'ebirala . . . "bwe yatuuka mu makkati gaabwe, waaliwo kavuyo keereere."

120 Kati, mbaddenga mpita abantu okujja ku wolutaali, ne wabaawo asituka n'ayogera mu nnimi. Kati ekyo . . . Ekyo, kiba kitegeeza eby'okuyita abantu okujja ku wolutaali olina okubiyimiriza. Ekyo kikiyimiriza. Okiraba?

121 Ate, n'ekintu ekirala. Emirundi mingi abantu basituka ne boogera mu nnimi, abantu ne basigala nga batudde nga eno bwe bagaaya bbabo gaamu, nga bwe bamagamaga. Katonda bw'aba ayogera, yimiriza buli ky'okola, owulirize! Ago bwe gaba nga Mazima, oyo bw'abeera nga Mwoyo Omutukuvu y'ayogera okuyita mu muntu oyo, yimiriza ky'okola owulirize, weewombeeke. Okuvvuunulwa kuyinza okujja gy'oli. Okiraba? Yimiriza buli ky'okola; owulirize okuvvuunulwa. Kati, mu kkanisa bwe watabaawo avvuunula, awo babeera balina okusirika mu Mubiri.

122 Era, bwe boogera mu lulimi olutamanyiddwa, Bayibuli egamba nti, leka boogere nga bali bokka ne Katonda. Ayogera mu nnimi ezitamanyiddwa yeezimba yekka. Kati, ezo ziba nnimi ezitamanyiddwa; enjogera ez'enjawulo, ennimi ez'enjawulo ezoogerwa zaawukana. "Teziba na makulu," bw'agamba . . . Naye ekyo ekikola eddoboozi eryo kiba n'amakulu. Naye ggwe . . . Ekkondeere ssinga lifuuyibwa ne lifulumya eddoboozi, oteekwa okuba nga omanyi eddoboozi lye lifulumizza kye litegeeza (. . . singa lifuuyibwa) bwe kitaba ekyo tojja kumanya bw'olina kwetegekeramu lutalo. Singa omuntu ayogera mu nnimi, eddoboozi erimuvaamu ne livuga nti "tuuti"; kyokka kyokka ekyo, ani abeera ategedde eky'okukola. Naye bwe lifulumya eddoboozi *ery'okuzuukusa*, ekyo kiba kitegeeza "muzuukuke!" Bwe lifulumya eddoboozi *ery'okulabula* kitegeeza nti "mukke wansi mwekweke." Mukiraba? Bwe lifuuwa eddoboozi *ery'okulumba* kiba kitegeeza "mulumbe." Liteekwa okuwa amakulu, so si kwogera bwogezi kyokka. N'olwekyo mu kkanisa, bwe waba tewaliiwo avvuunula, naye ate nga walina okubaawo avvuunula, awo ennimi we zibeerera zisaanidde okuba mu kkanisa.

123 Kaakati, okuddayo ku kibuuzo kyo, mukwano gwange omwagalwa, ekigamba nti, "Waakiri njogera ebigambo enkumi ttaano . . . ebigambo bitaano mu, nga abantu bategeera bye njogera okusinga okwogera enkumi ettaano (oba byonna bye kigamba) mu lulimi olutamanyiddwa." Ekyo kituufu. Naye weeyongere osome ebiddako wansi: ". . . okuggyako nga

zoogerwa kuyita mu kubikkulirwa oba nga zivvuunuddwa okusobola okuzimba." Okiraba? Okuzimba.

124 Kaakati, muleke mbeeko akalowoozo ke mbawa watya singa—watya . . . Singa nze mbadde ow'okusumba ekkanisa eno ejja, singa Katonda ampita okugisumba, bwe nti bwe nnangiddukanyizza: nnandigezezzaako okuzuula buli muntu mu kkanisa eyo alina ekirabo. Era abantu abo nnandibakuŋŋaanyizza wamu ne basisinkananga okumala nga essaawa nnamba nga enkuŋŋaana tezinnatandika, nga bali bokka mu kasenge. Ne babeera wansi w'okukola kw'Omwoyo. Era nga bali eyo, omu avaayo, alina ekirabo eky'okwogera mu nnimi. N'ayogera mu nnimi. Buli muntu n'asiriikirira n'awuliriza. Bwe yandimaze omulala n'asituka n'avvuunula by'ayogedde. Kaakati, ebyo ebiba byogeddwa nga tebinnaba kwanjulibwa eri kkanisa, Bayibuli egamba nti birina okulamulwa wakati w'abajulirwa babiri oba basatu. Kati, abo abalamula be bantu abalina ekirabo eky'okwawula emyoyo (mukiraba?), kubanga emirundi mingi amaanyi amabi gayingira ne gakozesa ebirabo ebyo. (Mukiraba?) Pawulo yakyogerako. Naye ate, n'amaanyi ga Katonda nago mu birabo ebyo mwe gakolera. Mbuuliraayo ekibiina kyonna ekibi mwe kitayingira. Mbuulira wa abaana ba Katonda we bakuŋŋaanira Ssetaani n'atabeera mu makkati gaabwe. Buli kimu akyetabamu. N'olwekyo ekyo tekibennyamiza. Mukiraba? Ssetaani ali buli wamu. Kati, tuli wano. Omuntu omu n'ayogera mu nnimi. Kati, waliwo abalala basatu abatudde erudda abalina omwoyo ow'okwawula emyoyo. Kaakati omu n'ayogera mu nnimi n'abaako obubaka bw'awa. Kati, tekuyinza kuba kunokola bunokozi Byawandiikibwa, kubanga Katonda taddiŋŋana mu bigambo, era naffe Yatugaana okukikola. Mukiraba? N'olwekyo tekibeera ekyo. Bubeera bubaka eri ekkanisa.

125 We twogerera twakabeera n'ebintu bibiri mu kudda obuggya kuno. Mwekkaanye mulabe buli kimu ku byo bwe kyabadde—nga kituukiridde, nga kyogerera ddala nsonga yennyini mu butuufu bwayo. Mukiraba? Twajja wano. Omusajja omu n'asituka, n'ayogera mu nnimi, n'awa n'okuvvuunula kwazo, bwe yamala n'akyuka, n'akakasa obubaka obwo obwali bwakogerwa. Omulala n'asituka ekiro kya jjo, n'ayogera mu—wansi w'amafuta ag'obunnabbi, n'abaako ne by'ayogera, nga tamanyi na biki by'ayogera; bwe yamalirizza n'ayogera omulundi gumu nti, "Alina omukisa oyo ajja mu Linnya lya Mukama." Amangu ddala ne wabaawo ekintu ekyanziseeko mangu ago ne ŋŋamba nti, "Era alina omukisa oyo akkiriza nti ono Mukama y'azze."

126 Mulaba okuvvu—ekyo bwe kyabaddeewo Omwoyo Omutukuvu n'akka mu kizimbe ekiro kya jjo. Mukiraba? Ekyo kye kizimba. Nnabadde nnyimiridde awo nga ngezaako okugamba abantu nti bateekwa okufuna Omwoyo Omutukuvu.

Naye ssetaani yabadde ayingidde wakati mu bantu, nga abagamba nti, "Temuwuliriza; mutuule butuuzi awo."

Mwannyinaze yaŋŋambye nti, "Bill, bwe wabadde obuulira nnasanyuse nnyo; nnawulidde nga mpulira nsobola n'okubuuka ne mpita mu kisenge."

Ne mmugamba nti, "Wandisituse n'obuuka." Kye kyokka kye wabadde olina okukola.

N'agamba nti, "Naye bwe watandise okukola ekyo," n'agamba, "abantu baatandise okuleekaana," n'agamba nti, "ate ne mpulira nga atalina kyendi yadde."

127 Ne mmugamba nti, "Oyo yabadde ssetaani. Oyo Ssetaani. Bwe yazze n'akuleetera okuwulira bw'otyo," ne mugamba nti, "ggwe wandisituse busitusi." Tuli bakabona eri Katonda, nga tuwaayo ssaddaaka ez'omwoyo—ssaddaaka, ebibala eby'emimwa gyaffe nga tutendereza Erinnya Lye. Mukiraba?

128 Kaakati, kaakati, kiikino ekyabaddewo. Ekyo bwe kyabaddeewo Omwoyo Omutukuvu n'awaguza, kubanga ekyo kyabadde . . . "Alina omukisa oyo akkiriza." Okumala ebiro bibiri, ebiro bisatu birambirira ekyo nnabadde ngezezzaako okukikkaatiriza; naye wano, Omwoyo Omutukuvu n'ayogera n'agamba (wansi w'okuluŋŋamizibwa) n'agamba nti, "Alina omukisa oyo ajja mu Linnya lya Mukama." Nnabadde ssinnayogera kintu kyonna, nga nnakizzeemu dda. "Alina omukisa oyo akkiriza nti Mukama azze mu kino." Mukiraba? Nga ate ekyo kyennyini kye nnabadde njogerako, nga Omwoyo Omutukuvu bw'ali Katonda Yennyini nga ali mu ggwe. Mukiraba? Era nga bakikutte. Mukiraba? Awo Omwoyo Omutukuvu we yakidde mu bantu. Mulaba bw'A—bw'Azimba, obunnabbi?

129 Kati, waliwo enjawulo wakati w'obunnabbi ne nnabbi. Obunnabbi bubeera ku muntu omu ne bubeera ne ku mulala, naye nnabbi azaalibwa nnabbi okuviira ddala mu kibaya. Babeera balina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA! Tebalamulwa. Temulina be mulaba nga beesimba mu Isaaya, oba Yeremiya, oba omu ku bannabbi abo bonna kulamula bye boogera, kubanga baalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA! Naye omwoyo w'obunnabbi mu bantu; oyo ye mubeera mulina okumwekkaanya by'abeera ayogedde, kubanga Ssetaani ajja kwesolossa akiyingiremu akikozese. Mukiraba? Kati. Naye kiteekwa okulamulwa.

130 Kati, tugeze tu—tugenda kuba n'enkuŋŋaana ez'okudda obuggya. Kaakati, kino mukyekalirize, mmwe abaweereza. Twetegekera okuba n'enkuŋŋaana ez'okudda buggya. Kale. Oba ka tugambe tulina olukuŋŋaana olwa bulijjo olw'omu kkanisa. Ekkanisa eri ku muliro. Lubeerera eteekwa kuba ku muliro. Kati, ob'olyawo tulina abantu nga bataano oba mukaaga abalina ebirabo; kuliko omu ayogera mu nnimi,

kuliko nga babiri oba basatu aboogera mu nnimi, kuliko nga bana oba bataano aboogera mu nnimi, abalina ekirabo eky'okwogera ennimi, nga boogera ennimi ezitamanyiddwa. Kuliko nga babiri oba basatu abasobola okuvvuunula. Oba oli awo kuliko nga omu—babiri, oba basatu abalina ebirabo eby'amagezi. Kale. Bonna basisinkana, abantu abo abalina ebirabo . . . Mmwe . . . Ebirabo ebyo tebibaweebwa kubizannyisa, tebibaweebwa kumala googera mbu, "Ekitiibwa kibe eri Katonda, njogera mu nnimi! Aleruuya!" Mujja ku—mubeera—mubeera mweweebuula. Ebirabo ebyo, bibaweebwa kubeera nga mubikozesa. Era ekitundu kyammwe we mukolera mu kkanisa kirina kubaawo nga olukuŋŋaana lwennyini terunnatandika, kubanga wajja kubaawo atali wa mwoyo mu makkati gaffe.

131 Kitegeeza mweyawula ne mubaako akasenge mwe muyingira, ne mubeera omwo, mwenna wamu, kubanga muli bakozi abakolera awamu mu Njiri. Ne mubeera omwo. "Mukama, waliwo ekintu kyonna kye Wandyagadde tumanye akawungeezi ka leero? Yogera naffe, Ayi Kitaffe ow'omu Ggulu," nga bwe muwaayo okusaba, n'okwegayirira; nga bwe muyimba ennyimba. Butereevu muba mukyakola ebyo Omwoyo n'akka, n'abaako omu gw'akkako, n'ayogera mu nnimi. Omulala n'asituka n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." Kiki? Muwulirize. "Mugende mugambe Ow'oluganda Jones asenguke okuva mu kitundu gy'abeera, kubanga enkya olw'eggulo wajja kubaawo omuyaga ogw'amaanyi ogunaayita mu kitundu ekyo; era gujja kutwala ennyumba ye. Mumugambe aggyemu ebintu bye asenguke aveeyo!"

132 Kaakati, ekyo—ekyo kiwulikika bulungi. Naye musooke mulindeko katono. Wateekwa okubaawo abasajja basatu awo abalina Omwoyo w'okwawula emyoyo. Omu ku bo agamba nti, "Ekyo ekyogeddwa kibadde kya Mukama." N'omulala agambe nti, "Kibadde kya Mukama." Abo babeera baweze babiri ku basatu—balina okuba abajulirwa babiri oba basatu. Kale. Ekyo nga bafuna olupapula nga bakiwandiika. Omwoyo bw'atyo bw'agambye. Kale. Nga baddayo mu kusaba, nga beebaza Mukama.

133 Oluvannyuma lw'akaseera, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA (nga nnabbi asituka nga awa obunnabbi) BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, akawungeezi ka leero, wagenda kujja omukazi okuva mu Kibuga New York; nga ali ku katanda k'abalwadde; ajja kuyingira mu kizimbe nga ali ku katanda k'abalwadde. Ajja kuba yeesibye akatambaala aka kiragala ku mutwe. Nga kookolo amutta. Ekyamuviirako okutuuka mu mbeera eno, Mukama amulinako ensonga gy'amuvunaana: lumu yabba ssente mu Kkanisa Ye bwe yali akyali wa myaka kkumi na mukaaga. Mugambe Ow'oluganda Branham ebintu bino abimubuulire. BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, ekyo bw'anaakitereeza, ajja kuwonyezebwa." Lindako katono. Ekyo

kiwulikika okuba nga ddala kirungi, naye musooke mulindeko. Onaawandiika erinnya lyo ku lupapula luno, ggwe ayawula emyoyo? Erinnya lyo onaaliwandiikako ku bunnabbi obwo?

134 "Buvudde wa Mukama." Omu nga agamba nti, "Buvudde wa Mukama." Awo—awo nga mukiwandiika wansi nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, akawungeezi ka leero waliwo omukazi agenda okujja, nga ali *bw'ati-ne bw'ati*." Awo nga alina ekirabo eky'okwawula emyoyo, babiri oba basatu nga bakissaako amannya gaabwe. Nga obubaka buno bwonna buweebwa. Kale.

135 Nga wayitawo akaseera bagenda okuwulira nga akade kavuga. Kati olukuŋŋaana lugenda kutandika. Awo nga obubaka buno babuleeta nga babuteeka wano wennyini ku kituuti. Wano wennyini we buteekwa okuba. Nze nga nnina wendi ndi mu kusoma, n'okusaba. Oluvannyuma nga nvaayo nga ennyimba ziwedde okuyimbibwa. Nga ekkanisa yonna buli kimu kitambuzibwa mu nkola ennuŋŋamu, nga abantu bwe bajja, bwe batuula, ne bafumiitiriza, ne basaba; ekyo kye muteekwa okukola. So si kujja mu kkanisa ate buli omu n'adda mu kunyumya na munne, mu kkanisa mujja kwogera na Katonda. Ebyammwe eby'okwesisinkana okwogerezeganya mubikolere wabweru wali. Mukiraba? Wano kati tuli mu kussa kimu na Katonda. Era bwe tujja wano okwogera, n'ebirala byonna bikolebwa mu kimpoowooze, mu buwombeefu, nga Omwoyo bw'atambula. Omukubi w'ennanga nga ajja ku nnanga nga ebulayo eddakiika nga ttaano okuyimba kutandike, nga atandika okukuba ennanga mu buseeneekerevu:

> Wansi ku musaalaba Omulokozi wange kwe yafiira,
> Wansi awo we nnakaabira olw'okunaazibwako ebibi;

Oba oluyimba olulala lwonna olulungi oluwoomu, mu kimpoowooze. Ekyo kireeta Okubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu mu lukuŋŋaana. Mukiraba? Kale.

136 Nga abantu bali awo batudde. Nga abamu ku bo ddala—batandika n'okukaaba n'okujja ku wolutaali, ne beenenya nga olukuŋŋaana terunnatandika. Omwoyo Omutukuvu aba waali. Mukiraba? Nga ekkanisa eri mu kusinda. Abakristaayo bali mu kusaba; buli omu ali mu kifo kye w'alina okuba. Tebatudde butuuzi awo kudda mu kugaaya bbabo gaamu, na kweyogeza mbu, "Owaaye ggwe, Liddie nnyambisa ku liipusitiiki wo; Njagala ku . . . Okitegeera naawe. Okitegeera. Nneetaaga oku . . . Omanyi, luli bwe nnali emmanga eri nga ŋŋenze okugula ebintu, bannaaye, katono nkulinnye ku bugere. Banaaye nnali ssirabanga ku kintu nga e . . . Ggwe ekyo okirowoozaako ki?" Nedda, bannaaye! Mbu eyo y'ennyumba ya Katonda. Ekyo, kivve

nnyo. Guno Mubiri gwa Kristo nga gukuŋŋaanye wamu. Nga tuli awo tutudde.

Ogenda okuwulira omusajja atudde ku bbali awo nga agamba, "Owaaye ggwe, obadde okimanyi nti bwe twagenda egindi, *gundi* ono ne *gundi ne gundi*. . . " Ebyo tebiriiko kabi konna okubyogerera wabweru, naye munda wano eno nnyumba ya Katonda.

137 Muyingire nga muli mu kusaba; buli omu abeere mu kifo kye w'alina okuba. Kati njogera, soogera eri kkanisa zammwe, ab'oluganda. Mmwe simanyi bwe mukola; naye njogera eri kkuŋŋaaniro lino. Njogera eri bantu bange. Mukiraba? Bwe kityo bwe kiri.

138 Kaakati, bwe muyingira mu ngeri bw'etyo, ekisooka omanyi, omusumba nga avaayo. Nga akyali musu. Tekimwetaagisa kudda mu kwanukula eri *kino*, *ekyo*, na *kiri*. Abeera ava butereevu mu—mu ssuulwe ow'obuweereza bwe. Abeera abadde wansi w'amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu. Nga kati ayingira wano ennimi z'omuliro endala ezisukka mu lumu we zikuŋŋaanidde awamu. Kyenkana kati efuuse mpagi (mukiraba?), egenda etambulatambula. Bw'atyo omusumba n'avaayo n'ajja wano, n'akwata bino. "Obubaka okuva eri ekkanisa: 'BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, Ow'oluganda Jones asenguke ave mu nnyumba ye. Enkya emisana ku ssaawa munaana omuyaga ogw'amaanyi gujja kuyita mu kitundu gy'abeera. Leka aggyemu ebintu bye asenguke aveeyo.'" Ow'oluganda Jones nga obubaka obwo abufuna. Kale. Ekyo kiri mu buwandiike. "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, wagenda kubaawo omukazi ayitibwa *Gundi* agenda okujja wano akawungeezi ka leero, era ekyabaawo—yakola ekintu *gundi*." (Nga bwe mbyogedde, mukiraba, bwe kityo.) Kale, nga ekyo nakyo akissa ku bbali. Ky'ekyo. Kati baatudde dda mu bifo byabwe we balina okuba mu kkanisa. Kale.

139 Awo nga atandika ku bubaka. Era ekiddirira, nga atandika okubuulira. Tewali kintu kyonna kya kutaataaganya; byonna byabaddewo. Kati, nga tugenda mu maaso, na kubuulira bubaka.

140 Bwe wayitawo akaseera nga. . . Okugira kuti obubaka bwe buggwa okubuulirwa, nga olunyiriri lw'ab'okusabirwa lutandika. Nga wajja omukazi. Waliwo eyayogedde mu nnimi n'agamba nti agenda kujja. Mukiraba? Ffenna buli omu amanyi ekigenda okubaawo. Buli omu ku ffe akimanyi. Kati awo mulaba engeri okukkiriza gye kutandika okuzimbibwa olw'ennimi z'omuliro ezo eziyimiridde waggulu wammwe mu kaseera kano. Kati kutandise okusituka. Lwaki, kubanga kino ekigenda mu maaso kyategezeeddwa dda; si kipya.

Omukazi oyo. . . Leka mmuyite, "Muky. *Gundi*, avudde mu Kibuga New York, atudde wano. . . " Mukiraba?

"O, ekyo kituufu. Ekyo okitegedde otya?"

"Nnakitegedde kuva mu bubaka okuva eri Mukama eri ekkanisa. Bwe wali wa myaka kkumi na mukaaga, tewali mu kifo *bwe kiti-ne-bwe kiti* n'okola—n'obaako ssente ze watwala okuva mu kkanisa, n'ozibba, n'ogenda, ozigulamu engoye empya?"

"Bannange, ekyo kituufu. Ddala bwe kiri."

"Kati ky'ekyo kyennyini Katonda ky'atugambye akawungeezi kano okuyita mu W'oluganda *Gundi*, ayogedde mu nnimi; Ow'oluganda *Gundi* n'azivvuunula; Ow'oluganda *Gundi* ono wano n'agamba, alina ekirabo eky'okwawula emyoyo, n'agamba nti kivudde wa Mukama. Era ago ge mazima."

"Weewaawo!"

"Kati nno, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, genda okitereeze, ne kookolo akuluma anaawona."

141 Ow'oluganda Jones nga addayo eka, nga afuna ebigaali, nga abitikka, nga aggyamu ebintu by'omu nnyumba, nga asenguka nga avaayo mu kitundu ekyo. Enkeera ku ssaawa munaana ez'olweggulo: Zwiii! nga omuyaga gweera buli kimu. Mukiraba? Awo nga ekkanisa egulumiza . . . "Weebale, Mukama Yesu, olw'obulungi Bwo." Kaakati, ekyo kye birina okukola, bya kuzimba, kkanisa.

142 Kati, watya singa tebibaawo oluvannyuma nga bamaze okubyogera? Kati awo kibeera kitegeeza mulina omwoyo omubi mu makkati gammwe. Teweetaaga kintu ekyo ekibi. Nga kiki ekikwagaza ekintu ekibi nga—nga obwengula bujjudde ebyannamaddala ebya Pentekoote? Tomala gatwala kintu kuva wa ssetaani ekiwanyisiddwamu mu kifo kya kiri ekya nnamaddala. Funa ekintu ekya nnamaddala. Katonda akirina nga kikyo. Awo toddamu kubeera mu nkuŋŋaana ndala zonna za ba birabo, na kubaako kintu kyonna ky'oyanjula eri bantu, okutuusa nga Katonda akukakasizza nti oli mutuufu, kubanga oli muyambi eri ekkanisa mu mulimu gw'Enjiri. Kati, mutegedde kye birina okukola?

143 Ate ennimi—ennimi ezitamanyiddwa . . . Tewali muntu yenna—abeera amanyi by'ayogerako. Ayogera; naye buli ddoboozi erifulumizibwa libaako ne kye litegeeza. Ekyo kirina kye litegeeza. [Ow'oluganda Branham akuba mu ngalo—Omuk.] "Gluck, gluck, gluck!" Ekyo kirina—olwo—olwo lulimi olwogerwa awantu awamu.

144 Bwe nnali mu Afirika, kyanneewuunyisa nga sikikkiriza, naye buli kintu kyonna ekyali kikola eddoboozi lyali lirina kye kitegeeza. Bayibuli egamba nti tewali ddoboozi litalina makulu, litalina kye litegeeza. Buli ddoboozi lyonna erikolebwa lirina amakulu ge litegeeza. Kubanga, nnawuliranga abantu nga bagamba . . . Nnagambanga nti, "Yesu Kristo, Omwana wa Katonda."

145 Nga omu ku bo addamu nti [Ow'oluganda Branham ageegeenya eddoboozi ly'omuvvuunuzi Omufirika—Omuk.]. Nga omulala agamba [Ow'oluganda Branham n'era abaako ne by'akozesa okuggyayo eddoboozi eryali lyogerwa—Omuk.]. Nga ebyo bitegeeza nti, "Yesu Kristo, Omwana wa Katonda." Mukirba? Byalina . . . Nga gyendi sirina kye ntegeeramu yadde, naye nga gye bali olwo lulimi olwogerwa omuntu n'awulira ebyogeddwa mu ngeri y'emu nga bwe njogera gye muli. Omuvvuunuzi w'olulimi Oluzulu, n'Oluxhosa, n'Olusuto, n'ennimi endala, bwe baayogeranga, buli lulimi olwayogerwanga, buli omu yategeeranga ebyabanga byogeddwa. N'ebintu bino bye muwulira abantu bano bye babeera bajabiriza, ne mulowooza mbu kujoboja kwereere, tekubeera kujoboja; birina kye bitegeeza. N'olw'ensonga eyo tusaanye tubisseemu ekitiibwa, tubiteeke mu kifo kyabyo we birina okuba.

146 Kaakati, ob'olyawo tewaliiwo bubaka bwawereddwa. Kati, olukuŋŋaana luwedde; era abantu bayitibwa okujja ku wolutaali. Kati oluvannyuma lw'akaseera ne wabaawo (tewaabaddewo bubaka bwawereddwa okuva eri ab'ebirabo) kati ne wabaawo asituka oluba okufunawo akaagaanya ati. Omwoyo Omutukuvu . . . Kati, Bayibuli egamba nti, "Bwe watabaawo muvvuunuzi, omuntu oyo leka asirike." Ka kibeere nga kikusindiikiriza okwenkana wa okwogera, sirika.

147 Oyinza okuŋŋamba nti, "Ssisobola kukiziyiza." Bayibuli egamba osobola. Okiraba? Kale ekyo—ekyo kimala. Okiraba? Leka asirike.

148 Kati, bwe ki, akaagaanya bwe kajja nga buli kimu kiri mu nkola ennuŋŋamu nga bwe kiteekwa okuba, kati Omwoyo Omutukuvu bw'amukkako okubaako obubaka bw'awa, awo abuwe. Ekyo kyennyini ky'olina okukola. Awo nga okuvvuunula kujja, nga kugamba nti, "Wano waliwo omukazi ayitibwa Sally Jones (Ka nsuubire nti tewaliiwo mukazi yenna wano ayitibwa linnya eryo, naye . . .) Sally Jones. (Olaba?) Mumugambe nti akawungeezi ka leero ayitibwa omulundi gwe ogusembayo. Atereeze obulamu bwe ne Katonda kubanga asigazza akaseera katono ddala okuba nga akyali wano ku nsi." Kati awo, Sally Jones aba ajja kudduka ajje ku wolutaali mu bwangu ddala nga bw'asobola (olaba?), kubanga ogwo gwe mulundi gwe ogusembayo okuba nga ayitibwa. Mukiraba? Ekyo kye kitegeeza okuwa obubaka, oba okubaako ne kye kikakasa, oba ekintu bwe kityo.

149 Eyo y'ekkanisa ya Pentekoote nga ekola. Tewali kaagaanya konna ka myoyo mibi kusensera kugiyingiramu, kubanga yamala dda . . . Bayibuli ekirambika bulungi ddala nti, "Leka boogerenga mu mpalo, era bwe babeera abangi babeerenga basatu; era wabeewo abantu babiri oba n'okusingawo balamule ebyo ebyogeddwa." Bw'etyo ekkanisa bw'erina okuba. Naye

tuli mu mbeera ki olwa leero? Tubeera mu kubuukabuuka, kuwoggana, na kuseka busesi nga omuntu ayogera mu nnimi; nga omulala amaaso bw'agakanudde bwe yeetegereza ebigenda mu maaso, omulala bw'ayogera ku bintu ebirala n'okwetuuma ku muntu oyo abeera ayogera; nga eno omusumba bw'aliko by'akola; oba nga waliwo omuntu abaagala okwetuuma awo ku muntu oyo abeera ayogera. Kati, ebyo si bituufu. Ob'olyawo nga omusumba abadde abuulira, ne wabaawo asituka n'amutaataaganya mu . . . Ob'olyawo nga asoma Bayibuli ne wabaawo . . . Ayinza okuba asoma Bayibuli, okugira kuti emabega eri ne wabaayo ayogera mu nnimi. Eh, nedda! Mukiraba? Omubuulizi ali ku kituuti abuulira, omuntu n'asituka n'amutaataaganya, nga ayogera mu nnimi. Ky'akola kirungi tekirina kabi konna. Sigamba nti tabeera Mwoyo Mutukuvu, naye musaanye mutegeere engeri y'okukozesaamu Omwoyo Omutukuvu (mukiraba?), engeri y'okumukozesaamu.

Kaakati, ŋŋenda—ŋŋenda ku . . . Mukyalinayo akadde twongereko ekibuuzo ekirala kimu kyokka? Kubanga, enkya lwa Ssande. Ate, tujja ku . . . Leka tu . . . Kiikino ekirala. Ndowooza ky'ekisinga okuba ekikulu mu byonna. Kale kati, mbasaba mwenna muŋŋumiikirize okumala eddakiika ntonotono, bambi. Bwe nkimala, ŋŋenda ku . . . Kino njagala mu—kino njagala mukifune. Kino nnakiterese nga nkigenderedde. Kino kye nsembyayo.

Kaakati, okusooka, ŋŋenda kusoma ebintu ebibiri omuntu ono bye yabuuzizza. Byawandiikiddwa ku kapapula akakadde, nga byawandiikiddwa mu mukono omulungi. Sirina kye mmanyi ku ani yenna yabibuuzizza, byombi te—tebiriiko mannya.

98. Ow'oluganda Branham, kituufu abaweereza okukandaalirira ennyo nga bakuŋŋaanya ssente mu nkuŋŋaana zaabwe, nga bagamba abantu mbu Katonda abagambye nti abantu bwe bati mu kibiina balina okuwaayo omutemwa bwe guti? Kino bwe kiba nga kituufu, njagala nkitegeere. Oba bwe kiba nga kikyamu, njagala nkitegeere. Kino kinteganyizza nnyo.

150 Kaakati, olaba, mukwano gwange, ŋŋenda kukubuulira, ŋŋenda kukubuulira kye ndowooza. Olaba? Kaakati, ekyo tekitegeeza nti kituufu. Nze ndowooza kibi nnyo.

151 Kaakati, nze ndowooza bwenti. Katonda ye yantuma okubuulira enjiri. Nnali mbaddeko mu biseera we nnalabika nga kyenkana eyali ayinza oku . . . Nga ssi—ssirina ssente yadde. Naye nnabagambanga kimu nti, "Muyiseemu kabbo ka biweebwayo kokka."

Maneja nga ayinza okujja gyendi n'aŋŋamba nti, "Labayo, Billy, akawungeezi kano we twogerera tubanjibwa ddoola enkumi ttaano, Ssebo. E Jeffersonville olinayo ssente ezigenda okusasula ebbanja eryo?"

152 Nga mmuddamu kimu nti, "Byonna biri bulungi. Katonda ye yantumye okujja wano, singa si ye yantumye ssandizze. (Okiraba?) Mmwe muyiseemu kabbo ka biweebwayo kokka."

Olukuŋŋaana luba terunnaggwa, nga wabaawo agamba nti, "Omanyi, Mukama yakitadde ku mutima gwange mpeeyo ddoola enkumi ttaano ku lw'olukuŋŋaana luno." Mukiraba, mukiraba? Okusooka kwa byonna, kikole nga ddala oluŋŋamiziddwa okukikola.

153 Ssikkiririza mu kusikaasikanya, na kusabiriza, na kusaba ssente. Ndowooza nga kintu kikyamu. Kati, ow'oluganda, bw'oba okikola, leka nneme kukuyisa bubi bwe njogera bwentyo. Okiraba? Ggwe—ggwe oyinza okuba nga Katonda ye yakuwa olukusa okukikola. Naye nze njogera ku lwange. Ssikikkiririzaamu.

154 Kati, nnina n'abaweereza be mmanyi abagenda nga bagamba . . . Ne jjuuzi wano, nnayimirirako . . . Kati, bano tebaali Bapentekoote, bano baali . . . Kale, gaali makanisa (olaba?), makanisa amalala. Twali mu lukuŋŋaana olumu olunene olw'okusiisira. Gertie, wali nange, n'abalala bangi abali wano abaali nange. Ne bamala olw'eggulo lwonna mu lukuŋŋaana olw'ekibiina ky'eddiini eky'erinnya—ndowooza nga waliwo ekkanisa nga bbiri oba ssatu ezikuŋŋaanye awamu (ezo z'ekkanisa zaffe eza bulijjo, nga amakanisa gaffe wano ag'omulembe ag'omu kibuga, n'endala bwe zityo) mu lukuŋŋaana olunene—ne bamala olw'eggulo lwonna, nga bayimiridde ku kadaala—nga bwe babatiisatiisa nga babagamba mbu Katonda ajja kuzikiriza ebimera byabwe, era ajja kulwaza abaana baabwe pooliyo, n'ebintu eby'engeri eyo, bwe bataateeke ssente mu lukuŋŋaana olwo. Ago mazima gennyini bwe kityo bwe kyali, nga Bayibuli eno eri mu maaso gange. Kye nnava ŋŋamba nti, "Okwo kuvvoola eri Katonda n'eri abagoberezi Be." Katonda bw'akutuma, Ajja kukulabirira. Bw'Aba si y'akutumye, leka ekibiina ky'eddiini ekikutumye kikulabirire. Naye—naye ggwe . . . Katonda bw'akutuma, Ajja kukulabirira.

99. Kiri kitya ku kubeera n'omuzannyo gwa Ssekukkulu nga guzannyibwa mu kkanisa ekkiririza mu Mwoyo Omutukuvu?

155 Kale, bwe guba gukwata ku Kristo, guyinza obutaba na mutawaana. Naye bwe guba gukwata ku Faaza Kkulisimasi, oyo ye ssimukkiririzaamu. Nna—nnakula—nnakula ne nsukka obulimba obw'engeri eyo. Ssikkiririza mu Faaza Kkulisimasi yadde akatono kati. Mukiraba? N'ebimu ku bintuntu bino bye bakola nga bajaguza Ssekukkulu, mu ndowooza yange ndaba nga bya bwewussa. Era . . . Naye nze ku lwange ndowooza nga buli nsonga yonna ekwata ku Kristo mu Ssekukkulu bagiggyamu ne bawagikamu Faaza Kkulisimasi.

156 Ate nga Faaza Kkulisimasi lufumo bufumo olwayiiyizibwa obuyiiyizibwa. (Abato, leka nsuubire nti, sibayisa bubi bwe njogera bwentyo.) Naye muleke mbabuulire. Wano si dda nnyo, emyaka nga abiri mu etaano, oba asatu egiyise, waaliwo omuweereza omu wano mu kibuga, omusumba wa—w'ekkanisa emu ennene wano mu kibuga, gwe nnali mmanyi obulungi ennyo, mukwano gwange nfiirabulago, yantuukirira. Ne Charlie Bohannon (Ow'oluganda Mike, Charlie Bohannon omujjukira, mukwano, yali mukwano gwange nnyo). . . N'atuula awo mu woofiisi ye n'aŋŋamba nti, "Abaana bange ssiriddamu kubanyumiza bulimba obwo yadde okukkiriza bazukkulu bange okubuwuliriza." N'agamba nti, "Katabani kange kajja gyendi ku myaka kkumi n'ebiri, naye nga kakyanyumya mboozi za Faaza Kkulisimasi . . . " Kati ye, n'akagamba nti, "Kati nno . . . Mukwano, waliwo kye njagala okukunyumiza," n'agamba nti, "Maama . . . " Nga bwe mumanyi, n'agenda mu maaso n'akamunyumiza bye yakola.

Kati oluvannyuma bwe yaddayo, ne kamubuuza nti, "Kati, Taata, ne Yesu ono naye bw'atyo bw'ali?"

157 Mwogere amazima. Faaza Kkulisimasi lufumo lwa Bukatuliki oluwata ku musajja omu, gwe baali bayita Kris Kringle oba Omutukuvu Nicholas, eyali omutukuvu Omugirimaani eyaliwo edda ennyo emyaka mingi egyayita eyagendanga nga akolera abaana abato ebirungi. Ne bakigunjaamu akalombolombo ke bazze bagoberera. Naye Yesu Kristo ye Mwana wa Katonda. Yaliwo, era Waali mulamu.

Kaakati, ekibuuzo kiikino, ekisembayo, ate nga ki . . .

158 Kati mulabeeyo. Ku nsonga eyo oyinza obutakkiriziganya nange. Naye bw'oba tokkiriziganya nange, jjukira kino, nkusaba leka tusigale nga tuli ba mukwano, onaakikola? Nkwagala, era ssigenderera—ssigenderera kukulumya. Kimu kyokka, kye njagala kwe kubeera omwesimbu. Bwe mba sisobola . . . mutabani wange singa munyumiza obulimba, mba mulimba. Mukiraba? Njagala mmubuulire mazima.

159 Kati, nga mmunyumiza Faaza Kkulisimasi, nga mugamba nti, "Weewaawo, kituufu, Faaza Kkulisimasi ddala gy'ali. Ggwe linda olabe Taata ku Ssekukkulu ekiro." Olaba? Weewaawo.

160 Omanyi, luli nnali mmanga eri, ekyo ne mbaako akawala akamu kwe nnakigezeserezza mbeeko ne kye nzuula. Eky'amazima kye nnali nnoonya nnakifuna okwosa ejjo. Nnali munda mu kizimbe. Kati bo baali awo nga bayimiridde, emmanga wano eno mu Quaker Maid. Nnali ŋŋenzeeyo okubaako n'ebikozesebwa awaka bye ngulayo. Era twali, nze ne mukyala wange, bwe twali tugenze. Waaliwo akawala akato, ndowooza akaali tekannasussa nga myezi kkumi na munaana, kaali awo nga kayimba nti, "Dingle bells, Dingle bells . . . " Ne

nkabuuza . . . Kaali mu katebe kaako, nga bwe mumanyi, nga kali mu kagaali mwe basindikira abaana.

Ne nkabuuza nti, "Onoonya Faaza Kkulisimasi?"

Ne kaŋŋamba nti, "Ssebo, oyo taata wange."

Ne nkagamba nti, "Akuwe omukisa, Mukwano. Wamma ggwe olina amagezi."

Kaakati, ekibuuzo kiikino ekikalubo ddala, ab'emikwano. Era mu kino . . . Kino bwe nkimala nga mmaliriza. O, ddala—ddala Kyawandiikibwa kirungi nnyo, naye kikalubo nnyo kyenkana eri buli muntu. Era kimbobbezza omutwe okumala emyaka n'emyaka; era olw'ekisa kya Katonda kyokka . . . Era mukyala wange omwagalwa, atude emabega wali mu kaseera kano, bwe yawulidde nti nnina ekibuuzo bwe kityo eky'okwanukula olw'eggulo lwa leero, yambuuzizza nti, "Bill, ekyo okyanukula otya?" N'agamba nti, "Ekyo nange bulijjo mbaddenga nkyebuuza." N'agamba nti, "Kyannema okutegeera." N'agamba . . .

Kye nnavudde mmugamba nti, "Jangu obeeyo akawungeezi ka leero, Mukwano. Nja kukola kye nsobola ku lw'obuyambi bwa Katonda."

100. Ow'oluganda Branham, bambi nkusaba onnyonnyole Abaebbulaniya 6:4 okutuuka ku lw'o 6.

161 Ogwo gwe mulundi ddala lwe . . . Mulaba, kati wano kigenda kubeetaagisa okwekkaanya okukkiriza kwaffe, ekisa, obukuumi bw'abakkiriza, okufunvubira kw'abatukuvu, okufunvubira, manyanga, okw'abatukuvu. Abaebbulaniya essuula ey'omu 6, olunyiriri olw'oku 4 okutuuka ku lw'o 6.

Kati, ekibuuzo kino oluba oku . . . bwe nkimaliriza, kati nsuubira nga Katonda agenda kunnyamba nkibannyonnyole bulungi mukitegeere. Munsonyiwe, mbadde—mbadde n'Obubaka bwange obw'okubuulira akawungeezi kano; naye ob'olyawo nja kubuulira ekintu kye kimu ku makya mu—mu lukuŋŋaana. Bwe nnaamala ŋŋende.

162 Kaakati, kino kyo kikalubo ddala. Mukiraba? Kati, mulina okussaayo ennyo omwoyo. Kati mujjukire nti, tukkiriza era tuyigiriza mu kkanisa eno wano, nti si buli avaayo n'aleekaana, si buli ayogera mu nnimi, si buli akwatako mu ngalo z'omubuulizi, nti alina Obulamu Obutaggwaawo. Naye tukkiriza nti bw'ofuna Obulamu Obutaggwaawo, Katonda bw'akuwa Obulamu Obutaggwaawo, obeera obufunye nga oli wa kuba nabwo lubeerera. Mukiraba? Kubanga mulabeeyo. Bwe kitaba kityo, Yesu abeera muyigirizwa wa bulimba. Mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 5:24, Yagamba nti, "Oyo awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo eyantuma alina Obulamu Obw'olubeerera, era talijja mu musango, naye aba avudde mu kufa nga ayingidde mu Bulamu." Kati, ggwe wakana

Naye. “Bonna Kitange be Yampa . . . Tewali muntu ayinza kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y’amuwaludde. (Nnokola Byawandiikibwa.) Bonna abajja . . . Tewali muntu ayinza kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y’amuwaludde. Era abo bonna Kitange be Yampa balijja gye Ndi. (Mukiraba?) Na buli ajja gye Ndi, Ndimuwa Obulamu Obw’olubeerera (Omutukuvu Yokaana 6), era ndimuzuukiza mu biro eby’oluvannyuma.” Ebyo by’ebigambo Bye.

163 Kaakati mulabeeyo. Singa njagala okuddayokko mu Abaefeso essuula 1, nga Pawulo abuulira . . . Kati, Abakkolinso, omu yabanga ayogera ennimi omulala alina oluyimba olw’okuyimba. Bwe wekkaanya amakanisa gali amalala go tegaalina buzibu obwo. Ekyo teyakyogerako bwe yali agawandiikira. Alina awantu wonna we yayogerera ku kwogera ennimi bwe yali awandiikira ekkanisa y’Abaefeso, oba ekkanisa y’Abaruumi? Nedda! Ennimi baazirina n’ebirala byonna okufaananako n’Abakkolinso, naye baabirina nga bikola mu nkola yaabyo entuufu. Abakkolinso bo baali baalemwa okubiruŋŋamya mu nkola yaabyo entuufu gye birina okukolamu. Mukiraba? Naye Pawulo n’agendayo n’aluŋŋamya ekkanisa eyo mu nkola entuufu mwe birina okukolebwa.

Kaakati, ya . . . Nzikiriza, nga Oral Roberts bw’atera okugamba nti, “Katonda ye Katonda omulungi.” Mwe ekyo temukikkiriza?

164 Oyinza okumbuuza nti, “Kaakati, ate olwo Abapentekoote n’ennimi ze boogera, Ow’oluganda Branham?” Muli ndowooza nga baafuna Omwoyo Omutukuvu. Ddala baamufuna. Kale, lwaki? Mulabeeyo. Mukkiriza nti Ye Katonda omulungi? Tomasi lumu yagamba nti, “Naye omanyi, Mukama wange . . . ”

Abalala bonna baamukkiriza nti ye Ye. Ne bagamba nti, “Weewaawo, tukakasa ye Ye!”

“Ha,” Tomasi n’agamba nti “nedda, nedda, nze sikikkiriza. Engeri yokka gye nnaakikkiriza, nteekwa okubaako n’obukakafu bwe nfuna obunkakasa. Nja kumala kusonseka ngalo zange mu mbiriizi Ze ne mu nkovu eziri mu bibatu by’engalo Ze emisumaali mwe gyayita.”

Ye Katonda omulungi. Kye Yava amugamba nti, “Jangu, Tomasi. Jangu okikole.”

“O,” Tomasi n’agamba nti, “kati, nzikiriza.”

165 Yesu n’amugamba nti, “Weewaawo, Tomasi, kubanga ondabye, ne nteeka n’engalo Zange . . . n’osonseka n’engalo zo mu mbiriizi Zange, ky’ovudde okkiriza. Naye nga balina empeera esingawo obunene abo abataalina kintu kyonna kye baalaba naye era ne bakkiriza.” Ye Katonda omulungi. Weewaawo, Ye akuwa kusinziira ku kuyaayaana kwa mutima gwo. Leka tumukkirize bukkiriza kye kyokka. Eyo ye—eyo ye—eyo y’eŋŋuumi eri tonziriranga eri Ssetaani. Omuntu bw’atwala

Katonda nga Ekigambo Kye bwe kigamba, ow'oluganda, ekyo kijja kutta Ssetaani buli mulundi. Eyo y'eŋŋuumi esingayo okuba ey'amaanyi esobola okukubwa Ssetaani, singa omuntu atwala Katonda nga Ekigambo Kye bwe kigamba. Yee, ssebo. Nga bwe nnagambye nti, "Omuntu taabenga mulamu na (nga nnokola Yesu, ekiro kya luli), wabula na buli Kigambo ekiva mu. . . "

166 Kati, mwetegereze kino. Kati ŋŋenda kutandika n'olunyiriri olusooka:

> *Kale tuleke okwogera ku bigambo eby'olubereberye ebya Kristo, tuyitirire okutuuka mu bukulu;. . .* (Kati, ekisooka kye njagala mutegeere kye kino: wano Pawulo ayogera eri b'ani? Abaebbulaniya. Kiwandiikiddwawo nti, "Abaebbulaniya" waggulu, Ekitabo ky'Abaebbulaniya. Si bwe kiri? Abayudaaya abaali baagaana Yesu. . . Musobola—kati mukitegeera? Ayogera eri Abayudaaya, nga abalaga nga ekisiikirize ky'amateeka bwe kyali ekifaananyi ekyali kyoleka Kristo. Ebintu byonna ebikadde byali bifaananyi ebyoleka ebipya. Kaakati mulabeeyo.)
>
> *. . . tuleke okwogera ku bigambo eby'olubereberye ebya Kristo, tuyitirire okutuuka mu bukulu;. . .*

167 Kati, abadde ayogera gye bali ku bikwata ku njigiriza ez'enjawulo. Leka tweyongereyo mu maaso twogere ku bikwata ku kutuukirira. Kaakati, otuukirira mu Katonda Omwoyo Omutuuvu bw'akusibako akabonero *okutuusa* ku lunaku olw'okununulibwa kwo. "Oyo eyazaalibwa Katonda (Yokaana Ekisooka) tayonoona; kubanga tasobola kwonoona, kubanga Ensigo ya Katonda ebeera mu ye."

168 Omuntu eyajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, so oyo alowooza obulowooza nti yajjuzibwa, naye oyo eyazaalibwa Omwoyo wa Katonda tayonoona, kubanga mu ye abaamu Ensigo ya Katonda, kale tasobola kwonoona. Mukiraba? Ekyo Bayibuli ky'eyogera? Kati nno kiikyo. Oli ekyo. . . Ekikulu si ky'ekyo ky'okola, ekikulu, ekikulu ky'ekyo, ekikulu si ky'ekyo ensi ky'ekulowooleza nti ky'oli, wabula ekyo Katonda ky'akulowooleza nti ky'oli. Mukiraba, mukiraba? Tosobola. . . Nnyinza ntya okuba n'olukusa olumpandiikiddwa mmeeya w'ekibuga, nti nsobola okuvuga supiidi ya mayiro ana buli ssaawa nga mpita mu kibuga, ate ne wabaawo omusirikale ankwata? Sisobola kukwatibwa. Nyinza ntya okwonoona nga waliwo ekiweebwayo eky'omusaayi mu maaso ga Katonda buli kadde, nga Tasobola na kundaba; nga waliwo ekiziyiza ku—ku. . . wakati wange ne Katonda, engabo y'Omusaayi? Kubanga twafa, era obulamu bwaffe bwakwekebwa mu Kristo okuyita mu Katonda, Omwoyo Omutukuvu n'atussaako akabonero. Kati ddala oyinza otya okukola ekintu kyonna ekikyamu mu maaso

ga Katonda? "Kuba bwe twonoona kagenderere (Abaebbulaniya 10) nga tumaze okuweebwa okutegeera Amazima, wabeera tewakyasigaddeyo ssaddaaka nate olw'ekibi." Munda wano tekisoboka (mukiraba?) kwonoona kagenderere.

169 Kati, leka tweyongere mu maaso tusome. Kale.

. . . tuyitirire okutuuka mu bukulu; obutateekawo mulundi gwa kubiri musingi kwe—kwe kweneenya ebikolwa ebifu, ne. . . okukkiriza eri Katonda,

Okuyigiriza okw'okubatiza, . . . n'okuteekako emikono, n'okuzuukira kw'abafu, ne. . . omusango ogutaggwaawo.

Era bwe. . . tunaakola bwe tutyo, Katonda bw'anaayagala.

(Kati wano we babadde baagala tutandikire, okuva ku lunyiriri olw'oku 4.) *Kubanga abo abamala. . . okwakibwa, ne balega ku kirabo eky'omu ggulu, ne bafuuka abassa ekimu mu Mwoyo Omutukuvu,*

Era ne balega ku kigambo ekirungi ekya Katonda, ne ku maanyi ag'emirembe egigenda okujja,

Ne bagwa okubivaamu, tekiyinzika bo okubazza—okubazza obuggya olw'okwenenya; nga beekomererera bokka omulundi ogw'okubiri Omwana wa Katonda, ne bamukwasa ensonyi mu lwatu.

170 Kaakati, kati, okusinziira ku ngeri gy'okisomamu awo, kirabika nga, ekigamba nti omuntu asobola okufuna Omwoyo Omutukuvu, ate bw'amala n'adda ennyuma n'abula. Naye omuntu oyo tasobola kubula. Mukiraba? Tasobola. Bw'abula, Kristo abeera yalimba. Mukiraba? Tekisoboka eri abo abaamala okwakibwa. Kaakati, mulabeeyo. Ayogera ku b'ani? Ayogera ku Bayudaaya bali ab'oku nsalo. Tagambye nti omuntu aba yajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu; wabula agambye nti, "Omuntu aba yalega ku Kigambo kya Katonda."

171 Kaakati, leka nkibannyonnyole mu ngeri ya lugero, musobole okukiraba kireme kubayitako. Kati, awandiikira Abayudaaya bano. Nga abamu ku bo bakkiriza ab'oku nsalo. Mukiraba? Agambye nti, "Kati, emirimu gino tugenda kugireka tweyongere mu maaso twogere ku kutuukirira." N'agamba nti, "Kati, tubadde twogera ku kubatizibwa okutali kumu, n'okuzuukira kw'abafu, n'okuteekako emikono, n'ebirala byonna; naye kaakano leka tweyongereyo mu maaso okusukka ebyo twogere ku kutuukirira. Kati, tugenda kwogera okuva awo nga oyingidde mu Mwoyo Omutukuvu. Kati, omaze ekiseera kinene ddala nga ojja mu nkuŋŋaana. . . "

172 Ate abantu bwe batyo mubalabyenga bulijjo. Bajja kubeera awo; nga tebayingira ate tebafuluma. Basiima Omwoyo Omutukuvu. Bajja kujjanga. Era ob'olyawo Omwoyo

Omutukuvu abeeko ekintu ky'akola era, abantu, basituke baleekaane, babuukebuuke olw'ekyo ekikoleddwa, naye nga bo ku bwabwe Omwoyo Omutukuvu oyo tebaagala kumufuna. Nedda, nedda! Mukiraba? Era bajja kugamba nti, "O, ddala, ekyo kirungi. Ha, naye ekyo kyo simanyi bikikwatako." Mulaba, mulaba, mulaba? Bakkiriza ab'oku nsalo. Basembera kumpi nnyo ddala ne batuuka okuba nti Omwoyo Omutukuvu n'okumulegako bamulegako, naye ate tebamufuna. Mukiraba? Kati, bakandaalirira awo bwe batyo ne balwawo nnyo okutuusa ekiseera lwe kituuka ne bawugulwa ne bagwa. Nnina amannya mangi ge nsobola okumenya ag'abo abaali babaddeko wano mu kkuŋŋaaniro, abaakola ekintu ky'ekimu ekyo. Bwe baddamu ne bagwa okubivaamu, tekiyinzika bo kuddamu kwezza buggya nga bayita mu kwenenya, waba tewakyali kwenenya gye bali. Babeera banakuwazza Omwoyo n'abavaako. Bakandaaliridde nnyo nga bali kumpi nnyo ne kituuka okuba nti . . .

173 Kiikino, bwe muba musobola okubikkula nange (mmanyi temulina budde, kati, nkimanyi), naye singa mubadde musobola okubikkula mu Ekyamateeka essuula 1 ne mugisoma, mujja kufuna ekintu kye kimu. Kati mukiwandiike, Ekyamateeka essuula 1. Kati, mutandikire ku lunyiriri olw'e 19 musomere ddala okutuuka ku lw'a 26. Ekyamateeka . . . Mujja kukizuula nti . . . Kaakati mulabeeyo. Israeri yonna . . . Abantu abo kye baakola, baatuuka e Kadesu-banea. Ha, waliwo kye ndabye! Ekkuŋŋaaniro lino, enkulungo eno y'Abapentekoote bali Kadesu-banea mu kaseera kano kennyini we twogerera. Ekyo ddala bwe kiri, Ow'oluganda Neville. Tuli Kadesu-banea, entebe y'ensi okusalirwa omusango (ye yali entebe okusalirwa omusango).

174 Era abakessi baali batumiddwa. Yoswa agamba wano nti, "Kaakano, nnatuma abakessi," manyanga, yali Musa, ye yayogera nti, "Nnatuma abakessi, kkumi na babiri, omu okuva, omusajja omu okuva mu buli kimu ku bika byammwe. Nnabatuma bagende bakette ensi bakomyewo amawulire." Bwe gwali?

Naye bwe baakomawo, omwenda ku kkumi n'ababiri baagamba nti, "O, ensi yo ddala nnungi, naye ha, bannaaye, tetuyinza kugirya. Ha, bannange! Erimu Abaamoli, ffe twalabise nga obwacaaka mu maaso gaabwe. Basajja abalina eby'okulwanyisa. Ebisenge bya bbugwe waabwe binene. Bannaaye, binene nnyo . . . kale, waakiri singa twafiira e Misiri mu kifo ky'okutuleeta okufiira wano."

175 Naye, abato Kalebu ne Yoswa ne beesowolayo ne bayimirira mu maaso gaabwe ne babasirisa; ne babagamba nti, "Tuyinza nnyo n'okukirawo okugirya." Yee, ssebo! Oyo ye musajja. Kati mulabeeyo. Kiki ekyaddirira? Kalebu ne Yoswa baali bakimanyi nti Katonda yali yagiwaako ekisuubizo: "Ssifaayo oba yenkana wa obunene, oba miziziko gyenkana wa obunene,

oba bagulumivu kwenkana wa, oba banene kwenkana wa, ebyo tebirina kye bitegeeza yadde n'akatono. Katonda bw'atyo bwe yayogera, era tusobola okugirya." Era mukimanyi nti be bantu ababiri bokka, abaasomoka ne bayingira ensi eyo, okuva mu bukadde bw'abantu obubiri n'ekitundu obwo bwonna? Kubanga baanyweza okukkiriza kwabwe mu ekyo Katonda kye yayogera nti ge Mazima. Amiina!

176 Ekkuŋŋaaniro lino, mu kaseera kano kennyini, liyimiridde Kadesu-banea. Mulabeeyo, abantu bali baasemberera ddala ne batuuka n'okulega ku mizabbibu gy'ensi eyo. Baalya ku mizabbibu. Kalebu ne bonna be baagenda nabo bwe baasomoka ne bayingirayo ne bakomawo n'emizabbibu, ne bano baanogolako ku mizabbibu egyo ne balya. "Bannaaye, kwo okuwooma giwooma, naye ensi tetusobola kugirya." "Abo abaalega ku mulimu gwa Katonda omulungi, abaalega ku Mwoyo Omutukuvu, ne balaba n'obulungi Bwe, abaamulegako, abaalega ku Kigambo kya Katonda . . . " Ekyo mukiraba? Tewali n'omu ku basajja abo, tewali yadde omu bw'ati eyakkirizibwa okusomoka. Bonna baazikirira mu nsi yaabwe, ku ludda luno eno mu ddungu. Tebaasomoka, ate nga baasembera kumpi nnyo ddala n'okumulegako ne bamulegako, naye tebaalina kisa na kukkiriza bimala kumufuna. Eyo y'ensonga.

177 Kati. Kaakati njagala ekyo okiwulirize ggwe wenna omwagalwa eyawandiise ebbaluwa eno. Leka tusome olunyiriri oluddako. Njagala wekkaanye. Wekkaanye Pawulo. Kati leka tusome olw'o 7:

> *Kubanga ensi . . . enywa enkuba egitonnyako emirundi emingi, n'ebala enva* ez'okulya *ezibasaanira abo b'erimirwa, efuna omugabo gw'*omukisa *eri Katonda:*
>
> *Naye bw'ebala amaggwa ne ssere tesiimibwa, era eri kumpi n'okukolimirwa; enkomerero yaayo kwokebwa.*

178 Kaakati, ky'ayogedde okirabye? Kaakati labayo. Nnabeeranga nneebuuza ekibuuzo kino; kati, bwe tukimala nga tuggalawo . . . Ekintu kino katono kinzite okumala emyaka mingi.

179 Lumu nnagendako mu lukuŋŋaana abantu gye baali boogerera mu nnimi e Mishawaka, mu Indiana. Kati, ndi mu maaso ga kibiina kya bantu bange. Abantu abo mwali mubawuliddeko . . . mwali mumpuliddeko nga nnyumya ebyafaayo by'obulamu bwange, nga njogera ku musajja omuddugavu eyampaayo n'agamba nti, "Wuuno wano. Wuuno wano." Kati, ebyo nnabibanyumiza.

180 Naye ekitundu ekyali kyongerezebwa ku ekyo kye kino: nnalabayo abasajja babiri. Baali . . . Nga omu awa obubaka, ate oli omulala n'abuvvuunula. Omu n'awa obubaka, omulala n'abuvvuunula. Ate ow'oluganda, nga batuufu ddala mu bubaka bwe bawa. Naye kati . . . Muli ne ŋŋamba nti, "Bannange!

Ssirabanga ku kintu bwe kityo." Ne ŋŋamba nti, "Ndi mu bamalayika." Ne nneewuunya, kuba nnali ssirabanga ku kintu nga . . . Nga omu ayogera, ate omulala . . .

181 Kati nnali ntudde mabega eri, era nga omubuulizi omuto bw'abeera, omanyi . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . . abasajja bombi oluvannyuma ne mbakwatako mu ngalo. Mu bulamu bwange nnali sirabanga ku basajja bwe batyo. Nga bagira ne boogera obubaka, oli omulala n'abuvvuunula. Era bannange, bannange! Kyali kiyitirivu obulungi! Nga omu ayogera omulala n'avvuunula. Bombi . . . Ate bombi baapeerukanga bwe baayimusanga emikono gyabwe. Muli ne ŋŋamba nti, "Ha, bannange, bannange! Mbaddenga wa obulamu bwange bwonna? Kino ky'ekinyusi ddala kyennyini!" Ne ŋŋamba nti, "Bannange, Abapentekoote batuufu." Ekyo kituufu ddala.

182 Ssirabangayo bangi nnyo kiri awo okuggyako abaaberanga emmanga wano eno, we ba . . . Ob'olyawo abakazi nga baabo nga balina we bakuŋŋaanidde. Naye baabeeranga mu kusojjagana; nga omu ayita munne nti mwe muli, "kisu kya nsega," n'ebirala, nga bwe mumanyi, bwe batyo, nga bali mu kusojjagana bokka na bokka. Kati bwe njogera bwentyo sigezaako kuweebuula bakazi, oba ekintu kyonna, naye . . . Te—tekyalimu nsa yadde n'akatono. Bwe wabaawo omu ku mmwe a . . . Ow'oluganda Graham, obijjukira. Wali kalenzi kato mu biseera ebyo. Kale nno, bwe kityo bwe kyali.

Kale bwe nnawulira kino ekyali mu bano, mu nze nnagamba nti, "Ha, bannange, nnandiba nga ndi mu bamalayika."

183 Lumu mba mpeta nti ku nsonda y'ekizimbe, ndowooza ku lunaku olw'okubiri, ne nsisinkana omu ku basajja abo. Ne mmubuuza nti, "Oli otya, Ssebo?"

Naye kwe kumbuuza nti, "Oli otya?" N'aŋŋamba nti, "Oli . . . Erinnya lyo ggwe ani?"

Ne mmuddamu nti, "Nze Branham."

N'ambuuza nti, "Oviira wa? Oli wa mu kitundu kino?"

Ne mmugamba nti, "Nedda, nva mu Jeffersonville."

N'agamba nti, "Kale, ekyo kirungi. Oli Mupentekoote?"

Ne mmugamba nti, "Nedda, ssebo, siri." Ne ŋŋamba nti, "Engeri Abapentekoote gye bafunamu Omwoyo Omutukuvu sigikkiriza," ne ŋŋamba nti, "naye," ne ŋŋamba, "ndi wano okuyiga."

184 N'aŋŋamba nti, "Kale, ekyo kirungi nnyo." Era mu kwogera naye, nnasobola okukwata omwoyo gwe (okufaananako n'ekyali ku mukazi oli eyali ku luzzi), omusajja yali Mukristaayo yennyini. Ow'oluganda, kye ntegeeza omusajja yali mukkiriza yennyini. Teyaliimu bukuusa yadde. Kati, mmwe mwenna . . . Bameka abaali babaddeko mu nkuŋŋaana zange ebintu ebyo

ne mubiraba nga bigenda mu maaso? Mukiraba? Era omusajja teyaliimu bukuusa yadde. Kale, muli kye—kye nnava ŋŋamba nti, "Ky'ekyo! Bannange, nga kiyitirivu obulungi!"

185 Kw'olwo lwennyini akawungeezi, olw'egguloggulo awo, n'oli omulala naye ne mmusisinkana. Ne mmubuuza nti, "Oli otya ssebo?"

Naye n'ambuuza nti, "Oli otya? Erinnya lyo ggwe ani?" Ne ndimubuulira. N'ambuuza nti, "Wa . . . Oli—oli Mupentekoote?"

Ne mmugamba nti, "Nedda, ssebo, nnandiba nga siyinza kweyita Mupentekoote ddala, sirowooza nga kyendi." Ne ŋŋamba nti, "Nzize buzzi kuyiga."

N'agamba, ne ŋŋamba, n'ambuuza nti, "Wali ofunye Omwoyo Omutukuvu?"

Ne ŋŋamba nti, "Wa—wabula simanyi." Ne ŋŋamba nti, "Okusinziira ku mwenna bye mulina, ndabika simufunanga."

N'ambuuza nti, "Wali oyogeddeko mu nnimi?"

Ne ŋŋamba nti, "Nedda, ssebo!"

N'agamba nti, "Kitegeeza tomufunanga."

186 Kko nze, "Tomanya, kya—kyandiba ekituufu." Ne ŋŋamba nti, "Simanyi. Nnaakamala emyaka nga ebiri nga mbuulira, gyandiba nga n'okuwera teginnawera," ne ŋŋamba nti, "Kale Omwoyo Omutukuvu simumanyiiko bingi nnyo kiri awo." Ne ŋŋamba nti, "Nnandiba nga simanyi bumanya." Ne ŋŋamba nti, "Nnina kye ssinnategeera . . . " Kubanga muli, nnali ngezaako kumukandaaliriza awo aleme kuvaawo (okiraba?), nsobole okukwata omwoyo gwe. Era bwe nnagufuna, bwe mba nnali nsisinkanye munnanfuusi, omu ku bo yali ye. Mukyala we yali wa nviiri nzirugavu; naye ate nga alina omulala gw'abeera naye ow'enviiri eza kyenvu, nga amulinamu n'abaana babiri; naye nga ayogera mu nnimi, n'okuzivvuunula n'azivvuunula n'awa n'amakulu g'ekyo kyennyini ddala ekyogeddwa. Ne nneebuuza nti, "Kati, Mukama, kino kiki kye nnyingiddemu?" Okuva mu kulowooza nti ndi mu bamalayika, okutuuka okuba nga kati ne kye ndimu sikitegeera. Kye nnava ŋŋamba nti, "Nze—nze—nze ndi muntu atambulira ku byawandiikibwa; ekintu kino kiteekwa okuba nga mu Bayibuli mwekiri. Kiteekwa okuba nga kituufu. Waliwo awali ekikyamu, Mukama. Ekyo kisoboka kitya?"

187 Nnaddayo mu lukuŋŋaana ku olwo akawungeezi, era Omwoyo oyo n'akka; era ow'oluganda, Omwoyo oyo wali osobola okumuwulira, nti Yali Mwoyo Mutukuvu. Yee, ssebo! Singa teyali Mwoyo Mutukuvu, Yakkiriziganya n'omwoyo gwange nti ddala Yali Mwoyo Omutukuvu. Ate nnali nkyali na mubuulizi muto, nga simanyi bingi nnyo, bikwata ku kwawula myoyo. Naye nnaliwo awo nga ntudde. Era nkakasa nga Katonda y'omu eyandokola, enneewulira eyo y'emu y'e . . . Nneewulira nga eyali

ayita mu kasolya k'ekizimbe, yali nneewulira nnungi nnyo eyali mu kizimbe ekyo. Muli ne nneebuuza . . .

188 Waaliwo abantu nga lukumi mu bitaano. Muli ne ŋŋamba nti, "Bannange, ha, bannange!" Baali bakuŋŋaanye ebibinja nga bibiri oba bisatu. Muli ne nneebuuza nti, "Naye, bannange! Ekyo ddala kisoboka kitya? Wano, Omwoyo oyo ow'ekitalo okukka mu kizimbe kino mu ngeri bw'etyo; kati ate, laba kiri ekigenda mu maaso erudda wali, abasajja abo nga boogera mu nnimi, n'okuzivvuunula, nga bawa obubaka bwennyini ddala nga bwe bwogeddwa— kyokka nga omu ku bo munnanfuusi ate omulala musajja wa Katonda ddala yennyini." Muli ne ŋŋamba nti, "Kati, bintabudde. Simanyi na kya kukola."

189 Kati, mangu ddala nga ekyo kimaze okubaawo, ne wabaawo mukwano gwange omulungi, Ow'oluganda Davis (mumumanyi), n'atandika okugamba mbu ndi kagologoosi. Ako kabeera ka ddole k'abaana abawala, nga bwe mumanyi. Kale kati, nnali sinnawasa, kale na . . . N'atandika okutambulanga nange, ekyavaamu n'atandika okubeera, nga abeera anjereegerera.

190 Era twabeeranga n'e . . . Wamu ne maama wo naffe fenna twabeeranga n'enkuŋŋaana ez'abantu abatotonotono mu bifo eby'enjawulo. Mu kiseera ekyo ekkuŋŋaaniro lyali—lyali terinnatandikibwawo, kale twabeeranga bubeezi na nkuŋŋaana ez'abantu abatonotono mu bifo eby'enjawulo. Oluvannyuma nga ekkuŋŋaaniro lyaggwa n'okuzimbibwa, nga wayiseewo emyaka mingi, nnayambuka ne ŋŋenda ku Green's Mill mu mpuku yange okusaba, kubanga waaliwo ebintu ebibi ennyo Ow'oluganda Davis bye yali anjogeddeko mu lu—mu—mu lupapula lwe olw'amawulire. Ate nnali mmwagala. Nga ssaagala kintu kyonna kumubaako, bwentyo kye—kye nnava nnyambuka engulu eyo mmusabire. Kale nnayambuka ne ŋŋendayo, ne nnyingira mu mpuku. Ne mbeera munda omwo okumala ennaku nga bbiri. Nga nsaba nti, "Ayi Mukama, musonyiwe. Ekyo ta— takikola—takikola mu bugenderevu." Muli ne ŋŋamba nti, "Naye omanyi . . . " Ne wabaawo Ekyawandiikibwa ekyanzijira.

191 Ne nfuluma empuku. Kati waaliwo endoddo y'omuti (endoddo eyo na kati ekyaliwo, nnaliko ne w'eri jjuuzi wano ebbanga si ddene) emmanga w'olusozi nga yeekiise mu kakubo akeetooloola okuva ku kagga. Ne ntuula wansi ne nneesigama ku ndoddo eyo, nga bwe ntunuulira ensozi eziri emitala eri—emitala eri, Bayibuli yange ne ngiteeka awo wansi bwenti. Muli ne ndowooza nti, "Omanyi . . . " Nnina Ekyawandiikibwa kye nnali ndowoozaako ekigamba nti: "Omuweesi w'ebikomo, ankoze obubi bungi, era anjogeredde ebintu nkuyanja." Mukimanyi . . . Muli ne ŋŋamba nti, "Naye ndowooza ekyawandiikibwa ekyo leka nkisome." Ne mbikkula Bayibuli, ne ŋŋamba nti, "Naye . . . " Ne mba nga eyeeyisa engalo mu maaso, empewo n'efuuwa, n'egibikkula mu Abaebbulaniya 6. "Nedda," ne ŋŋamba nti; "ekyawandiikibwa ekyo tekiri awo." Bayibuli ne ngizzaawo

wansi bwenti. Empewo n'eddamu n'efuuwa n'egibikkula nate era. Muli ne ŋŋamba nti, "Kino nno, kyewuunyisa, okuba nti empewo bw'ezzeemu n'egifuuwa era yeebikkudde mu kifo kyekimu bw'etyo." Mu nze kye nnava ŋŋamba nti, "Kale, ndowooza leka nkisome." Ne nkisoma nga kigamba nti:

> *Kubanga abo abaamala okwakirwa, . . . ne bafuuka abassa ekimu mu Mwoyo Omutukuvu, ne balega ku kigambo . . . kya Katonda, ne ku* kintu *eky'emirembe eginda okujja.*

Muli ne ŋŋamba nti, "Naye, sirabamu kintu kyonna kikwata ku kyawandiikibwa kye mbadde nnoonya." Ne nkisoma kyonna okutuusa gye kikoma, essuula yonna ne ngimalayo. Nga temuli yadde n'ekimu ekikwata ku kye mbadde nnoonya. Ne ŋŋamba nti, "Kale, ekyo—ekyo kyo bwe kityo bwe kigamba." Ne ngi—ne ngiraba nga eddamu yeebikkula, ekyawandiikibwa kye kimu ne kikomawo nate. Kye nnava Bayibuli ngitoolawo, muli ne nneebuuza nti, "Naye, kati kiki ekyo?" Ne nziramu ne nkisoma, ne nkisoma, ne nkisoma, ne ŋŋamba nti, "Naye, kati kinnemye okutegeera." Ne nneeyongera oku . . . Ne nsoma okutuukira ddala wansi:

> *. . . tekiyinzika eri abo abaamala okwakirwa, . . .*

Ne ntuuka wano wansi we kigamba nti:

> *Kubanga ensi . . . enywa enkuba egitonnyako emirundi emingi,* n'ebala *enva* ez'okulya *ezibasaanira abo b'erimirwa, efuna omugabo gw'*omukisa *eri Katonda*:
>
> *Naye bw'ebala amaggwa ne ssere tesiimibwa, era . . . kumpi n'okukolimirwa;* omusango gwayo *kwokebwa.*

192 Muli ne nneebuuza nti, "Naye kaakati ekyo ddala kitegeeza ki?" Nnali na . . . Kati, akaseera ke nnamala nga ndi engulu eyo ssaalina kintu kyonna kye nnali ndowoozaako. Ekyo kyokka kye nnali ndowoozaako. Era mu kaseera ako nga ndi awo bwentyo, nnali ndowooza nti ob'olyawo Mukama anaabako okwolesebwa kw'ampa okukwata ku W'oluganda Davis ne banne bali. Kati mba ndi awo ntudde; ne ntunula, ŋŋenda okugira nti nga ndaba ekintu ekyetooloolera mu maaso gange. Era yali nsi nga ye yeetooloola. ŋŋenda okugyetegereza nga yonna erimiddwa, nga yonna eringa etemeddwamu amavuunike. Ne wavaayo Omusajja n'ajja ne—ne—n'oguntu ogunene ennyo nga guli mu maaso Ge nga gujjuddemu ensigo, nga bw'Agenda amansa ensigo buli wamu wonna ku nsi nga bw'Atambula. Ne Yeetooloola n'amalayo ensi yonna, n'Abulirayo ne mba nga sikyamulaba. Kati Omusajja oyo olwali okubulirayo ne mba nga sikyamulaba, ate ne wajja omusajja omulala nga alabika nga eyebbirira, nga ayambadde ebyambalo ebiddugavu, nga bw'agenda yeetooloola, nga bw'agira be *wuu*, *wuu*, nga bw'amansa ensigo embi, *wuu*, *wuu*. Ne nkyetegereza, kati ensi bwe yagenda yeetooloola . . .

193 Ne wayitawo akaseera eŋŋaano n'emeruka. Eŋŋaano bwe yameruka, mu nnimiro y'emu ne mumeramu ssere, omwennyango, n'amaggwa, ne kawunyira, n'omuddo ogwa buli ngeri, kisanda, byonna ne bikulira mu ŋŋaano. Nga byonna bikulira wamu. Ne wajja ekyeya, eky'amaanyi ennyo, eŋŋaano n'ekoteka omutwe gwayo wansi bw'etyo, ne ssere, n'omwennyango, n'amaggwa nabyo ne bikoteka emitwe gyabyo. Buli muddo, ne *guwejjawejja*, *guwejjawejja*, *guwejjawejja*, *guwejjawejja*, nga bwe bissa bwe bityo. Nga osobola n'okubiwulira. Nga bikaaba bisaba nkuba, nkuba.

194 Bwe waayitawo akaseera, ne wajja ekire ekinene, amazzi ne gafukumuka okuva mu ggulu. Era olwali okubitonnyako, eŋŋaano n'ebuuka mu bbanga n'etandika okuleekaana nti "Ekitiibwa! Aleruuya! Mukama atenderezebwe!" N'omuddo ogwa kawunyira nagwo ne gubuuka ne guleekaana nti, "Ekitiibwa! Mukama atenderezebwe! Aleruuya!" Amaggwa n'omuddo omulala, byonna ne bizina nga bwe byetooloolera awo mu nnimiro, nga bwe bireekaana nti, "Ekitiibwa! Aleruuya! Mukama atenderezebwe!"

Kye, nnava ŋŋamba nti, "Kino kinnemye okutegeera."

195 Okwolesebwa ne kunvaako; ne nkomawo ne ngwa ku kyawandiikibwa kye kimu nate era nti: "Ssere alindiridde okugaanibwa." Awo ne ndyoka nkitegeera. Yesu yagamba nti, "Enkuba etonnya ku balungi ne ku babi." Omuntu asobola okutuula mu lukuŋŋaana, asobola okwogera mu nnimi, asobola okuleekaana ne yeeyisa nga abalala bonna abalina Omwoyo Omutukuvu owa nnamaddala naye nga tali mu Bwakabaka bwa Katonda. Ddala bwe kiri. Yesu teyagamba nti, "Bangi baliyimirira ku lunaku luli ne bagamba nti, 'Mukama wange, ssaagoba emizimu mu Linnya Lyo? Ssaalagula (ssaabuulira) mu Linnya Lyo? Ssaakola emirimu mingi egy'amaanyi mu Linnya Lyo?'" Yesu n'abaanukula nti, "Muve we Ndi, mmwe abaakola eby'obujeemu, ssibamanyanganako." Ekyo mukyogerako ki?

196 Gano wano eno ge makulu gaakyo gennyini. Mukiraba? Kituufu baalega ku nkuba ennungi okuva mu Ggulu. Naye okusooka kwa byonna, baali bakyamu. Okusooka kwa byonna ebigendererwa byabwe tebyali bituufu; ebiruubirirwa byabwe tebyali bituufu. Ekyo, obeera tosobola kukimanya. E... Omanyi, mu kiseera eky'amakungula yabuuza nti, "Ŋŋende mbikuulemu?"

197 N'amugamba nti, "Zireke zikulire wamu, naye ku lunaku luli omwennyango guno ne ssere biryokebwa wamu, n'eŋŋaano erikuŋŋaanyizibwa n'eterekebwa mu ggwanika." Kati, onaabyawula otya n'otegeera amaggwa ge gali wa, oba omwennyango gwe guli wa, oba eŋŋaano y'eruwa? "Mulibategeerera ku bibala byabwe." Olaba, muganda wange, mwannyinaze, omuti omulungi tegusobola kubala

bibala bibi. Nwe bwe buliba ddi, eyo gye bujja mu lugendo, kiryeyoleka. N'olwekyo, ggwe anoonya okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu . . . Yenna eyawandiise ekibuuzo kino nkusanyukidde. Okiraba?

198 Kati, abakkiriza bali ab'oku nsalo mu kiseera kiri, baatambulanga nabo buli we baagendanga. Baakomolebwa okukomolebwa kwe kumu nga nabo kwe baakomolebwa. Nabo baasomoka ne batuuka ku nsalo y'ensi Katonda gye yasuubiza, ne batuukira ddala ku mugguukiriro gwayo. Abantu bangi batambula ne batuuka ku mugguukiriro ogwo. Omuntu ajja kutambula atuukire ddala ku kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu naye ate akugaane. Nga tayagala kulekayo by'abadde akola. Ajja kutambula atuukire ddala ku Kyawandiikibwa ekyogera ku kubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, naye ate yeeteme engalike, akigaane abeere nga atakiraba.

199 Tewali Kyawandiikibwa yadde ekimu bwe kiti mu Bayibuli yonna ekiraga omuntu yenna we yali abatiziddwa mu linnya lya Kitaffe Mwana, n'Omwoyo Omutukuvu, tewali Kyawandiikibwa yadde n'ekimu. Ekyo ekereziya Katolika ye yakitandikawo, ne kibbulukukira mu Luther, kiikyo ne kyeyongerayo mu Wesley, era kati kyawaguza kiri wano. Ekyo ddala bwe kiri. Naye enkola entuufu erambikiddwa mu Byawandiikibwa y'ey'okubatizibwa mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo. Eyo y'embatiza ey'ekitume. Tosobola kubatiza mu ngeri eyo ate n'osigala mu kibiina kya ddiini. Ekyo bwe kiri.

200 Kati, ebintu ebyo mubiraba? Okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, ebirabo by'Omwoyo, ebintu Katonda by'aleetera okulabisibwa . . . Ebibala by'Omwoyo kwe kwagala, essanyu, okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa (weewaawo, oyinza okuŋŋamba nti, "Naye Ow'oluganda Branham, Katonda yeebazibwe, nze nga omuntu nnina okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa." Wandirabika nga akulina. Nnakyalako engulu eri mu Ohio jjuuzi wano ebbanga ttono eriyise, omuntu omu n'ambuuza, yampaandiikira ebbaluwa n'agiweereza wano nga ambuuza oba nga abantu mbabatiza mu Linnya lya Yesu Kristo. Ssaamwanukula kigambo kyonna. Naye era mu ngeri emu oba endala n'akizuula nga bwe kiri, era abaweereza kkumi na mukaaga bwe twali tukolagana ne batweyawulako. Ekyo kye kitegeeza okuba n'okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa si bwe kiri!)—okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, obulungi, obuteefu, obukkakkamu, obugumiikiriza, wamu n'Omwoyo Omutukuvu. Mukiraba?

201 O, muganda wange, mwannyinaze, tuli—tuli Kadesu-banea. Kati muli mu kulegako. Ekiro kya jjo Omwoyo Omutukuvu yatusseeko, yazze mu ffe, nga empewo ewuuma. Yasse ku bangi ku mmwe. Leero abaweereza babadde mu kukyalira amaka ag'enjawulo wano na wali, nga babateekako emikono

wamu n'okubasabira abo abanoonya Omwoyo Omutukuvu. Tomuwaanyisaamu na kintu kirala kyonna. Totwalamu kuleekaana buleekaanyi. Totwalamu kukyamuukirira kwa ngeri yonna. Lindiririra awo okutuusa nga Katonda akubumbye n'akufuula ekitonde ekiggya, nga akufudde omuntu omuggya. Wano oli mu kumulegako bulezi, oli mu kumulegako bulezi, naye leka Ejjiba likukulembere likutuusizze ddala ku lujjuliro, olwo—olwo Omwana gw'endiga n'Ejjiba bikkalire bituule wamu, era biriirenga wamu emirembe n'emirembe nga birya ku Kigambo kya Katonda. Kubanga Kijja kubeerawo eggulu n'ensi ne bwe biriba bivuddewo; Ekigambo kya Katonda kirisigalawo. Ekyo ddala bwe kiri.

202 Bambi mbasaba temundowooleza kuba mukakali. Bwe mba mbadde mukakali, sikigenderedde kuba mukakali. Bwe mba . . . Ebibuuzo bino nsuubira mbyanukudde; weewaawo mbyanukudde, okusinziira ku kye mmanyi.

203 Kale n'olwekyo, mu Abaebbulaniya 6, bwe muba musobola okukiraba, Pawulo ayogera eri Abaebbulaniya abaali bagamba mbu, "Naye, ffe tujja kukkiriziganya naawe kutuuka wano." Bajja kujja. Mukiraba? N'abagamba nti, "Kaakati, mu . . . " Abo abajja n'okulegako ne balegako.

204 Mbadde nkyayogera ne ntunulako emabega mu kizimbe. Okusobola okubalaga obukakafu bwa Katonda Omulamu. Leka nsuubire nti omuntu ono sigenda kumuleetera kutunuulirwa. Nnajja wano nga nva mu lukuŋŋaana ebbanga si ddene eriyise, ne nzija wano, ne mbawa amawulire agakwata ku mukwano gwange omulungi, mukwano gwange nfiirabulago, gwe njigga naye, omusajja abaddenga omulungi gyendi, omusajja eyali asabiddeko mu kkanisa yange, era abadde muganda wange; erinnya nnali nnamuwa lya Busty. Erinnya lye Everett Rodgers; abeera mu Milltown. Bameka abajjukira nga nzija wano okubategeeza ku nsonga eyo? Yali ku ndiri wano mu ddwaaliro; abasawo baamulongoosa, baamusala, naye baagenda okukizuula nga yenna kkookolo yamulya n'amumalawo kye baava bamutunga. Ne bagamba nti, "Agenda kweyongera okunafuwa; mu wiiki ntono nnyo afe; ky'ekyo ekisigadde tewali kirala. Wa kufa, tewali kirala."

205 Mujjukira bwe nnayimirira wano ku kituuti ne mmusabira? Ne nserengeta ne ŋŋenda mu kasenge mwe yali, nga mu mutima gwange nnina ekinsindiikiriza. Nnayingira mu kasenge mwe yali, era olwali okufulumya buli omu nsobole oku . . . Ow'oluganda Everett yali agalamidde awo. Era kino olabika okijjukira. Nnayingira munda; ne mmuyita nti, "Ow'oluganda—Ow'oluganda Busty." (Nnammuyitanga Busty.)

206 Edda ennyo we twabeereranga n'enkuŋŋaana mu kidaala ekiserekeddwa n'ebikoola by'emiti emmanga eri, Abamesodisiti abo bonna abaabeeranga eyo ku kasozi (nga Gertie, y'omu ku

bo), bebbiriranga, ne bajja balingiriza mu kidaala ekyabanga kizimbiddwa n'emiti gy'emizabbibu okulaba kye nnabanga ŋŋenda okubuulira, n'ebirala bwe bityo, nga batya nti ekkanisa y'Abamesodisiti eyinza okubagoba. Era lumu, nnagendayo ne nfuna okwolesebwa, ne ndaba ennyama nga epakiddwa mu mukebe. Ne nkwata eby'ennyanja ebiwerako ne mbisiba ku kawuzi, ne mbisiba—ne mbisiba ku buwuzi buno, obuwuzi ne mbusiba waggulu. ŋŋenda okwetegereza nti . . . Ebyo byonna nnali mbiraba mu kwolesebwa; waaliwo ekibinja ky'abantu be nnali—be nnali ndese nga bayimiridde wansi w'ekidaala eky'emiti ekiro ekyo ne nnyambuka waggulu ku kasozi ewa Ow'oluganda Wright. Era enkeera ku makya bannoonya nga tebandaba. Nnabagamba nti, "Tewaba n'omu ku mmwe . . . "

207 Nnali awo nga nnyimiridde mbuulira, Ekitangaala ekyo ne kijja; Empagi eyo ey'Omuliro n'erengejjera waggulu ku mutwe gwange eddoboozi ne liŋŋamba nti, "Vvaawo wano ogende mu kibira; Nja kwogera naawe." Lwali lunaku lwe lumu olwo, olunaku olwaddako lwe bansanga waggulu ku kasozi. Nnayambuka ne ŋŋenda waggulu eri; emmotoka yange nnali ngibisseeko ebiddo nga tosobola kugitegeera, era nnali waggulu eyo ku lusozi nga nsaba ekiro kyonna n'enkeera lwonna. Abamu ku bo baayambuka ne batuuka waggulu eyo, emmotoka ne bagizuula ne bambuka ne batuuka waggulu . . . Olwo lwe lunaku Ow'oluganda Graham Snelling, ono wano, lwe yafuna Omwoyo Omutukuvu n'okuyitibwa okuyingira mu buweereza.

208 Nga ndi waggulu eyo ku kasozi gye nnali, Alina—Alina ebintu eby'enjawulo bye yaŋŋamba okukola n'antegeeza n'ebyali bikwata ku kwogerezeganya kwe twali tubadde nakwo nze naye. Yampa okwolesebwa okw'okulaba ebyennyanja bino nga bisibiddwa waggulu birengejja, n'aŋŋamba nti, "Eno y'ekkanisa yo ey'omu Milltown."

Kati ebyennyanja nga bina oba bitaano ne binogoka ne bigwa okuva ku buwuzi; kye nnava mbuuza nti, "Be b'ani abo?"

N'aŋŋamba nti; "Omu ku bo ye Guy Spencer ne mukyala we. Omulala ye Spencer omulala ali erudda eyo, ne mukyala we." Era n'Aŋŋamba ne b'ani, ebyennyanja ebirala eby'okunogoka bigwe be bikiikirira.

209 Ne mbagamba; nti, "Tewaba n'omu ku mmwe alya." Mukyala wange nange twali . . . Ekyo we kyabeererawo twali tetunnafumbiriganwa; bw'atyo n'agenda eka ekiro kyonna okusuza Mwannyinaffe Spencer, omukazi omulungi ennyo ddala. Musajja mulungi nnyo ddala, Guy Spencer musajja mulungi nga omusajja ayambadde engatto ez'eddiba. Naye n'a—n'agenda eka, kati Opal n'agamba nti, "Kaakati, labayo . . . " Nga agamba Meda, n'amugamba nti, "Kaakati, Meda, Ow'oluganda Bill mukkiriza." N'agamba nti, "Naye Opal bw'alumwa enjala, abeera alina okulyayo ku kanyama wamu n'amagi." Bw'atyo

n'agenda, ne yeesiikirayo akanyama wamu n'amagi, n'atuula wansi okubirya, n'atanula okubiwa omukisa, naye ne yeesigama ku mmeeza, nga bw'akaaba, n'atayinza na kubikwatako. Oluvannyuma ne bajja okuyigga.

210 Ate ku olwo lwennyini nga ndi waggulu eyo ku lusozi, Yantegeeza byennyini ebyali bigenda okubaawo. Yaŋŋamba nti, "Bano bajja kugenda, na bano bajja kugenda." Naye Yalina ennyama ey'omu mukebe ewererako ddala. Kye yava Aŋŋamba nti, "Eno gitereke erikozesebwa mu biseera eby'omu maaso ku lw'abantu b'omu Milltown." Kati ekiro kya jjo bwe nnawulidde Ow'oluganda Creech . . . Yabadde atudde wano ekiro kya jjo. Ssi . . . Ow'oluganda Creech, w'oli akawungeezi kano? Ow'oluganda Creech bwe yantuukirira, yampita ne ŋŋendayo, nga Mwannyinaffe Creech, akaaba; kitaawe yali awo nga agalamidde. N'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Bill, tomubuulira. Naye kitaawe agenda kufa." N'aŋŋamba nti, "Kkookolo amumazeewo; abasawo baamulongoosezza, naye baagenze okukizuula nga yenna kkookolo amulidde amumazeewo." Ne Will Hall (era mwenna mumujjukira), naye dokita y'omu bwe yamulongoosa n'akizuula nga kkookolo yamumalawo . . . Nnafuluma okugenda okuyigga bukaamuje ku olwo ku makya, ne ndaba zi apo ezo nga zirengejjera mu kisenge. (Emboozi eyo mujjukira nga ngibanyumiza?) Naye omusajja wuuyo w'ali mulamu leero. Ekyo wayiseewo emyaka egiwerako bukya kibaawo. Ye n'Ow'oluganda Busty baali ba mikwano.

211 Kati ne ŋŋenda mu ddwaaliro, eddwaaliro eppya (Nneerabidde bwe baliyita, eriri mu New Albany) eddwaaliro eppya. Ne ŋŋendayo okulaba Busty; era bwe nnayingira mu kasenge mwe yali, ne mmuyita nti, "Ow'oluganda Busty."

N'anziramu nti, "Ow'oluganda Bill." N'annyweza omukono n'ennamusa eri ey'edda ey'amaanyi; yali omu ku baazirwanako ab'omu Ssematalo Eyasooka, sikyogera lwakuba waali, naye nkyogera mu mutima omulungi ddala. Yannyweza omukono. Mbaddeko ewuwe; ndiddenga emmere ewuwe; nsuzeeko ewuwe, nga nninga muganda we. Abaana be na buli omu yenna, ffenna tuli—tulinga baaluganda ba musaayi gumu. Musajja omulungi ddala.

212 Era ya . . . Naye teyeeyongera mu maaso na Mukama kugenda buziba. Ya . . . Nnamubatiza mu Linnya lya Yesu Kristo. Naye ku lunaku luli omubuulizi oli Omumesodisiti lwe yagamba nti, "Njagala buli muntu yenna eyabatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, afulume weema yange." Ekyo tekyalina kabi konna. George Wright ne banne ne bafuluma. Ku olwo olw'eggulo ne ŋŋendayo okubatiza mu Linnya lya Yesu Kristo ku lutindo lwa Totten Ford. Ekibiina kye kyonna ne kiyingira mu mazzi ne babatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo. Ne ŋŋenda bugenzi mu maaso. Ekyo kyali kirungi. Katonda bw'aba ku ludda lwo, ani

asobola okukulwanyisa? Okuva awo ssaamanya na kumanya wa musajja gye yalaga, na biki ebyaddirira mu bulamu bwe.

213 Naye, ŋŋenda okuyingira nti mu ddwaaliro. Nga ku Busty kwe nkuba amaaso nga ali awo agalamidde yenna kkookolo amulidde amumazeewo, nga abasawo tebasobola na, tebaamukolako kintu kyonna okuggyako okumutunga bye baali bamusaze ne bamuzzaawo. Busty kwe kuŋŋamba nti; n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Bill, kino kiriwo lwa kigendererwa. Waliwo ekyabaawo."

Ne mmugamba nti, "Weewaawo, Busty." Ne ntanula okuwulira Omwoyo oyo nga empewo ewuuma gye mbadde njogerako, nga bwe mumanyi, nga ayingira.

N'agamba nti . . . Bwe nnayingidde munda wano, mu nsonda eyo mwabaddemu musoke, nga ali awo mu nsonda eyo. Musoke ategeeza ndagaano; endagaano ya Katonda. Katonda yakola nange endagaano ku lunaku luli nga ndi ku lusozi luli. Kye nnava nteeka emikono gyange ku W'oluganda Busty ne mmusabira.

Abasawo baagamba nti, "Ajja kweyongera kunafuwa. Ajja kweyongera kukogga. Tewali kya kukola . . . Mu nnaku ntono nnyo ajja kuba mufu." Naye Busty Rogers . . . Kati wayiseewo wiiki eziwerako ekyo kasookedde kibaawo, naye Busty Rogers, waali atudde wano mu kkanisa akawungeezi kano, nga mulamu era wa maanyi ddala nga bwe nnali mmulabye. Yimirirako, Ow'oluganda Busty. Wuuyo. Leka tutendereze Katonda, buli omu.

Baali bakuŋŋaanye wamu mu kisenge ekya waggulu,
Bonna nga basaba mu Linnya Lye.
Ne babatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu,
Era amaanyi ag'okuweereza ne gajja.
Kaakano, ekyo kye Yabakolera ku olwo,
Naawe Agenda kukikukolera.
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo.

Ndi omu ku bo, ndi omu ku bo,
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo; (Aleruuya!)
Ndi omu ku bo, ndi omu ku bo,
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo.

Abantu bano wadde bayinza obutaba na ttutumu,
Yadde okwenyumiriza mu ttutumu ly'ensi,
Naye bonna baafuna Pentekoote yaabwe,

Era baabatizibwa mu Linnya lya Yesu;
Nga kaakano bakirangirira buli wamu wonna okumpi n'ewala nti,
Amaanyi Ge gakyali ge gamu.
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo.

Ndi omu ku bo, ndi omu ku bo,
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo; (Aleruuya!)
Ndi omu ku bo, ndi omu ku bo,
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo.

Kaakano, jangu, muganda wange, onoonye omukisa guno
Ogunaalongoosa omutima gwo ne guguggyamu ekibi,
Ogunaaleetera ebide by'essanyu okutandika okuvuga
Era ogunaakuumira emmeeme yo ku muliro;
O, gubugujja kaakano mu mutima gwange,
O, ekitiibwa kidde eri Erinnya Lye,
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo.

Leka tuluyimbe!

O, ndi omu ku bo, ndi omu ku bo,
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo; (Aleruuya!)
Ndi omu ku bo, ndi omu ku bo,
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo.

Bameka nga oli omu ku bo? Muyimuse emikono gyammwe. O, bannange! O, nga nsanyuse nnyo okuba omu ku bo!

Ndi omu ku bo, ndi omu ku bo,
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo; (Aleruuya!)
Ndi omu ku bo, ndi omu ku bo,
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo.

Baali bakuŋŋaanye wamu mu kisenge ekya waggulu,
Nga bonna basaba mu Linnya Lye,
Ne babatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu,
Era amaanyi ag'okuweereza ne gajja.
Kaakano, ekyo kye Yabakolera ku olwo,
Naawe Agenda kukikukolera,
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo.

O, ndi omu ku bo, ndi omu ku bo,
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo; (Aleruuya!)
Ndi omu ku bo, ndi omu ku bo,
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo.

Kati, nga bwe tuddamu okuyimba ekiddibwamu ekyo, buli omu njagala okyuke, okwateko mu ngalo z'oyo akuliraanye, omubuuze nti, "Oli omu ku bo?" Mukiraba? Kale.

O, ndi omu ku bo, (Mmanyi nga oli omu ku bo, Ow'oluganda Neville. Mmanyi nga oli omu ku bo, Ow'oluganda Capps. Mmanyi nga oli omu ku bo. Mmanyi nga oli omu ku bo . . .?. . .)
. . .ndi omu ku bo;
O, ndi omu ku bo, ndi omu ku bo,
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo.

214 O, toli musanyufu okuba nti oli omu ku bo? Bameka nga wandyagadde okuba omu ku bo? Yimusa omukono gwo. Kale. Kati, kino ŋŋenda kukiyimbira ggwe:

Kati nno jangu muganda wange, onoonye omukisa guno
Ogunaalongoosa omutima gwo ne gugguggyamu ekibi,
Ogunaaleetera ebide by'essanyu okutandika okuvuga,
Era ogunaakuumira emmeeme yo ku muliro;
O, gubugujja kaakano munda mu mutima gwange,
O, ekitiibwa kidde eri Erinnya Lye,
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo.

O, ndi omu ku bo, ndi omu ku bo,
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo; (Aleruuya!)
Ndi omu ku bo, ndi omu ku bo,
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo.

215 Mujjukira akawala kali kye kaabuuza Peetero nti, "Toli omu ku bo?" Ndi musanyufu nnyo, mmwe temuli basanyufu? Omanyi, Peetero yagamba ku Lunaku lwa Pentekoote nti, "Kino kye Kiri!" Kati, bulijjo ntera okugamba nti, "*Kino* bwe kiba nga si kye *Kiri*, ndi musanyufu okuba nti nnina *Kino*, nga bwe nninda *Kiri* okujja." Ekyo kituufu. Ndi musanyufu oba nga nnina *Kino*.

Kubanga ndi omu ku bo, ndi omu ku bo
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo;
O, ndi omu ku bo, ndi omu ku bo,
Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo.

216 O, kino si kirungi nnyo, okutuula awamu mu bifo eby'omu Ggulu mu Kristo Yesu, nga tussa kimu n'Omwoyo, nga tulya ku Kigambo, nga twogera ku bintu ebirungi ebigenda okujja. Kirungi nnyo. Ekyo ndi musanyufu nnyo okukimanya, ggwe toli musanyufu? Toli musanyufu okuba nti oli Mukristaayo? Toli musanyufu okuba nti ebibi byo biri wansi wa Musaayi? Ajja kuba ajja olumu ku nnaku zino, era tujja kugenda naye. Kati kirowoozeeko, obukadde bwonna bujja kutwamuka; endwadde zonna, okunyigirizibwa kwonna, obulamu obufa bwonna bujja kukyuka. Ha, bannange! Ndowooza ku b'oluganda abaagalwa abaali bayimiriddeko wano. Nzijukira . . . Bameka abajjukira Labbi Lawson? Bannange, kyenkana mwenna. Mmulaba nga awummuza erudda wano eno akaggo ke kali ke yatambuzanga. Nga nze ntudde erudda wali. Yateranga okuyimba akayimba kano . . . (Lindako katono, Teddy, ow'oluganda.) Leka ngezeeko ndabe oba nga nkyasobola okujjukira eddoboozi ly'akayimba ako. Simanyi.

Waliwo amakya ag'essanyu agannindiridde,
Eyo enzigi eza luulu gye zeewuuba ne zeggula,
Era bwe ndisomoka ekiwonvu kino eky'ennaku,
Ndiwummulira emitala ku Ludda luli.

Olunaku lumu okusukka okutegeera kw'obuntu,
Olunaku lumu, Katonda yekka y'amanyi ddi oba wa,
Nnamuziga z'obulamu buno zonna ziriyimirira,
Era ndigenda okubeera ku kasozi ka Saayuuni. (Weewaawo.)

217 Bunnamuziga buno obwetooloolera munda yaffe— okulaba, okulega, okukwatako, okuwunyiriza, n'okuwulira, obusimu buno bwonna wamu ne nnamuziga zonna ezitweetooloolera mu bulamu buno obufa, lumu ziriyimirira nga tezikyatambula. Olwo nze, kennyini, naawe, tugende okubeeranga ku lusozi Sayuuni. O, ekyo nkyagala nnyo, ggwe tokyagala? Okukimanya nti tulina obukakafu obwo obw'omukisa. Kale. Bameka abamanyi oluyimba lwaffe olw'edda lwe tuyimba nga tubatiza? Naye, leka tuleme kuyimba olwo. Leka tuyimbe oluyimba lwaffe olutusiibula:

Twalanga Erinnya lya Yesu,
Ggwe omwana ow'ennaku n'okulumwa;
Lijja kukuwa essanyu era likugumye,
Litwalenga buli w'ogenda wonna.

218 Mugende n'Erinnya lya Yesu. Mukole ekyo, nga bwe mugenda. Kale, kati fenna wamu. Temwerabira, ku ssaawa bbiri ku makya kaadi z'ab'okusabirwa zijja kuba zigabibwa ku lw'olukuŋŋaana. Olukuŋŋaana lujja kutandika ku ssaawa ssatu n'ekitundu. Nja kuba ntandika okubuulira ku ssaawa nnya. Okusabira abalwadde kujja kutandika ku ssaawa nga ttaano.

219 Enkya olw'eggulo, enkya akawungeezi wajja kubaawo obubaka obw'enjiri ey'awamu mu kkuŋŋaaniro. N'ekirala enkya akawungeezi, mmwe mwenna abeenenya ebibi byammwe naye nga temunnabatizibwa, wajja kubaawo . . . ekidiba kijja kuba kiggule; tujja kuba tubatiza abantu mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo.

220 Kaakano fenna wamu, nga tuyimbira waggulu ddala nga bwe tusobola. Ow'oluganda Busty, tomanyi bwe ndi musanyufu era tomanyi bwe nsiima Katonda. Omanyi, yaddayo ewa dokita. Era baŋŋamba nti dokita yamutunuulira, n'atabulwa nga tamanyi na kya kulowooza. Nga takkiriza nti ye musajja y'omu. O, si bya kyama Katonda by'akola. Ekyo si bwe kiri? Kale.

Twalanga Erinnya . . .

Muluyimbire waggulu ddala!

. . . naawe,
Ggwe omwana ow'ennaku n'okulumwa;
Lijja kukuwa essanyu era likugumye,
Kaakano, Litwalenga buli gy'ogenda yonna.

Erinnya ery'omuwendo, (Erinnya ery'omuwendo!) O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, (O, Erinnya ery'omuwendo!) O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

221 Kale. Kaakano olukuŋŋaana nduzzaayo eri omusumba. Agenda kubaako ebigambo by'ayogera, oba abeeko gw'asaba atusiibule, kyonna ky'ayagala okukola.

Ebibuuzo Ebikwata Ku Mwoyo
Omutukuvu n'Okuddibwamu Kwabyo LUG59-1219
(Questions and Answers on the Holy Ghost)
Empisa, Enkola n'Enjigiriza y'Ekkanisa

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Lwomukaaga akawungeezi, nga 19 Ddesemba, 1959, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org